# *Akabonero Akatuufu Akabuusibwa Amaaso*

. . . okukuŋŋaana enkya ya leero mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, era oluvannyuma lw'okusaba ennyo. Kati enkya ya leero, ssaasobodde kugolokoka nga bukyali. Nnakeereyeemukko, okugolokoka, era kati, ndowooza buli omu amanyi ensonga lwaki kyabadde bwe kityo.

2 Nnakomawo eka, amakya ga luli, manya ekiro kya luli, nga muliraanwa wange ayimiridde mu luggya, ye ne kawala ke. Mukyala we nnansi akolera mu kasenge mwe bazaalira eyo mu ddwaliro. Kati yali akutte o—omuggo mu mukono gwe, nga gwenkana nga *wano* obuwanvu, nga guwandiikiddwaako o—obugambo, ku kagoye, nga busoma nti, "Jjajja Branham, nzikiriza okuva, ku ssaawa 3:43 oba 4:43, Okitobba nga 11." Ne kubaako, ne bbulaketi ennene wansi, nga zirimu ebigambo ebigamba nti, "Okaddiye okusinga bw'olowooza." Kale kati nzikirizibwa mu butongole okuwummula ekiseera ekiwanvuko ku makya. Si bwe kiba, Ow'oluganda Wright, bw'o—bw'ofuuka jjajja?

3 Kale kati, ekyo ndowooza kimpa eky'okwewolereza, Mwannyinaffe Kidd, ku makya ga leero, olw'okunsanga nga sinnagolokoka bwe wayitiddeewo nga ova mu Ohio. Naye, eky'amazima ndowooza, kati mpulira nga eyeeyongeddeko emyaka emirala kkumi, oluvannyuma lw'ekyo. Naye, nga mwenna bwe mumanyi nti erudda eri nninayo omuzzukulu, azitowa kiro nga ssatu oba akunukkiriza kiro ennya, awo bwe watyo, omwana omuto asingayo okulabika obubi gwe nnali ndabye. Baagambye mbu, "Afaananira ddala nga jjajjaawe." Kale . . . Era nnali ndaba ani gwe yafaanana, Billy gwe yafaanana.

4 Kale, ekiro kya jjo, bwe nnabadde nva we balindira, nga mmalirizza okukuba amasimu gange, nnina ekibinja kya mikwano gyange abalungi ennyo be nnasisinkanye abava mu Georgia n'ebitundu ebyetooloddewo, era fenna twabadde awo nga twetegereza abato abo. Era ddala balabika bulungi. Kati, ba . . . Bulijjo muli mpulira ekiŋŋamba nti, "Billy, okimanyi bulungi nti, otya nti oyinza okubumenya. Butono nnyo." Era ndowooza yali Mwannyinaffe Beeler eyagamba nti . . . Nnateranga okulowooza . . . Naye yateranga okulowooza bw'atyo, naye, oluvannyuma, n'akizuula nti tebayinza kumala gamenyeka. Kale, ndowooza nga ekyo kituufu.

5 Jjo olw'eggulo nnafunye omukisa okukyalako mu maka

g'omu ku bannyinaffe asabira mu kkanisa wano, mu maka ga muwala we; era ndowooza naye ali wano ku kkanisa, gye baategese akabaga k'amazaalibwa g'Ow'oluganda Neville. Era alina omutendera omulala gwe yatuuseeko olunaku lwa jjo. Era kati tugamba Ow'oluganda Neville nti, "Tukwagaliza amazaalibwa agajjudde essanyu," okuva eri buli omu ku ffe, kubanga waaluganda mulungi nnyo. Era, okutwaliza awamu, yaakasussa emyaka abiri mu etaano, yaakagisussaamu katono, era nga nange. Kale tugisussizza, omulundi ogw'okubiri. Ekyo. . .Kati obeera ogenda okaddiyira ddala, bw'osukka emyaka egyo omulundi ogw'okubiri, omanyi.

6 Nzijukira amakya Frankie Weber lwe yajja wano. Era ye yali mulirwana waffe wano asookerwako; kati muwala we y'abeera mu maka ago. Ye ali mu Florida. Era nze ne Frankie twasoma fenna. Kati Frankie yateekamu ekiweebwayo kye eky'amazaalibwa. Era mu kiseera ekyo nnali nnaakamala emyaka nga esatu oba ena nga mbuulira. Nze nnaleeta Frankie eri Mukama waffe Yesu. Kale yateekamu sente abiri mu ttaano. Ndowooza nnalina emyaka abiri mu ebiri. N'ateekamu sente abiri mu ttaano. Mu nze ne ŋŋamba nti, "Ha, bannange, oyagala kuŋŋamba nti Frankie Weber alina emyaka abiri mu etaano? Whew! Bannange, nneeraliikiriddde ekiseera lwe ndiweza emyaka abiri mu etaano." Naye kati nnaatera okugikubisaamu emirundi esatu, mu, kiseera ekitali kya wala. Kale emyaka egyo te—tegirwa.

7 Bwe ntunula erudda wano ne ndaba Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Kidd mu myaka gyabwe egy'ekinaana naye nga bakyali ba maanyi, mu nze ŋŋamba nti, "Mukama Yesu, nsonyiwa olw'okwemulugunya, ku ataano mu ebiri." Nga bo. . . Olina kinaana, ate Ow'oluganda Kidd alina kinaana mu gumu. Si bwe kiri? Kinaana mu gumu. Ate nga bakyali mu buweereza. Era mbabuulira, ekyo kituzzaamu amaanyi, si bwe kiri? Mazima ddala bwe kiri. Mazima ddala Mukama mulungi gye tuli.

8 Kaakati, waliwo ekintu kimu kyokka ekibi kye ntya, mu kubeera n'olukkuŋŋaana wano ku makya, era nga ekyo. . .Kibi nnyo, kiwulikika nga ekintu ekiswaza ennyo okukyogera. Naye nnina mikwano gyange bangi abava, ewala ennyo, oku—okujja mu nkuŋŋaana.

Ab'ennyumba ya ba Evans sibalabawo wano, naye ndowooza, balina we bali. Tebasubwa lukuŋŋaana n'olumu. Kati mumanyi mayiro mmekka ze bavuga buli lwa Ssande okujja okuwulira okubuulira? Mayiro lukumi mu bisatu. Buli wiiki bakozesa ddoola ezitakka wansi wa nkaaga oba nsanvu, okugenda ku kkanisa, bwe kiri, oluusi waliwo lwe bajja wano n'ab'amaka gaabwe, bonna, ne bajja wano, bafulumya ssente.

9 Kati, si abo bokka, naye waliwo n'ow'oluganda omulala wano ava mu Alabama, avuga kyenkana olugendo lwe lumu

buli wiiki. Ow'oluganda . . . O, bannange! Ow'oluganda "Welt"? [Ow'oluganda addamu nti, "West."—Omuk.] West. Nze . . . Nze, andabikira nga omulenzi omuto. Naye ta—taata, alina abaana abawerako. Naye bulijjo anzijukiza, alabikira ddala nga akyali omuto ennyo, ye ne mukyala we. Ow'oluganda West.

10 Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Palmer abatudde erudda wali, abava emmanga eri mu Macon, Georgia.

Ne—ne Mwannyinaffe Ungren, batera okubeera wano, okuva emmanga mu Memphis, Tennessee. Enkya ya leero weebali? Na—na . . . Bulijjo babeerawo. Mwannyinaffe Ungren ne—n'ekibinja okuva emmanga mu Memphis, Tennessee, eyo, weewaawo, baababali emabega eri.

Waliwo n'abalala. Nja . . . Bangi nnyo sisobola kubamenya mannya, ne mbamalayo. Abamu ku bo, bava mmanga eri mu maserengeta ga Kentucky. Abamu, ngulu eri okwetoloola Chicago. Ate abalala bava mu Chicago, n'abalala kyengulu wa Chicago, mu bitundu ebiriraanyeewo.

11 Ku Ssande, nnakitegeerako nti waaliwo omusajja eyatindigga olugenda okuviira ddala mu California, era yali waakumalawo akaseera katono; yali ayagala kundaba. Naye, nnalina bingi ebyanteganya, oluvannyuma lw'olukuŋŋaana. Bambi omusajja n'addayo, nga ssimulabye.

Omulala yava mu Illinois, erudda eyo. Omusajja oyo bw'aba waali wano enkya ya leero, apo ezo ze zaali zisinga okuwooma mu apo ze nnali ndidde. Kati yandeetera ekisero kiramba ekya apo.

Ate omu ku b'oluganda okuva mu Georgia, ndowooza gy'ava, oba erudda eyo bwe watyo, n'andeetera ekitereke ekinene eky'ensigo za pecan, nga kyenkana nga *wano* obunene, nga zirina ebikuta ebigonda. Era, ha, zimpoomera okukamala!

12 Mu kiseera kino, siri, okutwaliza awamu, sirya mmere nnungi kiri awo ennaku zino, kasookedde maama afa. Nnoonya Mukama ampe o—okwolesebwa okuggya. Kale ndya bintu ebyangungu, nga . . . ate nga bitono ebyo ebisobola okunnyamba okubeerawo; era nsaze kiro mwenda ku buzito bwange. Nga mu ekyo . . . Kati, siri mu kusiiba. Siri . . . nedda. Ekyo, nkikola bukozi, ekyo obeera tokiwa Mukama. Mukama olina kumuwa ekyo ekisingirayo ddala okuba ekirungi. So si . . .

13 Nnengedde n'Ow'oluganda Sumner ne banne emabega wali. Waliwo bangi nnyo. Si . . .

Kiringa ku Ssande eyayita, nnali njogera ku bantu aba—abaabeeranga ne maama, ne ku bintu ebirala bwe bityo. Naye waaliwo mwannyinaffe omu omwesigwa. Gwe nneerabira okwogerako. Kati, bw'aba waali wano enkya ya leero, mmwetondera. Omu ku bo yali Mwannyinaffe Beeler, ate bali

abalala baali Mwannyinaffe n'Ow'oluganda Steffy. N'abalala bangi! Nze . . .

14 Mwenna mummanyi bulungi nnyo nti mba sikigenderedde, bwe mbaako erinnya ly'omuntu lye ssoogeddeeko oba omuntu gwe mba ssoogedde. Abantu abo bonna nga baali beesigwa! Kati oluusi mba ndi wano, ne mbaako erinnya ly'omuntu erinzijira ne mmwogera. Naye nze . . . Mu ekyo, ntegeeza ekibinja kyonna awamu, buli muntu, mukiraba, balungi nnyo ddala. Kale, buli muntu, abadde mulungi, era wa kisa gye tuli. Era mazima ddala tubasiima olw'ekyo.

15 Era kaakati, enkya ya leero, nate tugenda kugezaako okuyingira mu Kigambo kya Katonda. Kati, nnandyagadde okwogera kino, kitegeerekeke bulungi, nti si—simala gajja mu lukkuŋŋaana lwonna nti abantu bandabe. Simala gajja nga ŋŋamba nti, "Kale, njagala oba oli awo nsaba Mukama ampe o—Obubaka obunaaleetera abantu okuwulira obulungi ennyo era baleekaane." Ebyo tubadde nabyo ebiwera, naye, kati ebyo tubisiima. Tebiriimu kabi konna. Mukiraba? Birungi nnyo. Mukiraba? Naye kye njagala okumanya, kye kino nti, "Mukama, Ggwe oba oluŋŋamya ebirowoozo byange ku kintu ekinaayamba abantu, ekinaayongera okubasembeza kumpi ne Katonda, eki—eki—ekinaabaako ne kye kibakolera, eki—eki, ekitaakome ku kubazimba buzimbi mu mwoyo kyokka, naye ekinaabazimba mu kutegeera wamu n'okulabulwa okuva eri Katonda, basobole okumanya bwe balina okuyimirira nga omulabe azze."

16 Nnabadde njogera ne mwannyinaffe abadde yatukyalira wiiki eno, Mwannyinaffe Palmer. Yagambye nti, yandyagadde okumanya engeri gye mbeerawo mu kitundu kino. Ensonga eri nti, oluba okutuuka wano, ne, eky'amazima, buli mulundi lwe nzija wano mu kiwonvu ndwalirawo amangu ddala nga nnaakatuuka. Embeera y'eby'obulamu si nnungi n'akatono mu kiwonvu wano. Ekyo tukimanyi. Naye Katonda alinawo abaana bangi nnyo emmanga wano. Kale olumu ku nnaku zino . . .

17 Mu kaseera kano nnoonya Mukama, okufuna Obubaka obuviira ddala eri Katonda. Mukiraba? Era nga, Katonda annyambye, mmaliridde okulindirira okutuusa lw'Anajja, okutuusa lw'Anaabaako ne ky'aŋŋamba. Kubanga mu nze mpulira nga wateekwa okubaaawo . . . Waliwo ekintu ekinaatera okubaawo wano, era njagala ntegeere kye kiri. Njagala nkitegeere butereevu okuva eri Katonda, nsobole okugamba nti kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? Olwo—olwo musobole, mmwe, abantu, basobole okukitegeera nti—nti si nze. Kale, njagala ngezeeko okukikola bwentyo, kibeere nti, manya, nsooke kukiwulira kuva gy'Ali.

18 Kubanga, bw'Ateeka Ebigambo Bye mu—mu muntu, awo, abeera takyali muntu oyo; wabula abeera Ye. Naye omuntu bw'aba y'akyogera, ku bubwe, kiba tekijja kuvaamu kalungi

konna. Naye bw'abeera Ye, bwe kiba Kigambo kya Mukama, nga kye kiri mu muntu oyo, kiba Kijja kutuukirira, era kiba—kiba kijja kubeera ekyo kyennyini ky'ayogedde. Ekyo kye twalagirwa okugoberera mu Bayibuli, ndowooza, kiri awo nga mu ssuula eya 20 ey'Eky'amateeka olw'okubiri, Kigamba, weewaawo nti, "Mwekkaanye, era bwe wabaawo ayogera mu Linnya lya Mukama, ky'ayogedde ne kitatuukirira, omuntu oyo temumuwulirizanga." Mukiraba? "Naye bw'akyogeranga era ne kituukirira, awo mukiwulire," mukiraba, "kubanga kiba kivudde eri Katonda."

19 Bw'atyo Katonda bw'abaddenga. Enkola Ye gy'agoberera Yagiteeka wano mu Bayibuli. Era tusobola okugisoma ne tugitegeera. Naye waliwo ebintu ebimu, e—ebikwata ku Kkanisa ne ku biseera eby'enjawulo ne ku bintu eby'enjawulo, by'Ataawandiika mu Bayibuli eno, n'olwekyo Ateeka Eddoboozi Lye mu muntu olwo omuntu oyo n'Alyogera, mukiraba, n'Alyogera. Kale, kati, engeri y'okutegeeramu omuntu oyo ky'ayogedde kwe kulaba oba nga ky'ayogedde kituukirira nga bw'akyogedde. Era, bwe kituukirira, era ne kigenda mu maaso nga kituukirira, awo, nga tumanya nti kiva eri Mukama. Era awo—awo tuba n'obwesige, nga, tulyoka twetegekera ebiba bigenda okujja.

20 Njagala nsome ebitundu nga bibiri oba bisatu mu Byawandiikibwa enkya ya leero. Era njagala nsome, okusooka, okuva mu Kitabo ky'Okuva, era nzikiriza awo nga mu ssuula ey'o 4 eya—ey'Okuva, we tuba tutandikira.

21 Era kati nsobola okulangirira nga bwe mweteekateeka okusoma Ebyawandiikibwa bino, nsobola okulangirira kye njagala okwogerako gye muli, Mukama ky'atadde ku mutima gwange okwogerako, enkya ya leero. Ssimanyi ky'Anaakikozesa, eri abantu; oba oli awo kirina omuntu omu wano gye kiragiriziddwa, oba oli awo waliwo omu ku abo abawuliriza entambi gye kiragiriziddwa, awantu awamu. Naye njagala okulangirira, enkya ya leero . . .

22 Ndowooza, ku makya ga Ssande ewedde, nnabuulira ku *Omujulirwa Ow'Amazima*. Kati ku makya ga Ssande ya leero, Mukama nga akkirizza, njagala mbuulire ku *Akabonero Akatuufu Akabuusibwa Amaaso*.

23 Na . . . Ow'oluganda Palmer yabadde aŋŋamba, ekiro kya jjo, nti ku makya ga Ssande ewedde nnayogera ku ky'okuyigako . . . manya nti nnagamba ku Ssande eno, ŋŋenda kubuulira ku "Amasaŋŋanzira ag'emirundi ena ag'Ekkanisa." Naye bwe nnaazzeeyo ekiro kya jjo . . . Emirundi egisinga emitwe egyo ntera okugiwandiika. Kye . . . Simanyi oba nammwe kibeetaagisa okukikola oba nedda. Naye nze mbeera n'ebintu bingi nnyo, bye mba ngezaako okulowoozaako. Kale bwe mbaako ne kye nfunye, mba nnina okufuna olupapula ne

nkiwandiika. Mukiraba? Kale bwe nnazzeeyo ne nkyetegereza, nnakizudde nga kye nnali ntegeeza tegaali masaŋŋanzira ga mirundi ena. Kituufu, nnakyogera bwentyo. Naye kye nnali ntegeeza, kyali nti, “Engeri ennya ez’obufuzi bw’Ekkanisa.” Era ekyo okukiyigirizaako, nnina okukuŋŋaanya ebyafaayo bingi eby’enjawulo. Kale oba oli awo omulundi ogunaddako ndiba mbifunye. Naye kyetaagisa ekiseera ekisinga ku kye nnabadde nakyo, ekiseera eky’okusoma, okusobola okubifuna, kubanga obeera olina okuddayo mu byafaayo n’ofuna ebiro we byabeererawo, n’ebirala.

Kubanga, mwenna, mwenna mukimanyi nti byasaasaanyizibwa buli wamu. Ate nga, twagala tubeere bakakafu ku bintu bino nga tetunnabyogera. Biteekwa okuba nga bituufu. Kubanga, tuyimiridde wano, nga tuli mu woofiisi esingayo obukulu mu nsi yonna: ey’omuweereza. Omuweereza, ate asingirayo ddala okuba ow’amazima era omutuufu, atuukiridde mu by’ayogera, bwe tutyo bwe tuteekwa okuba. Tuteekwa okwesigama ku Katonda okukikola.

Kaakano, mu Kitabo ky’Okuva, essuula ey’o 4:

> *Musa n’addamu n’ayogera nti, . . . laba, tebalinzikiriza, so tebaliwulira ddoboozi lyange: kubanga balyogera nti, Mukama teyakulabikira.*
>
> *Mukama n’amugamba nti, Kiki ekiri mu mukono* gwo? *N’ayogera nti, Muggo.*
>
> *N’ayogera nti, Gusuule wansi. N’agusuula wansi, ne* gufuuka *omusota; Musa n’adduka mu maaso gaagwo.*
>
> *Mukama n’agamba Musa nti, Golola omukono* gwo, *ogukwate akawuuwo. N’agolola omukono gwe, n’agukwata, ne gufuuka omuggo mu mukono gwe:*
>
> *Balyoke bakkirize nti Mukama Katonda wa bajjajja baabwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo*, nti *akulabikidde.*
>
> *Mukama n’amugamba nate nti, Teeka omukono* gwo *mu kifuba kyo. N’ateeka omukono gwe mu kifuba kye:* bwe *yaguggyaamu, laba, omukono gwe nga gulina* ebigenge *nga omuzira.*
>
> *N’ayogera nti, Guzze omukono gwo* mu *kifuba kyo. N’aguzza omukono gwe mu kifuba kye; bwe yagujja mu kifuba kye, laba* nga *gufuuse ng’omubiri gwonna.*
>
> *Awo olulituuka, bwe batalikukkiriza,* era *bwe bataliwulira ddoboozi lya kabonero ak’olubereberye, balikkiriza eddoboozi ery’akabonero ak’okubiri.*

Mukiraba nti bwali obubonero obubiri, era . . . buli kabonero kaaliko eddoboozi. Leka nziremu nsome olunyiriri olw’o 8 nate:

*Awo olulituuka, bwe batalikukkiriza, era bwe bataliwulira ddoboozi lya kabonero ak'olubereberye, balikkiriza eddoboozi ery'akabonero ak'okubiri.*

*Awo olulituuka, bwe batalikkiriza bubonero buno bwombiriri, era bwe bataliwulira ddoboozi lyo, olisena* ku mazzi *g'omugga, n'ofuka ku. . .lukalu: era amazzi g'olisena mu mugga galifuuka omusaayi ku lukalu.*

24 Kati mu njiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula 1 n'olunyiriri olw'o 6, tusomewo ennyiriri zino, manyanga olunyiriri luno. Enjiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula 1 n'olunyiriri olw'o 6. Era. . .

*Waalabika omuntu Katonda gwe yatuma, erinnya lye Yokaana.*

*. . .omuntu Katonda gwe yatuma, erinnya lye Yokaana.*

25 Ne mu Ezekyeri 24:24, njagala ngatteko Ekyawandiikibwa kino, byonna mbikwanaganye wamu okuva mu Ndagaano Enkadde, ne mu bannabbi, okutuuka mu Ndagaano Empya; musobole okukitegeera nti kiviira ddala mabega eri, okutandikira mu Kuva, okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero.

*Bwe kityo Ezekyeri aliba gye muli akabonero: nga byonna bwe biri by'akoze bwe mutyo bwe mulikola: ekyo bwe* kirijja, *kale ne mulyoka mutegeera nga nze Mukama* K*ATONDA*.

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera nga bwe tugenda gy'Ali mu buwombeefu okuyita mu kusaba.

26 Kitaffe Katonda, tujja mu Linnya lya Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo: Yesu Kristo, omutuukirivu. Tujja nga tumanyi nti Anaatuwulira, kubanga tetujja nga omuntu eyakajja obuzzi mu kizimbe, naye tujja n'obuvumu n'okukkiriza, nga tukkiriza nti kye Yasuubiza, Ajja kukikola. N'olwekyo tukusaba, olwa leero, ayi Mukama, Otutwale buli omu ku ffe abali wano, okuviira ddala ku kituuti okutuukira ddala emabega ekizimbe gye kikoma, okuyita buli wamu wonna, oggulewo buli mutima okomole okuwulira kwaffe, Ekigambo kya Katonda omulamu kisobole okukka okuva mu Ggulu, enkya ya leero, kifukumulwe mu mitima gyaffe, tusobole okukkiriza, nga bwe tuwulira Ekigambo kya Mukama era nga bwe kisomeddwa gye tuli mu matu gaffe enkya ya leero. Era tukwebaza olw'Ekigambo Kyo. Ekigambo Kyo ge Mazima.

27 Era kaakano nga bwe tulaba essaawa embi nga esembera, nga ekiruyi kya Katonda kyonna kibimbye waggulu mu bwengula. Era nga kirabikira ddala nti essaawa yonna wandibaawo ekituuka ku ggwanga lino erikugaanye, nti wandibaawo okubaluka okw'amaanyi okuyinza okusangulirawo

ddala eggwanga lino ne kuliggya ku maapu y'ensi, nga waliwo okutiisatiisa okw'ekintu eky'engeri eyo, okuva mu ggwanga eritatya Katonda eryesunga okukikola. Era nga tumanyi nti, mu kifo ky'okusemberera Katonda, balabika beeyongera kumwesamba. Nga bwe tumanyi nti Ekitabo ky'Okubikkulirwa n'okuyita mu Byawandiikibwa byonna byalagula ku kiseera kino, leka tutwale okulabulwa, ayi Mukama, tuleme okuba abagayaavu abavuyiza mu tulo, nga bwe tuyinza okukiyita. Leka tugolokoke twekunkumule.

28 Leka tufune okutegeera, olwa leero, kwe tutafunangako. Leka emitima gyaffe gibeere ku muliro, oluvannyuma lw'olunaku luno, wabeewo omuliro ogukoleezeddwa mu mmeeme zaffe ogunaabuna okuyita mu ggwanga lino lyonna, ayi Mukama, n'obujulizi obulamu buli we tunaabeera wonna.

29 Wa omukisa abalwadde n'abanyigirizibwa, abo abali mu bwetaavu, abali mu makkati gaffe, n'abo abatali mu makkati gaffe, abantu Bo buli wamu wonna.

30 Wa omukisa Ekigambo Kyo, ayi Mukama. Tukuza omuweereza Wo, n'abaweereza Bo abawuliriza, nti, fenna wamu tusobole okutegeera obwannamaddala bw'okujja Kwe, okusinga bwe kyali kibadde mu bulamu. Sisabira bano bokka abali wano, naye n'abo abaliwuliriza olutambi luno mu nsi yonna, basobole okuyingizibwa mu Kkanisa ya Katonda omulamu. Kubanga tukimanyi nti waliwo engeri emu yokka gye tusobola okufuuka bammemba b'Ekkanisa eno, nga kwe kuzaalibwa Omwoyo, ne tubatizibwa n'Omwoyo okuyingizibwa mu Mubiri gumu. Mbasabira, ayi Katonda, buli omu ku bo okwetoloola ensi yonna, Ggwe Osobole okwetwalira ekitiibwa. Era leka tuteeketeeke emmeeme zaffe, nti n'omulanga gumu okwetooloola ensi, twogerere waggulu n'eddoboozi ery'omwanguka nti, "Weewaawo, jangu, Mukama waffe Yesu." Bino tubisabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

31 *Akabonero Akatuufu Akabuusibwa Amaaso*. Abantu bazze banoonya obubonero, okuviira ddala ku Falaawo okutuusa leero.

Era Yesu yatugamba ku—ku biseera lwe walibaawo abanoonya obubonero, n'agamba nti, "Omulembe omubi, omwonoonefu gulinoonya obubonero. Naye, era, baliweebwa akabonero." Era omulembe ogwo gwali gwa kufuna akabonero ak'okuzuukira; ogwali ogw'okubeera omulembe omunafu, omubi, era omwonoonefu gwali gwa kuweebwa akabonero ak'okuzuukira.

32 Naye nga Ekyawandiikibwa kino ekiri mu maaso gaffe, mu Ezekyeri essuula ey'a 24 n'olunyiriri olwa 24, nnabbi ono yafuulibwa akabonero. Era ako ke kabonero ke njagala okwogerako.

33 Omusajja ono yafuulibwa akabonero eri Isiraeri. Era okuyita mu Byawandiikibwa wonna, Katonda azze akozesa bannabbi

Be nga obubonero. Era bulijjo babaddenga babuusibwa amaaso. Akabonero ako tebaakategeeranga. Bulijjo babeera banoonya kabonero ka kucamuukirira.

Ne Abafalisaayo abaaliwo mu biro bya Yesu, baamugamba nti, "Tulage akabonero akava mu Ggulu."

34 Naye Yesu n'abagamba nti baali ba kufuna akabonero. "Mwamala dda okufuna akabonero." N'abagamba nti, "Mumanyi okwawula eggulu bwe lifaanana. Musobola okutunuulira akabonero ako. Ne mugamba nti, 'Bwe limyuka, ne libindabinda, enkya wanaabaawo omuyaga.'"

35 Singa baali ba kutunuulira kabonero, banditunuulidde Ye, ne bategeera nti Ye yali akabonero ka Katonda gye bali; kubanga obunabbi bwabwe obwali bumwogerako bwali butuukirizibwa mu maaso gaabwe nga balaba. Naye era baasigala bakyanoonya kabonero.

36 Nga kyewuunyisa nnyo abantu okukola ekintu nga ekyo, okunoonya akabonero nga ate akabonero kali wamu nabo, mu makkati gaabwe mwennyini. Kati, Isiraeri yali eyingidde mu mbeera eno.

37 Era ebiseera ebimu okutulugunyizibwa akabonero ako kwe kalina okuyitamu kwewuunyisa; okutulugunyizibwa Yesu kwe yayitamu, okukakasa akabonero ka Katonda, nti Ye yali Masiya.

38 Tukiraba wano nti, nnabbi ono omuto eyali ayitibwa Ezekyeri bulijjo yafuuka akabonero, buli kiseera. Nga yeebonyaabonya! Waliwo ekifo kimu wano we tusanga we yagalamira ku ludda lwe olwa kkono okumala ennaku bisatu mu kyenda. Katonda yamugamba afuneyo ebijanjaalo n'omugoyo, abigatte wamu, abifumbe, abiteeke ku mabbali ge, agende agalamire ku ttegula, agalamire ku lubiriizi lwe olwa kkono, lwokka, nga teyeekyusa, okumala ennaku bisatu mu kyenda. Kirowoozeeko. Nate n'amugamba nti, "Ate kyuka ogalamire ku lubiriizi lwo olwa ddyo okumala ennaku amakumi ana."

39 Era n'Agamba wano nti, "Kino ky'olaba, Ezekyeri," n'amugamba nti, "kubanga weetisse obutali butuukirivu bw'abantu, buli lunaku Nja kulubabalira nga omwaka gumu." Nga kitegeeza, nti, buli lunaku lwe yagalamira awo, lwali lutegeeza omwaka mulamba gwe baali bagenda okumala mu buwambe, era nti obutali butuukirivu bwabwe bwali bwa kujjukirwa eri Katonda, era Katonda yali tagenda kuddamu kuwulira ssaala zaabwe.

40 Naye teebereza okubonaabona omusajja oyo kwe yali alina okuyitamu, lwaki ekyo kyali kyetaagisa? Bangi bazze beebuuza, lwaki ekintu nga ekyo kyandibadde kyetaagisa omuntu okukikola. Kiri lwakuba abantu tebasoma Kigambo, era tebasaba. Kale, Katonda asukkulumye byonna, era Atuma nnabbi We okuba akabonero. Abantu tebasoma. Tebafaayo kusoma. Era tebasaba, kubanga batwaliriziddwa nnyo . . . balina

ebirala eby'okukola. Tebasobola kufissaawo kaseera kusaba. Era Bayibuli ebaleetera ekiwuubaalo. Tesanyusa kimala eri ennaku zino ez'omulembe, oba ennaku endala zonna.

41 Omanyi, nzikiriza yali Pawulo ye yagamba nti, "Muli bbaluwa za Katonda empandiike, ezisomebwa abantu bonna." Katonda akozesa bantu nga obubonero, okulaga obubonero Bwe. Era emirundi mingi akabonero ako, era buli mulundi, nnaddala, okuggyako eri abalonde, akabonero ako kabuusibwa amaaso, ne kavumiririrwa, ne kajolongwa, ne kakasukibwa ebweru.

42 Ne batwalibwa nga, era nga bwe kyali mu Ndagaano Enkadde, mu nnaku za bannabbi, baatwalibwa nga abaliko ekikyamu ku mitwe. Baalowooza nti bannabbi abo baali batabufu ba mitwe, nti baaliko ekikyamu ku bwongo. Ate nga baabalabanga nga bava mu ddungu ne—ne bakola obubonero, oluvannyuma ne baddayo mu ddungu. Naye ne babajolonga, kubanga baali tebamanyi Byawandiikibwa.

43 Yesu, lumu yagamba Abafalisaayo, ku bikwata ku kuzuukira. Baamugamba nti, "Twalina . . . Amateeka gagamba nti ow'oluganda bw'afa n'aleka omukazi nga—nga talese baana, nti muganda we atwalanga mukazi we n'assizaawo muganda we eyafa, ezzadde." Ne bagamba nti, "Waliwo gwe twalina eyalina baganda be musanvu. Ow'oluberebereye n'awasa omukazi, n'afa, n'atalekaawo zzadde. Muganda we n'amuwasa, era naye n'afa; bonna ne bafa okutuusa ku w'omusanvu. Oluvannyuma n'omukazi n'afa." Ne bagamba nti, "Kati, mu kuzuukira," ne bagamba nti, "kati, aliba muka ani, ku abo omusanvu?"

44 Ha, Ekigambo ekyo nkayagala nnyo! Yesu yabagamba nti, "Bulijjo kye muva mukyama, olw'obutamanya Byawandiikibwa newankubadde amaanyi ga Katonda." Ha, ekyo nga Yandikirangiriddde leero singa Abadde ayimiridde wano! "Bulijjo kye muva mukyama, olw'obutamanya Byawandiikibwa newankubadde amaanyi ga Katonda." Amaanyi ga Katonda gali mu Byawandiikibwa. "Muwaba nnyo."

Kye yava Agenda mu maaso n'abagamba nti, "Mu kuzuukira tebawasa era tebafumbirwa, naye babeera nga Bamalayika." Kati, teyagamba nti baliba Bamalayika, naye baliba nga Bamalayika, obusimu obw'okwegatta buliba tebukyabalimu. Tebawasa era tebafumbirwa.

45 Tuli mu nnaku ez'okwonooneka empisa, manya, ez'obulamu obulimu okufa, ennaku ez'obwakabaka obulimu okufa. Naye wajja olunaku Obwakabaka obutaliimu kufa lwe bulijja, era mu Bwakabaka obwo obutaliimu kufa abanunule gye balibeera. Abo abaanunulibwa, era aba . . . Obulamu obuva mu mubiri guno, okuddayo eri Katonda eyabugaba, lumu, bulikomawo nate okuva ku Muti ogw'Obulamu, okufuga emirembe n'emirembe.

46 Omuvubuka ono omuto, nnabbi omuto, nga yawaayo ssaddaaka ey'amaanyi okuwaayo obulamu bwe bwonna okuba

akabonero eri abantu be, olw'ekibonerezo kye baali bagenda okufuna, kubanga baali ekyo kye twandiyise "abatafaayo." Baali tebaagala kintu kyonna kikwata ku Katonda. Baali tebakkiriza bannabbi abo, era baabajolonga bujolonzi. Era, naye, nga oggyeeko ekyo, ne bwe baagaana batya okukakkiriza, Katonda yakakasa nti bakafuna, mu buli ngeri.

47 Yezebeeri yagaana okukikkiriza nti Akabu ye yali omusumba we, naye ye yali. Katonda yakakasa nti akabonero akafuna, mu buli ngeri.

N'eggwanga lino bwe liri leero. Katonda omwenkanya era omwesimbu, okuyita mu Kigambo Kye, yali tayinza kuganya kintu kyonna, kye tulaba ekinaatera okubaawo, kubaawo nga talinaawo kabonero konna awantu awamu. Bulijjo Abaddenga nako. Kati, tulina okukanoonya. Era nkakasa nti abantu abategeera obulungi Ebyawandiikibwa bamanyi bwe balina okukanoonya.

48 Nuuwa yali kabonero mu biro bye, eri abantu, akabonero ak'omusango ogwali gugenda okujja. Nuuwa mu biro bye yatwalibwa nga omuzoole. Yali nnabbi. Yatwalibwa nga ow'obwongo obutakola bulungi. Naye omusajja yakola obutaweera, mwaka ku mwaka, nga azimba ekyombo, ate nga tewaali na mazzi ku nsi okuggyako ago agaali mu nzizi. N'alagula okubaawo kw'ekintu ekyali kirabika nga eky'obwewussa, eri endowooza ey'obuntu. Yagamba nti, "Amazzi gagenda kutonnya nga gava mu bwengula."

49 Awatali kubuusabuusa, bangi bateekwa okuba nga baamugamba nti, "Tulage gye gali." Aba sssayaansi bateekwa okuba baamugamba nti, "Nsobola okukukakasa nti waggulu eyo teriiyo mazzi."

Naye, ate, Katonda bw'aba yamugamba nti gaali ga kuva mu bire, Katonda ajja kukakasa nti atuukiriza Ekigambo Kye.

50 Era newankubadde waali tewabangawo mazzi, newankubadde waali tewabangawo kire kyonna mu bwengula, newankubadde waali tewatonnyanga wadde ettondo, newankubadde waali tewabangawo kintu kyonna kiyitibwa nkuba, naye, ekiseera ekyo kyonna, Nuuwa yali mu kutegeka kyombo nga yeetegekera enkuba. Bwali bukakafu obulamu obulaga nti nnabbi ono yali akkiriza kye yali ayogerako, kubanga yali akyetegekera.

51 N'olwekyo buli muntu yenna bw'obeera nga ddala ky'oyogerako okikkiriza, ojja kukyetegekera.

52 Leka nsooke nkome wano, okumala akaseera. "Mu biro bya Nuuwa," nga Yesu bwe yagamba nti, "bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Amakanisa, leero, singa gabadde gakkiriza bye googerako, bandibadde bateeka mu nkola bye boogera.

53 Tuyinza tutya okuzimba ebijjukizo eby'amaanyi, ne tuteeka obukadde n'obukadde bwa ddoola mu kuzimba ebizimbe, n'okwongera okusaasaanya enkola y'ebibiina eby'obuntu n'ebiringa ebyo, ate ne tubuulira nti Kristo ajja ekiseera kyonna? Tuyinza tutya okugumiikiriza, okulaba ebibiina by'abantu b'amakanisa gaffe nga tubalaba nga bava ku maanyi ga Katonda batwalirizibwa enkola y'ensi, ne bagireeta mu kkanisa ne babitabika wamu, ne tukiganya okugenda mu maaso? Olw'ettutumu, n'olw'endowooza y'abasinga obungi n'olw'enjawukana z'ebibiina by'amadiini, nga ekibiina ekimu kigezaako okusinga ekirala, tuyinza tutya okuteeka mu nkola bye tubuulira? Ate ebyo ensi ebiraba, babimanyi, okutuusa eddiini lw'efuuse ekintu eky'okubeera obubeezi n'omugendo mw'ogwa, oba okubeera n'ekibiina obubiina mw'oli mmemba. Eddiini . . .

54 Obulokozi bwa Kristo si kibiina bubiina. Si kubaako kintu kye weegattako. Wabula bumanyirivu obulamu.

55 Kati, Nuuwa yali ayolesa kye yali ayogerako. Yagamba nti, "Wagenda kujja amataba ag'omusango ku mulembe guno ogutali mutuukirivu. Era Katonda ajja kutonnyesa enkuba, okuva mu ggulu, era Ajja kuleeta amataba ku nsi yonna." Era yali takola ekyo kyokka, naye era yali ateekawo ekkubo ery'obuddukiro era nga ayita abantu bajje bayingire mu kkubo eryo. Naye tebaamuwuliriza.

56 Naye, Nuuwa, nga nnabbi, yali kabonero eri omulembe ogwo, akabonero akaayogerwako obubi, omusajja eyatwalibwa okuba omutabufu w'omutwe; eyali ategeka ekintu, eki—ekitaalina bukakafu bwonna awantu wonna, oba ekyali tekibangawo, nti kiribaako ne lwe kirikozesebwa.

Naye kirabika eyo y'endowooza y'abantu gye balina leero. Balowooza ku kifo kya kwekwekamu butatuukibwako maanyi ga bbomu ya nukiriya. Ekifo eky'okwekwekamu obutatuukibwako maanyi ga bbomu ya nukiriya kirikugasa ki nga ku nsi tewalisigala wadde omuti oba olwazi?

57 Tulina Ekifo eky'okwekwekamu, Omukristaayo akirina. Nga bwe nnagamba Ssande ntono eziyise, manya bwe nnakirowooza olumu bwe nnali ntambula mu kkubo nti, "Kino si Kifo kya *kwewogomamu lutalo*, wabula Kifo *kya kufuniramu bulamu*, mwe twebbika, nga tusoosaayo mutwe, n'omutima gwaffe gwonna, n'emmeeme yaffe yonna, n'ebirowoozo byaffe byonna, ne twebbika mu Kristo, Ekyombo kya Katonda eky'obuddukiro."

58 Naye, Nuuwa, gwe baatwala nga omuzoole, mu kiseera ekyo, okuyita mu busirusiru bw'okubuulira, n'okukola akabonero eri abantu, nga abalabula, yasalira ensi omusango. "Yasalira ensi omusango, nga azimba ekyombo," so nga tewaali mazzi kwe ligenda kuseeyeeyeza. "Yasalira ensi omusango," bw'etyo

Bayibuli bw'egamba, Abaebbulaniya, essuula ey'e 11. "Yasalira ensi omusango n'alokola ab'enju ye, okuyita mu kwetegeka," n'okubeera akabonero ka Katonda, ak'omusango ogwali gugenda okujja mu kiseera ekyo. Nga kintu kya kitiibwa!

59 Oluvannyuma nga wayiseewo emyaka egiwerako, wajja akabonero akalala. Akabonero ako yali Musa, nnabbi. Ako ke kaali akabonero ka Katonda eri Isiraeri. Baali bamaze emyaka ebikumi bina mu busibe. Era Katonda yabategekera akabonero, nga okununuliwa kunaatera okubaawo. Era yali kabonero ak'obununuzi eri Isiraeri, ate nga kabonero ak'omusango eri Misiri.

60 Nuuwa yali kabonero ak'obununuzi eri abantu be, ate nga kabonero ak'omusango eri ensi eyali yabula, abatakkiriza. Amazzi gennyini agaayanjaala ku nsi ne gabuutikira ensi ge gaali ekkubo lyokka ery'okulokola Nuuwa. Ekintu kyokka ekyali kisobola okumulokola gwali musango.

Ekintu kyokka ekinaalokola Ekkanisa leero gwe musango, Katonda bw'anaata omusango ne gwerindiggula ku nsi.

Naye era Nuuwa yabuulira. Yafuuka akabonero.

61 Era kati, Isiraeri, nga wayiseewo emyaka ebikumi bina, baatandika okukaabirira okununulibwa. Naye Katonda teyeebikkula era teyeeyoleka okutuusa nga abantu Be beetegefu okusembeza ky'Ayagala okubalaga.

62 Kaakati, ha, nga waliwo bingi ebyandyogeddwa ku nsonga eyo yennyini, singa gye tubadde twogerako, engeri Katonda gy'ayambudde eggwanga lino ne lisigala bukunya! Ekituufu bakimanyi. Empapula z'amawulire zikiwandiiseeko, emirundi n'emirundi n'emirundi. Obubonero obw'Okujja Kwe buwandiikiddwaako. Naye ne beeyongera okugenda mu maaso nga abatabufaako. Tebakyalina kya kwekwasa kyonna. Tuli ku nkomerero.

63 Katonda okutuma bannabbi Be akikola mu kiseera ekyo kyokka nga abantu Be beetaaga nnabbi. Katonda atuma akabonero Ke nga abantu beetegese okufuna akabonero. Naye, omutawaana guli nti, abantu tebatera. . .Batuuka ne baba nga baagala kukyamuukirira bukyamuukirizi, oba manya bajja kwagala okugamba nti, "Tulage akabonero akava mu Ggulu." Naye ate Katonda bw'asindika akabonero, ate ne batayagala kukalaba. "N'olwekyo kakisibwa eri amaaso g'abamagezi n'abakalabakalaba, kasobole okubikkulirwa eri abaana abato abaagala okuyiga." Akabonero ako, bakabuusa amaaso.

64 Isiraeri nga baali bateekwa buteekwa okumanya, omwana oyo omutuufu bwe yazaalibwa, bwe baatunula waggulu eyo ne balaba okusinziira ku ki—kiseera ky'emyaka gye baalina okumalayo, "Abantu bo baliba bagenyi okumala emyaka ebikumi bina, mu nsi etali yaabwe, naye Ndibaggyayo." Baalina okukitegeera nti obudde bwali busembedde, era bwe baalaba

omwana oyo omutuufu nga azaaliddwa. Nti, ne nnyina ne kitaawe, Amulaamu ne Yokebedi, tebaatya biragiro bya kabaka, nga ne bwe baamuteeka ku mugga gwennyini omwali zi ggoonya; tewali n'emu ku zo eyamuluma. Baakiraba nti waaliwo akabonero, naye ne bakasambajja. Baali tebakeetegekedde.

Katonda yamuleeta n'amuteera ddala munda mu lubiri lwa Falaawo, n'aleka Falaawo n'amukuza n'amuwa obuyigirize bwonna bwe yali asobola okufuna, okulaga (Katonda) engeri gy'Akolamu ebintu, bwe yamala ate n'amutwala mu ddungu, asobole okubimwerabiza byonna.

65 Wali Falaawo ye yali amutendeka. Katonda yali amutendeka. Falaawo kyamutwalira emyaka ana okumutendeka, ne Katonda ne kimutwalira emyaka ana okumutendeka, n'abimwerabiza byonna. Okutendekebwa kw'omuntu; n'okutendekebwa kwa Katonda.

Falaawo yali atendeka omwana ow'obulenzi okuba omukulembeze, omukungu, omulwanyi, omulwanyi, okufuuka Falaawo addako anaakuumira Misiri nga eri ku ntikko mu by'ekola, afufuggaze amawanga amalala gonna era agaleetere okuwa Falaawo omusolo. Naye Katonda n'amutwala mu ddungu, n'abimuggyamu byonna. N'amulaga, mu bbanga lya ddakiika ttaano, okuyita mu kisaka ekyaka n'omuliro, nti Ye yali Katonda omulamu. N'amuggyamu okutya kwonna; n'amuteekateeka. Yali kabonero.

66 Katonda ayagala abantu Be basabe. Era Isiraeri bwe yazitowererwa ennyo, mu mbeera bw'etyo, ne batuuka nga tebakyasobola kweyongerayo, nga ekiseera kyabwe kituukiridde, nga n'emigugu gyabwe gisusse ku kye baali balowooza, baatandika okusaba. Era abantu bwe batandika okusaba, ne Katonda atandika okuwulira. Ekiseera kyali kituuse Ekigambo kya Katonda okutuukirizibwa.

67 Na bwe kityo, Amulaamu ne Yokebedi bwe baakiraba nti ekiseera ky'Ekigambo okutuukirizibwa kyali kituuse, kye baava bagenda mu kusaba, basabe Katonda. Era ebiseera ebisinga abo abasaba be baba n'omugugu, be babaako ne kye bafuna. Abo abasaba, Katonda b'aba yayawulira okukikola.

68 Twabadde twogera enkya ya leero bwe twabadde tulya eky'enkya nga twanguyiriza nga tukola akabonero ak'okwagalizaganya n'ebirala, tulyoke tugende ku kkanisa. Ne wabaawo ekintu ekyayogeddwa ku musajja omu ataali, wa mu kitundu kino, eyaddamu okunywa sigala oluvannyuma lw'okuwonyezebwa kookolo. Ne ŋŋamba nti, "Nga kya nnaku."

69 Kati omu kye yavudde ayogera n'agamba nti, "Ekyo kye kintu ekisingayo okuba ekizibu okuvaako, kye mmanyi, kufuuwa sigala."

70 Ne ŋŋamba nti, "Nkimanyi. Kubanga, guba muzimu." Ne ŋŋamba nti, "Guba—guba muzimu." Ne ŋŋamba nti, "Era

tosobola kumuvaako okuggyako nga amaanyi ga Katonda gakuliko.”

Waliwo abantu babiri be mmanyi mu myaka gyange egyasooka, bombi baali baagala kubeera basajja ba Katonda.

Omu ku bo, olwali okumuleeta nti eri Kristo, n’atanula okukoleeza omunwe gwa sigala. Yanywanga pakiti nga ttaano oba mukaaga olunaku, yatuulanga awo n’agenda nga akoleeza munwe mu munwe, okumala olunaku lwonna. Naye yagezaako okukoleeza omunwe gwa sigala omulala, ne wabaawo Ekintu ekyamuziyiza okukikola. Kye yava atambula n’agenda awaali sitoovu, nga takimanyi na kukimanya nti Ebyawandiikibwa bivumirira ebintu eby’engeri eyo, n’abikkula sitoovu n’akwata pakiti n’agisonseka mu sitoovu. Ne kikoma awo.

71 Ne wabaawo, n’omulala eyali ayagala okufuuka Omukristaayo, n’agezaako nga bw’asobola. N’akaabirira Mukama. Yamuvaako, okumala wiiki nga bbiri oba ssatu. Naye bwe yadda mu ntegeera ye entuufu, mu mbeera eri gye yayitamu, yatabuka omutwe. Naye bwe yadda mu ntegeera ye entuufu, yeesanga mmanju wa nnyumba, nga yeewuttula omukebe, ku mutwe gwe. N’adduka emisinde n’ayingira mu nnyumba, mu bwangu obw’ekitalo, n’akwata sigala we, n’anywako pakiti nnamba nga tannava mu nnyumba ku olwo akawungeezi, nga ava munwe ku munwe. Mukiraba?

72 Omu yali yayitibwa. “Tewali ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y’amuwaludde, era bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi.” Okulabulwa kwali kutegeeza ki? Bwali Bulamu, eri omu. Yabulaba. Toyinza kubulaba okuggyako nga Katonda abukubikkulidde. “Kyakwekebwa eri amaaso, g’abagezigezi n’abakalabakalaba, ne kibikkulirwa abaana abato abaagala okuyiga.” Ddala bwe kiri.

73 Amulaamu ne Yokebedi baakitegeera nti ekiseera kyali kituuse. Essaawa yali enaatera okutuuka.

74 Era nga bwe nkyogerako njagala njogere kino. “Ssi oyo ayagala, oba oyo adduka; wabula Katonda y’asaasira.” Bwe kiri. Katonda y’asaasira.

75 N’olwekyo, olwa leero. . . O, kino leka kinnyikire buziba! Leero, Katonda bw’aba, yakuyita, era nga weeyawula ku bintu by’ensi, era nga amaanyi ga Katonda ag’ekitiibwa gaakutukuza okuva mu bintu ebyo, osaanye okuba nga ggwe muntu asingayo okuba omusanyufu mu nsi. Waliwo obukadde n’obukadde abandikikoze singa baali basobola, naye tebasobola. Tekyabaweebwa. Kino ky’ekiseera nga Ekkanisa eyitiddwaayo, n’eyawulibwa. Ya njawulo, okuva ku ekyo kye yali. Weewaawo.

76 Abantu bwe batandika okusaba, Isiraeri bwe baatandika okusaba okufuna nnabbi, Katonda nnabbi oyo yamulina. Katonda nnabbi oyo yali amulina, ebbanga lyonna, kubanga bulijjo Katonda ababeera mu maaso. Omusajja yali Yamutegeka,

naye Yali alinze abantu bagende mu kusaba, abantu basooke bamwetaage.

77 Ekyo nga nsobola okugamba nti kifaananira ddala ne leero! Kye twetaaga leero si muntu anaaleetawo okudda obuggya, si muntu mulala okuva mu kibiina gundi eky'amaanyi, anaagatta awamu ebibinja ebirala. Kye twetaaga leero ye nnabbi atumiddwa Katonda, alina Obubaka obunaasalira ensi omusango. Omuntu oyo Katonda yandiba nga amulina, singa abantu baba bamwetegekedde. Kye njogerako mukimanyi. Alina w'amulina, oba oli awo, awantu awamu mu nsi, naye abantu balina okuba nga bamwetaaga. Katonda tamala gakupakira bintu mu mumiro gwo. Oteekwa okubyetaaga. “Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta ku lw'obutuukirivu, kubanga balijjuzibwa.” Bwe kiri.

78 Musa bwe yategeerwa . . . Manya, abantu, bwe baakitegeera nti beetaaga omukulembeze, baatandika okusaba. Baatandika okusaba Katonda abaweereze omukulembeze, oba omuntu ow'okubafulumyayo. Era n'Abatumira omusajja, nnabbi. Ako ke kaali akabonero Ke. Kati, omusajja ono singa teyali nnabbi, singa yasituka, n'agamba nti, “Ndi munnamagye omukugu,” Isiraeri baalina eddembe obutakkiriza musajja oyo. Kubanga, Katonda, mu buli mulundi, awatali kulemererwa, asindika nnabbi. Mpaayo omulundi gumu mu Bayibuli lwe kyali kibaddewo. Buli mulundi Asindika nnabbi nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

79 K'abeere Dawudi, yennyini, munnamagye nnakinku akyasinzeeyo Isiraeri gwe yali ebadde naye, naye, ne, Dawudi yali nnabbi. Weewaawo, yali nnabbi. Yali nnabbi, Dawudi.

80 Yali alinze abantu okufuna okuyaayaana mu mitima gyabwe okuwulira nnabbi ono gwe Yali agenda okusindika.

Weewaawo, waaliwo ekibinja ky'abaagamba nti baamuwuliriza, naye nga tebaamuwuliriza. Kyakakasibwa oluvannyuma nti tebaali batuufu. Baakyamuukirira bukyamuukirizi. Era Bayibuli egamba nti, “Ekibiina ekya bannaggwanga ne balinnya wamu nabo.” Baakola ki? Baaleeta mitawaana mu ddungu. Era buli mulundi, ekintu ekitali kya bulijjo lwe kikolebwa. Ha, nnyabula singa kino mbadde nsobola okukinnyikiza, ne kinnyikira bulungi. Buli mulundi Katonda lw'abaako ne ky'asindika, wabaawo okugeegeenyezebwa kw'ekintu ekyo okutali kuluŋŋamu, okw'omubiri, okukigoberera. Buli mulundi, bulijjo wabaawo ekintu, ekikyefaanaanyiriza; ekitwaliriza emitima gy'abantu.

Naye nnabbi wa Katonda owa nnamaddala anywerera ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Taliseeseetuka kuva ku Kyawandiikibwa ekyo bw'aba yatumibwa Katonda.

81 Musa yanywerera ku Kyawandiikibwa. Katonda yagamba nti, “Ndibaggyayo.” Yagamba Musa nti, “Ggwe gwe ntumye

okukola omulimu.” Era Musa yalina obumanyirivu. Yali yasisinkana Katonda. Yalina Ekigambo kya Mukama.

82 Ensonga lwaki Katonda atuma bannabbi eri nti babeera balina Ekigambo kya Mukama. Ekigambo kya Mukama kijja eri bannabbi. N’olwekyo bw’aba talina Kigambo kya Mukama, kitegeeza si nnabbi.

83 Waliwo okugeegeenya okw’omubiri kungi okw’abagezaako okweyita bannabbi, okuyita mu mirembe gyonna, naye buli mulundi bava ku Kigambo kya Mukama. Naye nnabbi omutuufu anywerera ddala ku Kigambo. Kati, ebigambo ebyo temubyerabiranga. Nnabbi omutuufu anywerera ku BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA.

84 Yesu yatulabula mu nnaku ez’oluvannyuma ku birina okubaawo. Naye o—omuweereza omutuufu, nnabbi omutuufu, talemwa kunywerera ku BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA.

85 Musa yanywerera ku Mukama. Yali kabonero. Yali kabonero eri Isiraeri nti ekiseera kyabwe eky’okununulibwa kyali kituuse, era yali kabonero eri Misiri nti, ekiseera ky’enkomerero yaabwe kyali kituuse. Kubanga, oluvannyuma lwa byonna, baasaanawo mu Nnyanja Enfu, eggye lya Falaawo lyonna. Baali batuuse ku nkomerero y’amaanyi gaabwe ag’ekinnamagye, era nnabbi yali kabonero ak’okusaanaawo kw’eggwanga.

86 Mukirowoozeeko, Katonda nga bw’ali omukulu, naye ate n’Akolera mu ngeri enyoomebwa. Eky’amazima, abatali bayivu bwe baba basobola okukitegeera, n’abayivu basobola. Amiina. Abaddu abaali mu binnya by’obudongo bw’e Misiri bwe baba baasobola okukitegeera nti oyo yali nnabbi avudde eri Katonda, era nti ekiseera kyali kituuse, ab’omu lubiri lwa Falaawo tebandisinzeewo nnyo okukitegeera? Naye ate abo ab’ekika ekyo be batakitegeera, ab’ekika ekyo be bakisubwa, bulijjo.

87 Musa oyo bwe yayimirira, n’alengera okuyita mu madirisa ago, n’alaba abaana ba Isiraeri nga bayitawo, eri Isiraeri. . . eri Falaawo, baali baddu era baali mbwa, naye eri Musa, be baali abalonde ba Katonda. Bayibuli egamba, nti, “Musa yalondawo,” yakola okusalawo kwe n’alondawo, “okwetikka ekivume kya Kristo, nga akitwala okuba obugagga okusinga amasanyu g’ekibi, kubanga yeekaliriza empeera eyo.” Musa yakitegeera nti tebaali basambi ba kadongo; wabula baali bantu abaalina ekisuubizo.

88 Ye yennyini, yali amanyi ky’ali. Yali tasobola kubabuulira. Baalina okukitegeera, ku lwabwe. Yali amanyi, ye yennyini, omulimu gwe kye gwali, gwe—gwe yalina okukola. Yakimanya nti Katonda yali amuyimusizza olw’ekigendererwa kino, naye yali tasobola kubagamba. Era gye baakoma obutakiraba, naye teyeebikkula mu lwatu, okutuusa lwe baakitegeera. Bwe, baalaba akabonero ako, ne bakategeera.

89 Yamugamba nti, "Ŋŋenda kuwa Isiraeri akabonero. Twala omuggo guno; ogufuule omusota. Ako bwe batalikawuliriza, ddira omukono gwo oguteeke mu kifuba kyo, bw'omala oguggyemu, weewonye ebigenge, awo balikakkiriza. Naye era, n'ako bwe batalikawulira, sena amazzi okuva emmanga ku mugga Kiyiira, ogayiwe ku lukalu, n'amazzi gonna galifuuka omusaayi." Ako kaali kabonero ka ggwanga lyonna. Abantu balikakkiriza. Era, abo abaliba beetegese okukakkiriza balikakkiriza bwe baliraba akabonero ka Katonda nga kakolebwa, naye eggwanga lirina okufuna ekintu eky'enjawulo. N'olwekyo, bonna Yabawa akabonero.

90 Katonda yakozesa omusajja, omusajja omwetowaze, nnabbi, okubeera akabonero k'enkomerero y'embeera y'eggwanga eryo. Ayi Katonda tusindikireyo omulala. Tuyimusizeeyo omulala. Abantu ba Katonda singa bagenda mu kusaba okufunayo ali bw'atyo, Ajja kumuyimusa. Bo, nga abantu be balina okufuna omugugu ogwo. Balina okuzuukuka. Balina okukitegeera. Balina okutegeera ekiseera kye tulimu, n'embeera etwetoolodde, nga tebannazuukuka.

Mugenda mu maaso n'obulamu nga bwe mubadde mukola bulijjo. "Omwaka guno nnina okuzimba amaka amapya. Nnina okufuna emmotoka esinga eya ba Jones. Nnina okukola *kino*." O, essira lyonna n'oliteeka ku *bino*! Naye bw'okitegeera nti, ka . . . Ebintu ebyo birungi. Naye oteekwa okukitegeera, ow'oluganda, nti ebintu bino byonna bijja kusaanawo.

Yesu yagamba nti, "Temutya oyo asobola okutta omubiri," Bbomu nnamuzisa eya Russia. Temutya oyo asobola okufuula omubiri guno evvu ly'olunyata, mu kaseera buseera, "naye mutye Oyo asobola okufuula omubiri bw'atyo n'emmeeme n'agisuula mu ggeyeena." Bwe kiri.

91 Nga bwe nnali njogera ne dokita, mu ddwaliro maama bwe yali mu ddwaliro, yali ayogera ku butya ssaayansi bw'ali ow'ekitalo, okuba nti asobola okukola ku bitundu by'omubiri eby'enjawulo, ne babiteekamu eddagala, ne lisobola okutta akawuka akaleeta endwadde, naye ne litaliza akaweke k'obulamu. Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kirungi nnyo. Ekyo kiyitirivu." Ne mmuwuliriza okumala akaseera. Naye ne mmugamba nti, "Dokita, ekyo kirungi. Ekyo nkisiima nnyo. Kirungi nnyo. Ddala nne—nneebaza Katonda olw'ekyo. Naye, labayo, mumala ebiseera byammwe byonna nga mugezaako okubaako kye muzuula ekikwata ku kitonde. Naye lwaki temutwala ekiseera ne mulowooza ku Ani yakitonda, Ani yakikola, Ani Yakiyiiya? Katonda ye Yakiyiiya."

Omutonzi si mukulu nnyo okusinga ebitonde bye Yatonda! Lwaki tussa nnyo essira ku bitonde, ne tutalowooza ku Mutonzi Oyo eyakola eggulu n'ensi, era eyakola omubiri n'obulamu?

Asobola okubizikiriza essaawa yonna w'Aba ayagalidde, kubanga Bibye.

92 Kino kifuuka kintu ekirungi ennyo, okukola ku mubiri gw'omuntu. Ekyo tukisiima. Basobola okukyusa eriiso, ne baliggya mu muntu omu ne baliteeka mu mulala; ne baddira obusuwa obwo obutono ennyo, ne baggya eriiso mu nkompe z'omuntu ne baliteeka mu nkompe z'omuntu omulala, omuntu oyo n'akozesa eriiso eryo okulaba. Ekyo kintu kirungi nnyo.

93 Edda kyali nti, maama, bwe yatuukanga ekiseera okuzaala omwana, naye o—omwana n'aba nga tasobola kuzaalibwa, maama ya—maama bwe yabanga mu mbeera eyo, nga omwana tasobola kuzaalibwa: maama n'omwana, bombi, baafanga. Bwe kityo bwe kyali. Naye ensangi zino temukyakiwulira, kyakyusibwa, oba oli awo n'okubaawo tekikyabaawo. Naye leero basobola okutwala maama oyo nga atuusizza ekiseera eky'okuzaala, ne bwe kiba nti . . . maama ne bw'aba asemberedde a—akaseera ak'okuzaala, maama oyo . . . maama oyo basobola okumutwala mu kasenge ne bamusannyalaza, ne bamuggyamu omwana oyo, n'azaala bulungi, ne bamuggyamu omwana. Ekyo tukisiima.

94 Mbuuliraayo enkola emu. Ggwe ojje obeeko valuvu ya payipu gy'osiba awantu awamu, ku mudumu guno ogutambuza amazzi mu kibuga, olabe ekinaabaawo ku valuvu ennene. Ojja kugyabya.

Naye, ate, tusobola okusalako okugulu, oba ne tusalako omukono, era, olw'ekyamagero kya Katonda, omusaayi ogwo Ajja kuguwugula guyite awantu awalala, mu katikitiki, agukyuse gukulukutire mu kkubo eddala okusobola okutaasa obulamu bw'omuntu oyo. Ekyo ani asobola okukikola? Mumbuulire.

95 Ggwe ojje osaleko omudumu, kutula emu ku payipu zino ennene ezitwala amazzi, nga zigajja ku valuvu. Kiki ekinaabaawo? Ojje okigezeeko olabe kiki ekinaabaawo. Tewali kkubo ddala gye gayinza kuyita. Galina kuddayo ne gaabya valuvu.

Singa Katonda teyateekawo kkubo kuwugula musaayi guno, mu bwangu, ne gumala gudda ku mutima ofiirawo. Buli lwe wandyefumise olugalo, wandifiiriddewo, mbagirawo. Buli lwe wandyesaze, n'obaako akasuwa k'okutula oba ekintu kyonna, wandifiiriddewo, mbagirawo. Bwe wandisaliddwaako olugalo, wandifiiriddewo. Bwe kiri. Omusaayi gwandikulukuse ne guddayo mu mutima gwo. Era gwandikusse. Naye Katonda . . .

96 Kaakati, tulowooza nti kya kitalo. Tulowooza kya kitalo. Era tusiima ssaayansi ky'akoze, ne basobola okusiba emisuwa egyo ne gitavaamu musaayi. Ebyo byonna birungi. Naye ekyo Yali Ani Eyakiyiiya? Mukiraba? Amaaso tugassa ku bitonde ne twerabira

Oyo eyabitonda. Mukiraba? Tutunuulira ebintu eby'obutonde ne twerabira e—eby'omwoyo. Ekyo kye tukola.

97 Kaakati, bannabbi ba Katonda, be ba...babeera n'Ekigambo Kye. Y'ensonga lwaki abantu babakkiriza.

Y'ensonga lwaki Katonda yagamba Musa, Yamugamba emabega eri mu Lubereberye, mu bifo bingi, mu Kuva, n'awalala wonna nti, "Bwe wabangawo wakati mu mmwe, ow'omwoyo, oba, nnabbi..." "Kaakati ebintu bino tulibimanya tutya?" Yagamba nti, "Bw'alyogera ekintu ne kituukirira, n'ayogera ekintu ekirala, nakyo ne kituukirira, awo mukikkirize." Mukiraba? Ako kabonero.

98 N'olwekyo Ekigambo Kye Akiwa, si bakulembeze, si bannakyemalira, naye akiwa bannabbi. Khrushchev si kabonero eri ensi. Nedda, ssebo. Hitler teyali kabonero eri ensi. Naye waliwo awantu awamu, mu kifo ekimu, Katonda gy'alina nnabbi omwetowaze alindiridde ekiseera ekituufu. Oyo ke kabonero. Ye kabonero akalisaliza ensi omusango kalokole Ekkanisa. Nnabbi oyo!

99 Eriya yali kabonero mu biro bye, nnabbi Eriya. Eri e...

Yali nna-...yali kabonero ak'Ekigambo kya Katonda, omusango eri Misiri n'obununuzi eri Isiraeri, bwe baayagala okumukkiriza.

100 Ebiro bya Eriya ebyo ebyali bijjudde ekibi, nga Isiraeri yonna bavudde ku Katonda, bazzeeyo mu kibi. Baali beerabira ekiragiro. Baali beerabira Katonda bwe yabakulembera n'abaggyayo, ne Yakuwa ow'amaanyi eyaggulawo Ennyanja Emmyufu, n'abafulumya Misiri, n'abawa ne nnabbi ow'amaanyi nga Musa n'abeera mu makkati gaabwe. Baali baabyerabira.

Tubyerabira. Mmwe Abamesodisiti John Wesley mwamwerabira. Mmwe Abaluzalaani Martin Luther mwamwerabira. Mmwe Ababaputisiti John Smith mwamwerabira. Bangi ku ffe Charles Finney twamwerabira, oyo abasinga bonna.

101 Kigambibwa nti ebitundu kyenda mu musanvu ku buli kikumi ku bantu Finney be yabuulira ne bakkiriza baanywera. Ebitundu nsanvu mu bitaano ku kikumi ku bantu Moody be yabuulira ne bakkiriza baddirira mu bbanga lya mwaka gumu. Ate aba Wesley, ab'ekibinja ky'obutukuvu, baabeeranga bagwa buli kiseera. Naye Finney yalina ebitundu kyenda mu musanvu ku buli kikumi. Kasajja kattu, akatono, akakovvu, ak'ekiwalaata akaatambulanga ne kajja ku kituuti ne katunuulira ekibiina ky'abantu, bwe *katyo,* abantu ne bazirika, kubanga lumu yabeerako mu nsiko okutuusa Omwoyo Omutukuvu lwe yamukkako n'amwezza. Yakikola. Yali kabonero ak'okukomekkereza, emyaka nga ebikumi bibiri egiyise, okw'okudda obuggya okwo okw'amanyi Wesley wamu n'abo abalala kwe baalina, n'omusango ogwali gujja.

102 Yali kabonero, eri omulembe ogwo omwonoonyi. Era ndaba engeri Eriya gye yayimiriranga, nga muvumu era mumalirivu, nga ali yekka, nga talina muntu yenna gw'ali naye, naye yali kabonero ka Katonda.

Bannaddiini abalala bonna baali baagoberera Akabu, mu nkola ey'omulembe. Baali beeyisa mu ngeri ya mulembe mu mulembe ogwo. Naye engeri Akabu ono, manya, Akabu ono, n'eby'ekitalo byonna bye yali atuuseeko, ne bitwala ekkanisa yonna mu Bukatu-. . ., manya, si Bukatuliki, naye kyenkana mu kintu kye kimu, mu kusinza ebifaananyi. Yali abafudde ba lugoojamye. Nga abamu basinza *bwe bati*, nga balina eddembe, "Muli ba ddembe okukola kyonna kye mwagala." Nga batuuse mu mbeera efaanana bw'etyo.

103 Naye tulaba engeri Eriya gye yayimiriramu, n'obuvumu, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ai Katonda, tuwe abasajja bwe batyo. Teyatya kugamba Yezebeeri ku mbeera ye. Teyatya Akabu. Teyatya kuba nti yategeerwa bubi. Yayimirira n'obuvumu, n'agenda eri Akabu, n'amugamba nti, "K'abeere ssuulwe taligwa okutuusa nga nze mmuyise." Amiina.

104 Yali kiki? Yali kabonero eri omulembe ogwo omwonoonyi. Isiraeri yakalaba? Nedda. Baamusekerera busekerezi, ne bamujolonga bujolonzi.

Yalagula nti wagenda kubaawo ekyeya, nti wagenda kubaawo—wagenda kubaawo emitawaana, enjala, okulumwa enjala. N'alagula n'obuvumu, nga ayimiridde yekka ku bubwe, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. N'agamba nti, "Ayi Mukama ab'amazima bonna babasse babamazeewo. Bonna babasse babamazeewo. Nze nzekka asigaddewo, anyweredde ku Kigambo Kyo." Omutawaana gwali ku ki? Ku Kigambo kya Katonda. Eriya yali ayagala kunywerera ku Kigambo. Yali nnabbi yennyini owa nnamaddala.

105 Bannabbi bali abalala baali baagamba nti, "Ha, naye, era tekirina ky'amaanyi kye kikyusa. Yakuwa tafaayo, omanyi."

Yakuwa afaayo. Kiteekwa kuba Kigambo Kye. Era Eriya yayimirira n'obuvumu n'anywerera ku Kigambo ekyo, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Lumu, Katonda yamukuba akaama. Yamugamba nti, "Nninayo abalala kasanvu, Eriya, wano, era oli mujulirwa gye bali. Tebannafuna buvumu bumala kwesowolayo kukyatula. Bali eyo mu nsiko beekwese. Naye, nga munda mu mitima gyabwe, baweereza Bange. Tebavunnamiranga Baalimu. Batya okukikola. Naye, nkuwa akabonero, era oli kabonero. Yimirira, era oyimirire ku Kigambo Kyange. Nja kukulabirira. Bawe akabonero." Aleruuya!

Ayi Katonda, tusindikireyo afaanana bw'atyo, anaabeera akabonero k'Ekigambo kya Katonda. Era buli kisuubizo Katonda kye yasuubiza kijja kutuukirizibwa mu muntu oyo, kubanga abeera kabonero, akabonero akeerabirwa.

106 O, baalowooza, mbu kubanga Akabu yali kabaka wa maanyi nga amawanga gonna gamutya, nti ekyo kyali kirungi ekimala. Naye Eriya yali kabonero ka Kigambo. Oyo ye nnabbi omutuufu, abeera kabonero ka Kigambo. Kale nga bwe yali akabonero ak'Ekigambo, tebaamukkiriza. Tebaalina kye bamwetaaza.

107 Yali kabonero eri namwandu, Katonda bwe yamutuma okuva ku Lusozi Kalumeeri, ave ku. . .engulu eri ku kagga Kerisi. N'amusindika emmanga eyo, oluvannyuma lw'okuliisibwa ba nnamuŋŋoona, akagga ne kakalira. Yaserengeta n'agenda mu nnyumba ya nnamwandu ono. Nga kifo ekitali kya bulijjo eri omubuulizi okugendamu! Naye yagendayo kubanga Katonda yamugamba agendeyo.

Naye Yagendayo, n'amugamba nti, "Mmulagidde akuliise."

108 Namwandu yalina kuba kabonero. Nnabbi yalina kuba kabonero. Bwe yali, wabweru eyo, nga asigazza obutta bwa kagaati kamu kokka ke yali agenda okukola, bakalye ye ne mutabani we. N'akasumbi. . .N'otufuta tutono otwali tusigadde mu kasumbi, otw'okukozesa okufumba, akagaati ako. Yagamba nti, "Ndi wano nsennya enku bbiri."

109 Ku makya g'olunaku olwo olw'entiisa, nga akasana keememula okukamala bwe wajja omusajja ajjudde ebyoya mu maaso, nga enviiri ze ezijjudde envi zirengejjera ku mabega ge, ne yeesowolayo, nga omutwe gwe ogw'ekiwalaata gutemagana, yeesigamye ku mulyango, n'amugamba nti, "Ndeetera ku tuzzi nnyweko," n'agamba nti, "ndeetera, n'akamere mu mukono gwo, akagaati."

110 Omukazi n'amugamba nti, "Sirina mmere emala. Ndi wano, nsennya enku bbiri, nfumbirewo mutabani wange akagaati. Ke nnina katumala bumazi nze ne mutabani wange. Tugenda kukalya oluvannyuma tufe."

111 Nnabbi n'amugamba nti, "Totya, kubanga, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Oyo ye musajja gwe twetaaga. Teyagamba nti nedda, "Kati, *kiyinza* okubaawo, mwannyinaze. *Kiyinza* okutuukirira. Simanyi." Nedda, nedda. Eriya yali mukakafu. "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Eppipa eyo terikalira, n'akasumbi ako tekalikalira, okutuusa ku lunaku Katonda lw'alitonnyesa enkuba ku nsi." Amiina. Kiikyo. Ekyo kyandibadde kimala omukazi oyo okumubeerera akabonero.

112 Omukazi oyo ky'ekifaananyi ky'ekkanisa leero. Eriya bwe yabeerako naye okumala akaseera. . .Yalina akalenzi. Ne kalwala. Obulwadde ne bukanyiikirira okutuusa lwe kaggwaamu omukka. Ne kafa. Naye omukazi yakola ki? Obubonero obwo ekkanisa ebulabye. Naye, kiki ekibaawo, oluba okugwaawo akatyabaga akatonotono, mbagirawo omusango abeera ayagala kuguteeka ku kkanisa olw'akatyabaga ako. Omukazi yali ayagala kunenya Eriya. Yamugamba nti, "Ggwe

omusajja wa Katonda, kati wajja wano kunzijukiza bibi byange na kutwala bulamu bwa mwana wange."

113 Eriya n'akwata omwana, n'ayambuka waggulu mu kisenge gye yasulanga, n'amugalamiza ku kitanda kye kyennyini, n'amwegololerako, n'agamba nti, "Ayi Mukama Katonda!" Aleruuya! "Weereza emmeeme y'omwana ono ekomewo." Omwana n'azuukuka.

114 N'amukomyawo wansi. Omukazi oyo n'atunuulira omwana, n'atunuulira nnabbi, n'akitegeera nti waaliwo ekyali kigenda mu maaso. N'agamba nti, "Olwa kino kaakano ntegedde nga Ekigambo kya Katonda kiri mu kamwa ko." Amiina. Yali kabonero eri namwandu oyo. Bwe yalaba amaanyi ga Katonda, Oyo alamya era asobola okutta, nga azuukizza omwana we, n'agamba nti, "Olwa kino ntegedde nga oli musajja wa Katonda." Yakitegeera.

Amawanga leero bandikasekeredde, nga bwe baakola mu kiseera ekyo. Tebandikakkirizza. Naye omukazi oyo yali akimanyi mu ngeri ndala. Kaali kabonero mu kiseera ekyo, nga bwe yali akabonero, okuzuukiza omwana we eyali afudde n'aba mulamu. Bannabbi abo bulijjo babeera bubonero bwa Katonda.

115 Okuva awo Eriya bwe yalagira wabeewo okumalawo empaka, n'agamba nti, "Oba nga Katonda ye Katonda, mumuweereze. Oba nga Bayali ye katonda, mumuweereze."

Olwo terwandibadde lunaku lulungi eri Eriya leero? Oba nga eby'obufuzi ye katonda, mubiweereze. Tufunye ki mu by'obufuzi? Tukoze ki? Tetulina kye tufunyeemu okuggyako obukenuzi obwereere. Tetulina kye tufunyeemu.

Naye tufiiriddwa buli, kyenkana buli mukwano gwe tulina, mu mawanga. Juuzi wano, wiiki ewedde, twafiirwa amawanga amalala abiri oba asatu ne geegatta ku bwa nnaakalyak'ani. Tusoolooza omusolo ku bantu ne tubaggyako ssente zaabwe, ne tuziweereza eyo okuliisa abantu abo abakyuka ne beegatta ku bwa nnaakalyak'ani oluba okwenyweza. Obwo bunnanfuusi. Bwe kiri.

116 Tugamba tuli Bakristaayo. Kati nno, leka tubeere Bakristaayo, tuleme kubaliisa bintu nga ebyo. Ekyo kigasa kitono ekyo—ekyo. . . N'omuntu owa bulijjo alina omutima omulungi ajja kukikola. Eyo ddiini. Obwo si bulokozi.

Abantu bangi bagattikka eddiini n'obulokozi. Eddiini kwe kuliisa bannamwandu n'abaavu, n'abalala bwe batyo. Eyo y'eddiini. Naye obulokozi kwe Kuzaalibwa obuggya, okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ekyo kyawukana. Eddiini, Obusiraamu ddiini. Waliwo amadiini mangi.

117 Kati, waggulu eyo ku Lusozi Kalumeeri, ku olwo lwe yayita wabeewo okumala empaka, n'ayita Akabu n'enkumi za bakabona abaali ab'omu yeekaalu z'ebibiina byabwe

eby'amadiini, yabayita bambuke waggulu ku Lusozi Kalumeeri, n'abagamba nti, "Mwambuke mujje eno. Munsisinkane waggulu eno. Ŋŋenda kusindana n'ekibinja kyonna." Yakola ki? Yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yali tatidde. Yabagamba nti, "Muweeyo sseddume y'ente endaawo. Mukoowoole Baalimu. Leka Katonda anaayanukuza omuliro abeere nga ye Katonda."

118 Bwe batyo, olunaku lwonna, okutuusa. . .okuva ku makya okutuusa eggulolimu, baabuukirabuukira ku kyoto. Ne beesalasala n'obwambe. Ne baleekaana. Ne bawoggana. Eriya n'atambulatambulamu awo, n'abagamba nti, "Muleekaane nnyo. Oba oli awo yagenze kuloba byennyanja, oba ekintu bwe kityo. Yandiba nga yatambuddeko, oba ekintu bwe kityo."

Kubanga, yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yali mumativu. Yalina Ekigambo kya Katonda.

Ow'oluganda, mwannyinaze, omuntu yeetaaga kiki ekirala ekisinga ku kisuubizo kya Katonda? Katonda yagamba Ajja kukikola. Yali Ibulayimu. Yakkiriza nti Katonda asobola okutuukiriza ekyo kye Yayogera. Yakimanya nti Katonda asobola okukikola, kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera.

119 Kale bw'atyo ya—kale yabayita bambuke waggulu eyo. Ne beesalaasala, ne bawoggana ne baleekaana olunaku lwonna, okutuusa obudde obw'ekiweebwayo eky'akawungeezi. Kati, Eriya, mwekkaanye engeri gye yakikolamu. Ekisooka kye yakola kwali kukuŋŋaanya wamu amayinja kkumi n'abiri.

Katonda teyeeyawuddeemu. Ebibiina by'amaadiini bye byawulamu amakanisa, naye si Katonda.

Omu n'abuuza munne nti, "Oli Mukristaayo?"

120 "Ndi Mubaputisiti." Kati ekyo tekirina njawulo na kugamba nti oli mbizzi.

121 Oyinza okugamba nti, "Nze—nze ndi Mumesodisiti." Weewaawo, ekyo, nakyo tekyawukana na kubeera mbizzi, eri Katonda.

122 Nkubuuzizza nti, "Oli Mukristaayo?" Okubeera Omukristaayo, oteekwa okuba nga ofaanana Kristo, nga munda mu ggwe mulimu Katonda y'atuddemu, n'Omwoyo Omutukuvu, nga bwe yakka ku Lunaku lwa Pentekoote. Si kukyamuukirira bukyamuukirizi, wabula ntegeeza Pentekoote yennyini. Okiraba? Bwe kiri.

123 "Ndi Mupentekoote. Ndi wa Oneness. Ndi—ndi wa busatu. Ndi . . ." O, bannange! Ekyo tekirina njawulo na kweyita kintu kirala kyonna. Eri Katonda tekirina makulu. Ekyo kyawula bwawuzi.

124 Ekyo kye kyali kyatuuka ku bannaddiini abo. Naye Eriya yakuŋŋaanya wamu amayinja gano ekkumi n'abiri, okulaga nti Katonda ye Katonda omu ali waggulu waabwe bonna, n'agakkuŋŋaanya wamu.

125 Kale, bwe yamala okugakuŋŋaanya awamu bw'atyo, n'atta sseddume y'endaawo n'agigalamiza ku kyoto, ku nku. N'abagamba nti, "Kaakati, okubakakasa nti mu kino temuli bufere bwonna, mugende mundeetere eppipa z'amazzi kkumi na bbiri." Era mu butuufu enku ezo yaziyiwako amazzi zonna ne zinnyikira. O, Aleruuya! Yayagala alage nti Katonda ye Katonda. Kubanga, lwaki? Yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yali nnabbi. Yalina Ekigambo kya Katonda.

126 Kale baakola—baakola bwe batyo mu kiseera ekyo, bwe bagamba nti bajja kukugoba mu kkanisa, bajja kukukola *kino*, oba *kiri*, bw'oba wabatizibwa mu Linnya lya Yesu, n'ebintu ebirala bino byonna eby'enjawulo: ebyo temuli makulu. Ekikulu ye BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

127 Waliwo omuntu omulungi, ekiro kya luli, eyayogera nange, yajja we nnali n'anteekako emikono gye, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "Nnina kye njagala okukubuuza." N'agamba nti, "Naye singa osobola okwekkiriranyamukko, ku bintu bino by'oyogerako."

Ne mmubuuza nti, "Ebiki?"

N'agamba nti, "Ku bino eby'okubatiza." N'agamba nti, "Amakanisa g'omu Chicago n'ebitundu ebyetoolooddewo gakwagala nnyo, naye batya nti ojja kubyogerako."

128 Ne mmugamba nti, "Mazima ddala, nja kubyogerako. Mazima ddala, nja kubyogerako."

N'agamba nti, "Naye, ekyo ky'ekintu kyokka kye bakuvunaana."

129 Ne mmugamba nti, "Kati nno si nze gwe bavunaana. Si nze Eyakyogera. Katonda ye yakyogera. Mbasomooza wabeewo omu ku bo ajje akakase nti Kikyamu." Mukiraba?

130 N'agamba nti, "Naye, olaba, o—olina okukkiriziganya nabo mubeere n'okussa ekimu."

Ekyo kye kintu kye kimu kye baali baagala akole. Amiina. Owa Katonda teyekkiriranya. Nedda, ssebo. Teyekkiriranya.

N'agamba—n'agamba nti, "Kaakati, Ow'oluganda Branham, njagala mbeeko ne kye nkubuuza. Malayika wa Mukama . . . " N'agamba nti, "Ffenna tukkiriza Malayika wa Mukama. Kino Malayika wa Mukama ye yakikugamba?"

131 Ne mmugamba nti, "Ssifaayo ku kiki Malayika wa Mukama ky'agamba. Bw'Aba nga ddala, Malayika wa Mukama, Ajja kwogera *Ekyo*. Naye singa Ayogera ekikontana nakyo, Oyo tabeera Malayika wa Mukama." Ne ŋŋamba nti, "Sifaayo oba Malayika ki, oba ekintu ekirala kyonna kye kigamba, Pawulo yagamba nti, 'Ne bw'aba Malayika avudde mu Ggulu ssinga ababuulira enjiri endala yonna, akolimirwe.'"

132 Bamalayika na buli muntu, abamu boogedde ku Bamalayika, ebintu eby'okwegulumiza obwegulumiza okw'omubiri. Joseph Smith, Brigham Young, n'obudiinidiini obw'obulimba obwa buli ngeri, Abaseveniside n'abalala bonna, balaba ebintu ebya buli ngeri bwe bityo, naye bulijjo biba bikontana n'Ekigambo.

133 Naye, Katonda akakasa Kigambo Kye. Kirina kuba Kigambo Kye. Ne ŋŋamba nti, "Kirina kuba Kigambo kya Katonda. Mazima. Byonna bye mmanyi y'Abinjigiriza. Ssaagendako mu ttendekero lya bya ddiini yadde ku ssomero. Biva gy'Ali." Naye ne ŋŋamba nti, "Ne bwe kyandibadde nga kikontana . . . Singa kyali kikontana n'Ekyo, oyo ssandimukkirizza. Kubanga, ekyo kye Kigambo kya Katonda, kye kikulembera. Leka ekirala kyonna kibeere obulimba." Kigambo kya Katonda, kinyweerereko.

134 Kati, Eriya bwe yamaliriza, okutobya endoddo z'emiti ezo zonna ne zinnyikira, n'eppipa z'amazzi kkumi na bbiri. N'agayiwa ku ngulu ku zo. Yavaayo, n'obuvumu obw'ekitalo. Lwaki? Katonda tayinza kulimba. Katonda yamugamba. N'agamba nti, "Ayi Mukama Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Isiraeri, leka kimanyibwe olwa leero nti Ggwe Katonda, era ndi muweereza Wo. Era kino nkikoze okusinziira ku kiragiro Kyo, kubanga kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kino nkikoze kubanga Ggwe waŋŋamba nkikole, kubanga kiri nga Ekigambo Kyo bwe kigamba. Leka kimanyibwe kaakano nti Ggwe Katonda."

Omuliro gwa Mukama ne gukka, ne gwokya ssaddaaka, n'endoddo z'emiti ezaali zinnyikidde amazzi, ne gwokya amayinja na buli kimu kyonna, ne guggyawo buli kimu. Awo Isiraeri ne boogerera waggulu, bali akasanvu nti, "Leka Katonda abeere Katonda."

135 Eriya, nga kyali kirungi nnyo okulaba omubiri ogwo omutono, ogutalina maanyi, omukovvu ogujjudde enkanyanya, nga akutte akaggo ako mu mukono gwe, n'akasumbi k'amafuta mu kiwato kye, nga yeesibye eddiba ly'endiga. Nkakasa, leero bandimutadde mu kkomera singa atambula ku nguudo bw'atyo; naye baleka abakazi ne bambala ebinu; naye bo tebasobola kubasiba, mukiraba, bwe bayinaayina, bwe *batyo*.

136 Kale, kati, naye wano ne ba- . . . wuuno n'ajja nga aserengeta, ayita eyo bw'atyo, ku kasozi, nga akutte omuggo guno. Kati, Olusozi Kalumeeri si kafo—kafo akatono akali mu makkatti g'eddungu akataliiko kintu. Wabula lusozi olunene. Lwakula, lweweseemu bwe *luti*, era lugendera ddala okutuuka ku ntikko, era lwolekera ennyanja ennene. Eriya ne Gekazi baalinya ne bambukira ddala waggulu eri, ku ntikko. Bwe baatuukayo Eriya n'avunnama ku bwenyi bwe, n'atandika okukaabirira Katonda, nga akubye Ebugwanjuba amabega, nga atunuulidde enjuba. Okumala emyaka esatu n'emyezi mukaaga, k'abeere ssuulwe

teyagwa. N'agamba Gekazi nti, "Genda otunule olabe oba waliyo ekintu kyonna, oba waliwo olufu waggulu w'ennyanja."

N'ayimirira ku lusozi luno, n'alengera eruuyi *eri*, n'agamba nti, "Sirabayo kintu kyonna."

137 Eriya n'asigalawo awo wennyini teyavaawo. "Ayi Katonda, abantu bano bwe baba beenenyezza, abantu bano bwe baba bakomyewo gy'Oli, bwe baba beetegese okuleka ebintu bino byonna ebitaliimu nsa bakomewo eri Ekigambo Kyo, ye Ggwe Katonda, anaayanukula Ekigambo Kyo."

138 Leka njogere ekintu kye kimu leero. Mukwate ebibiina by'amadiini bino mubimenyemenye, mwerabire enjawukana z'ebibiina by'amadiini zino, abantu bakomewo eri Ekigambo kya Katonda, bakomewo we banaawoolebwa. Nja kubakakasa nti waliwo Katonda akyasobola okwanukula n'Omuliro.

139 Leka abantu bakowoole Katonda. Leka. . .?. . .bakowoole okuweebwa omuntu. Leka abantu bakowoole okuweebwa nnabbi. Katonda ajja kumuleeta. Nsomooza amawanga okukola ekyo. Mugwe ku bwenyi bwammwe mukowoole Katonda, okuweereza omununuzi, mutunule mulabe ekinaddirira. Mmwe mukikole, Katonda ajja kwanukula. Katonda bulijjo ayanukula.

140 Yagwa wansi n'agamba nti, "Ayi Katonda, leka lubeere olwa leero. Abantu bano babadde balabe Bo. Abantu bano babadde beeyawulayawulamu ne bagenda eyo mu bibiina by'amadiini ebitali bimu. Naye, olwa leero, Weeyolese n'okakasa. Ye ggwe Katonda. Era abantu bagambye nti, 'Baalimu mumusuule eri.' Era enkumi n'enkumi za bakabona abo mmaze okubatta. Kaakano baggyiddwaawo, ayi Mukama. Emiziziko gyonna giweddewo, enkomera ezo ezibadde zitwawulamu."

Omumesodisiti ayagala ajje asinze n'Omubaputisiti; Omubaputisiti ayagala ajje asinze n'Omupentekoote; abo ab'amazima mu mitima gyabwe, abo akasanvu abeesigwa. Naye tebasobola kukikola. Singa bakikola, bajja kugobebwa mu makanisa gaabwe. Naye abamu ku bo tebafaayo. Era, bajja. Bwe kiri.

141 Naye leka bonna bamenyewo obusosoze obwo beegatte wamu, bagambe nti, "Tugenda kwerabira ebikwate by'enzikiriza bino byonna ne katekiisimu, n'ebirala byonna bye tusomamu. Leka tukomewo ku Kigambo kya Mukama." Mulabe ekinaddirira okuva awo. Katonda ajja kubayimusiza nnabbi, mazima Ajja kukikola, oyo anaabaleetera Ekigambo, bwe baba beetegefu okukisembeza. Naye ekisooka, balina okusaba. Katonda alindirira.

142 Tekyewunyisa okulaba nti Katonda ayagala abantu babeeko ne kye bakola? Yesu bwe yatunuulira amakungula, Yagamba nti, "Amakungula gengedde. Naye abakunguzi batono. Musabe Mukama w'amakungula," ye yali Ye. "Munsabe, Ntume abakunguzi mu makungula Gange." Waliwo ekitundu ky'olina

okukola. Katonda alinze Ekkanisa Ye okumukoowoola. Bulijjo abaddenga akikola. Katonda leero alinze abantu bakowoole omuweereza We asobole okujja akole. Naye omuweereza tayinza kukola okutuusa nga abantu basabye.

143 Isiraeri yali teyinza kukola emmanga eyo, mu bubonero n'ebyewuunyisa, okutuusa lwe baagwa ku bwenyi bwabwe ne basaba okuweebwa omununuzi. Katonda omununuzi We yamulina. Katonda yalina nnabbi nga ali eyo mu ddungu alindiridde, yamukuumira eyo okumala emyaka amakumi ana, nga abalinze beetereeze, basabe. Naye bwe baatereera ne batandika okusaba, awo Katonda n'asindika omununuzi.

Katonda ajja kukola ekintu kye kimu n'olwa leero, singa abantu baneegatta wamu, ne basaba. Kale.

144 Yali kabonero eri bannabbi abo ab'obulimba n'eri Akabu, nti ye yali omuweereza wa Katonda. Yali nnabbi wa Katonda. Kati, n'ekirala yali kabonero eri Isiraeri, nti yali asobola okuggala eggulu oba okuggulawo eggulu, wonna w'ayagalidde. Mazima ddala yali asobola.

Mbuliraayo omuntu asobola okuggala eggulu, ndagaayo omuntu asobola okuggula eggulu, nga si Katonda. Ate Ekigambo kya Katonda, manya, Ekigambo kya Katonda kibeera na bannabbi.

145 Mikaaya, eyali akabonero eri Yekosafaati. Mikaaya yali kabonero eri Yekosafaati, nti Katonda abeera ne nnabbi omutuufu.

146 Kaakati mulabeeyo. Yalina bannabbi ebikumi bina, Akabu be yalina, n'ayitayo bannabbi abo ebikumi bina. Era bonna mu mwoyo gumu ne bamugamba. Naye, munda mu mutima gwa Yekosafaati, omusajja wa Katonda oyo, yakimanya nti waliwo ekikyamu. Yakimanya nti waliwo ekitali kituufu. Yamubuuza nti, "Tolinaayo mulala yenna?"

147 "Ku bikumi ebina abayimiridde awo?" Yagamba nti, "Bano bonna bannabbi, bannabbi ba Yakuwa." Mulimu a—Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, abakkiririza mu Bwannamunigina bwa Katonda, ha, bannange, bannange, abakkiririza mu Busatu, n'abalala aba buli ngeri. "Bonna tubalina wano, era bonna mu mwoyo gumu bagamba nti lino ly'eggwanga erisingayo mu nsi yonna. Tewali kye tulina kutya." Nga akavubuka akato akagenda kafuuwa oluwa nga kayita mu malaalo, nga bwe mumanyi, nga katidde. Ekyo tekikweraliikiriza.

N'amubuuza nti, "Naye tolinaayo mulala yenna?"

N'agamba nti, "Ha, weewaawo, waliwo omulala wano, naye," n'agamba nti, "Mmukyawa." Mukiraba? N'agamba nti, "Bulijjo abeera ayogera bibi byereere ku ggwanga lino.

Bulijjo abeera agamba nga bwe waliwo ekintu ekibi ekigenda okututuukako."

148 Yekosafaati n'agamba nti, "Nna—nnandyagadde okuwulira ky'agamba." Ha, weewaawo!

Yali kiki? Kabonero. Ka wabeewo ebibiina ebyenkana wa oba ebibiina by'amadiini ebyenkana wa, Katonda asigala alina nnabbi anywerera ku Kigambo.

149 Yekosafaati yali akimanyi nti Akabu yaliko omusango, kubanga nnabbi oli owa nnamaddala, Eriya, eyali akabonero eri amawanga, yali yagamba nti, "Embwa zirikomba omusaayi gwo, okujja wano." Ky'ekyo. Yali akimanyi nti ye ne Yezeberi kyalina okubatuukako. Yali akimanyi. Mukiraba?

150 Kati Mikaaya, Mikaaya n'agamba. . .Ba—bajja gy'ali ne bamugamba nti, "Kaakati, leka nkubuulire, bw'oba oyagala okubeera mu bumu obugenda okuddako, leka nkubuulire ky'oba okola. Ggwe kkiriza bukkiriza nti ababuulizi bano bonna batuufu. Okiraba? Ggwe mugambe kimu nti, 'Genda mu maaso.'" N'amugamba nti, "Ggwe kkiriziganya nabo." N'agamba nti, "Ka nkubuulire ne kye tunaakola. Tujja kukola. . .Tujja kukakasa nti oyingizibwa mu kibiina kyaffe, singa ekyo onaakikola, okiraba, singa oneekkiriranyamukko ku bimu ku bintu bino by'oyogerako. Ggwe balage, gendayo, okkiriziganye nabo, okwatagane nabo." Huh-huh! Osobola okuteebereza nnabbi wa Katonda owa nnamaddala okuva ku Kigambo kya Katonda? Osobola?

"Kati," abasajja bano baagamba nti, "naye, twalabye okwolesebwa," bannabbi bano ebikumi ebina. "Tukimanyi. Tuli bannabbi. Tukimanyi, kubanga tuli bannabbi."

151 Mikaaya n'agamba nti, "Sibuusabuusa nti temwalabye kwolesebwa. Ekyo sikibuusabuusa yadde n'akatono, nti mwalabye, okwolesebwa, naye okwolesebwa okwo tekukwatagana na Kigambo ekyo." Amiina. N'agamba nti, "Nange, nnalabye okwolesebwa." Amiina. O, nga twetaaga okusaasirwa! Yali kabonero. Yali kabonero. Yagamba nti, "Nnalabye okwolesebwa, ne ndaba Isiraeri, nga bali ng'endiga, ezisaasaanidde ku lusozi, nga tezirina musumba."

Omulabirizi ono omukulu, bisopu, kye yava ajja waali n'amupacca oluyi ku mumwa. N'amubuuza nti, "Omwoyo wa Katonda yalaze wa bwe yanvuddeko?"

152 N'amugamba nti, "Ogenda kukiraba nga oli mu kkomera. Ogenda kukiraba."

Ye, Akabu n'agamba nti, "Olusajja olwo muluteeke mu kkomera. Mululiisenga emmere ey'okulaba ennaku, muluwe n'okunywa, amazzi ag'okulaba ennaku." N'agamba nti, "Bwe ndikomawo mirembe," n'agamba nti, "ndiraba eky'okulukolera."

153 Muzeeyi Mikaaya n'ayimirira awo ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. N'agamba nti, "Okukomawo bw'olikomawo, nga Katonda teyayogedde nange." Hum! Ky'ekyo. Yali kiki? Yali kabonero, nti bannabbi ba Yakuwa, bannabbi ba Katonda, banyweerera ku Kigambo kya Katonda.

154 Bwe muba mulina nnabbi abagamba nti mulina kubatizibwa mu bitiibwa ebya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu," oyo nnabbi wa bulimba. Bwe mugamba nti mulina nnabbi mu makkati gammwe, agamba nti, "Waliwo Bakatonda basatu," oyo nnabbi wa bulimba. Tewali Kyawandiikibwa kyonna kiwagira kintu nga ekyo. Bwe kiri. Naye nnabbi wa Katonda omutuufu ajja kunywerera ku Kigambo ekyo. Era okwolesebwa kwe bwe kuba kukontana n'Ekigambo ekyo, oyo si nnabbi omutuufu ava eri Katonda.

155 Tewali wantu wonna, mu Bayibuli, omuntu yenna we yabatizibwa mu bitiibwa bya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu."

156 Tunuulira Pawulo, engulu eri mu kkomera, Omuyudaaya oyo ow'ennyindo eyeeweta nga eddobo, alina ekiwalaata, nga ali eyo, amaze emyaka amakumi abiri, mu kkomera ly'Abaruumi. Eyawandiika ebbaluwa zino. Kati, mulowooza ababuulizi abakazi baalowooza ki ku Pawaulo, bwe yagamba nti, "Leka abakazi basirikenga mu makanisa. Sibakkiriza kwogera"? Nkubamu akafaanannyi nga bateekwa okuba nga baamuggulako olutalo.

Mulowooza ba bisopu abo kiki kye baalowooza, ba bisopu abo, bwe yayogera ebintu ebyo byonna eby'enjawulo nti, "Muve ku bintu *bino* wano, na *bino* wano, *bino* byonna, na *biri*," nga Pawulo y'abagamba? "Naye, omusajja ono yeeyita ki, omusajja ono ali engulu eri mu kkomera?" Naye yali yasisinkana Yesu. Kye yali ayogerako yali akimanyi.

Era okuva mu kibinja ekyo kyennyini, oluvannyuma lw'okufa kwa Pawulo, baamaliriza bakoze, okuva mu ekyo ekibinja kya ba bisopu abo n'abakulu abo, beekolamu Olukiiko lw'e Nikyeya, era omwo mwe mwava Ekereziya Katolika, ne bava ku Kigambo kya Katonda. Awo we waava ebitiibwa byammwe ebya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Nsoomooza omuntu yenna, awantu wonna, eggwanga lyonna, okukiwakanya.

157 BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Okubatiza mu bitiibwa bya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu" kwa bulimba. BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ndagira buli omu ku mmwe, abali wano oba abawuliriza olutambi, atabatizibwanga mu Linnya lya "Yesu Kristo," batizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo.

158 Pawulo, mu Bikolwa by'Abatume, 5:9, manya, 19:5, yagamba nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

Ne bamugamba nti, “Tetumanyi na kumanya nga waliwo Omwoyo Omutukuvu.”

N’ababuuza nti “Kale mwabatizibwa kuyingira mu ki?”

159 Ne bagamba nti, “Twabatizibwa,” naye si mu kubatizibwa okw’Ekikristaayo.

“Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu” si kubatizibwa kwa Kikristaayo. Tewali Mukristaayo yenna yali abatiziddwa mu ngeri bw’etyo, mu Bayibuli oba okumala ebikumi n’ebikumi by’emyaka nga Bayibuli emaze okujja. Ekyo kiyiiye kya Kikatuliki, naye si Njigiriza ya Kikristaayo. Kindage mu Bayibuli. Kya—kya bufere. Nkola ya mizimu.

Sitegeeza nti abantu abaabatizibwa mu ngeri eyo bwe batyo bwe bali. Katonda leero alina abantu bangi eyo abatamanyi kituufu kye balina kukola.

160 Naye, ekiseera kituuse, tulina okuddayo ku Kigambo bwe tuba tusuubira Katonda okukola mu nnaku zino nga bwe Yakola mu biseera biri.

161 Nnagamba maama wange bwe yali afa, bwe yali tannafa. Nnamugamba nti, “Maama, bwe nnafuuka Omukristaayo, nga nkyali muvubuka, nnatandika okunoonya n’okuzuula. Nnali nkimanyi nti waaliyo Katonda, okusinziira ku kwolesebwa okw’enjawulo kw’omanyi, n’ebintu ebirala ebyajja bibaawo mu bulamu bwange.” Ne ŋŋamba nti, “Oluvannyuma ne nkizuula nti ekereziya Katolika egamba nti, ‘Ye ffe kkanisa. Bayibuli ky’egamba si kikulu. Weewaawo tugikkiriza okuba nti Ntuufu, naye, ye ffe kkanisa. Kye twogera, Katonda akinyweeza mu Ggulu.’ Era, okuva mu ekyo, bo bakikola bwe *bati*. Ekyo kibiina kimu. Abaluzalaani ne bagamba nti, ‘Abo bakyamu. Ffe tukikkiriza bwe *tuti*.’ Abababaputisiti ne bagamba nti, ‘Abo bonna bakyamu. Ffe tukikkiriza bwe *tuti*.’ Era waliwo ebikumi n’ebikumi by’ebibiina bwe bityo.”

Ddala, oyinza otya okuba n’okukkiriza? Ekituufu kye kiriwa ku byonna? Waliwo Ekintu kimu kyokka ekituufu. Mu kiseera kiri nnali sinnakimanya.

162 Ne ŋŋamba nti, “Maama, nnaddayo mu Bayibuli ne nzuula engeri abatume abo abaasooka, ekkanisa gye baalina bwe yali efaanana, engeri gye baayigiriza, n’ebintu bye baakola. Ne mbikolera ddala nga bwe baabikola, nga Bayibuli bw’egamba, era nfuna ebibala bye bimu.” Amiina. Munsonyiwe okukozesa enjogera eno, naye e—engeri yokka ey’okukakasa obuwoomi bw’ekintu olina kukiryako. Bwe kiri. Nnafuna ebibala bye bimu bye baafuna. Weewaawo.

163 N’olwekyo, obwesige bwo toyinza kubuteeka mu kintu kirina nkola lwenda ez’enjawulo, nga abamu bakikola bwe *bati* ate abalala bwe *batyo*.

Oluvannyuma ne nkizuula, mu Bayibuli, nti Yesu Yennyini, yagamba nti, “Omuntu yenna bw’alitoolako Ekigambo kimu, oba n’akikyusa, mu Kitabo kino; omuntu yenna bw’alikyongerako, oba n’akitoolako; naye aliggyibwako, omugabo gwe mu Kitabo eky’Obulamu.” Kiraga nti erinnya lye mweriri, bwe kiri, naye liriggyibwamu. O!

164 Tulina okukomawo ku Kigambo kino. “Eggulu n’ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiririremwa.” Yee, ssebo. “Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba. Ekyange gabeere amazima,” Yesu bwe yagamba. Leka tunywerere ku Kigambo. Weewaawo. O, bannange! Weewaawo.

165 Yekosafaati akimanyi nti Katonda akuuma nnabbi yennyini omutuufu anywerera, ku Kigambo Kye n’takyekkiriranyaako. Nedda, ssebo.

166 Yakinywererako. Ebikumi bina baamuwakanya, nga nabo, balina obunabbi obwabwe. Naye obunnabbi bwe kye kyali Ekigambo kya Katonda, nga alina akabonero ke kamu n’ebirala.

Era ŋŋamba nti, leero, kye twetaaga olwa leero ye musajja, nnabbi, asituke mu makkati gaffe, anaanywerera ku Kigambo kya Katonda ka kibe kiki kyonna omuntu omulala yenna ky’agamba, oba ekibiina ky’eddiini kyonna kye kigamba.

167 Mikaaya teyalina b’akolagana nabo. Musa teyalina b’akolagana nabo. Nuuwa teyalina b’akolagana nabo. Tewali n’omu, ku bo, yali abadde na b’akolagana nabo. Bonna babaddenga balwanyisibwa. Naye babeera bubonero mu nnaku embi nga Katonda tannasindika musango. Era Katonda akuuma Ekigambo Kye era ayagala Ekigambo Kye abantu Be bakikuume. Mukama atenderezebwe.

Kaakati, nga nsemberedde okumaliriza, mu ddakiika entonotono kaakano. Kati muwulirize n’obwegendereza.

168 “Waliwo omusajja eyatumibwa okuva eri Katonda erinnya lye yali ayitibwa Yokaana,” nnabbi-akabonero. Yesu bwe yali tannajja ku nsi, kulabisibwa, Yasindika nnabbi amukulembere. Ekyo Yakikola? Yatuma nnabbi, Eriya ow’Endagaano Enkadde, eyalagulwako nti alijjira mu maanyi ga Eriya ow’Endagaano Enkadde. Yali wa kubeera nnabbi-akabonero akalaga nti Yesu yali ajja, nti waali wagenda kubaawo Masiya ajja.

169 Era Yokaana yava mu lukoola, yali kabonero akalaga nti Masiya yali Ajja. Yokaana bwe yalabika, Isiraeri baalina okukitegeera, okuva ku bannabbi baabwe.

Ekyo kye kireetera abantu okukisubwa. Tebakkiriza bannabbi baabwe. Tebakkiriza. “Ffe tetukkiriza nti Peetero bye yayogera ku Lunaku lwa Pentekoote, byonna byali bituufu.” Tebakkiriza nti bituufu. Tebakkiriza nti Pawulo kye yayogera, kye kintu kye kimu Peetero kye yayogera. Bwe yagamba nti, “Ne bw’aba Malayika avudde mu Ggulu singa abuulira

ekigambo ekirala kyonna, leka akolimirwe." Ekyo tebakikkiriza. Mukiraba? Tebakikkiriza.

Ne bannabbi baabwe tebaabakkiriza. Singa baamanya, banditegedde nti Isaaya yagamba nti, "Walibaawo eddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu, aliteekateeka ekkubo mu maaso ga Mukama." Baalina okuba nga bakimanyi. Yali nnabbi, omulangira wa bannabbi. Yabagamba, naye tebaakikkiriza. Nedda, nedda. Yagamba nti, "Waliwo Masiya agenda okujja."

170 Omusajja ono yali musajja eyatumibwa okuva ewa Katonda. O, ab'oluganda! Teyalina bagoberezi. Katonda ye yamuwa abagoberezi, ekisibo ekitono, era nga bwe yakola Eriya. Abagoberezi be Katonda ye yabamuwa. Teyabajja mu kibiina kya byabufuzi. Yabuulira Ekigambo, n'anyweerera ku Kigambo kya Katonda, Katonda n'amuwa ekisibo ekitono. Eriya yanyweerera ku Kigambo kya Katonda. Katonda n'amuwa ekisibo ekitono.

171 Omusajja ono teyalina b'akolagana nabo. Teyalina bagoberezi, teyalina b'akolagana nabo, teyalina kibiina kya ddiini kyonna, teyasabanga kintu kyonna era teyatyanga kintu kyonna. Oyo yali Yokaana. Lwaki? Yali musajja eyatumibwa okuva ewa Katonda. Y'ensonga lwaki yayimirira. Ye yali Eriya eyayimirira awo, okukakasa abantu nti Masiya yali ajja. Yagamba nti, "Nze ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu, nga nnabbi Isaaya bwe yayogera. Mwetegeke okusisinkana Mukama."

172 Abafalisaayo n'Abasaddukaayo baayimiriranga awo ne badda mu kuwakana ku maganduula gaabwe n'ebirala. Mu kiseera kyennyini nga bakyabiwakanako n'okukaayana, Masiya n'ajja mu makkati gaabwe, nga atambula.

173 Yokaana n'agamba nti, "Laba, Wuuyo." Aleruuya! Mumwekkaanye. Yali amaze okumwanjula. "Wuuyo. Ayimiridde mu makkati gammwe kaakano."

Mu kaseera ako, eggulu ne liwuuma. Yesu n'alinnya mu mazzi. Era Yokaana n'ategeeza, nga bwe yalaba Omwoyo wa Katonda, mu kifaananyi eky'ejjiba, nga akka wansi. Eddoboozi ne lyogerera waggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa gwe nsanyukira okutuulamu." Ha, bannange, bannange!

174 Yokaana n'agamba nti, "Kati nteekwa okukkakkana. Ye ayimusibwe." O, nga yali nnabbi, akabonero eri Isiraeri! Yee, ssebo.

175 Yali muntu eyatumibwa okuva ewa Katonda, newankubadde nga kitaawe yali kabona. O, weewaawo. Kitaawe, Zaakaliya, yali kabona. Naye mukiraba nti? Katonda teyakkiriza nnabbi oyo kutwalirizibwa bibiina ebyo. Kitaawe yali asobola okumutwala mu ttendekero ly'eby'eddiini, oba mu kibiina ky'eddiini *Gundi* eky'amaanyi, n'amufuula omuweereza omulungi, nga bwe

mubamanyi, n'amutendeka bulungi nnyo, n'amuwa ebintu bingi bye yali talina kubeera nabyo. Naye Katonda teyakkiriza mmeeme ye kwonoonebwa. Mukitegeera? Teyakkiriza musajja oyo kwegattika mu bibiina ebyo. Talina n'ekimu ku byo kye yeegattako, teyalina kabondo konna, ka babeere Abafalisaayo, Abasaddukaayo, Abakerodiyaani, oba abalala bonna. Katonda teyakiganya kubaawo.

176 Yazaalibwa mu ngeri etaali ya bulijjo. Yali mwana wa njawulo nnyo. Yali nnabbi. Kitaawe yali nnabbi, naye Yali tayinza kumuleka kwetabula na bannaanfuusi baabwe bonna, na ddiini ya Kifalisaayo n'ebirala. Yakola ki? Yamutwala mu ddungu n'amutendekera mu ddungu.

177 Nga kwali kutendekebwa kwa njawulo! Amiina. Yamutendeka okuyita mu bumanyirivu. Okwo kwe kutendekebwa okusinga, okumanya Katonda. Bwe yavaayo, yali amanyi bulungi omulimu gwe kye gwali. Katonda yakakasa omulimu ogwo.

Yagukakasiriza wa? Ku mugga. Kaakati, singa mubadde musobola okukwanaganya ebibiri n'ebibiri. Mukiraba? Ku mugga!

Yagamba nti, "Nze ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu nti, 'Mulongoose oluguudo lwa Mukama, muluŋŋamye amakubo Ge.'"

178 Yokaana, omusajja eyatumibwa okuva eri Katonda. Katonda teyamuganya kwonoonebwa nabyo. Yamutendekera mu ddungu, nga Katonda yennyini y'amutendeka. Teyamutendekera mu masomero gaabwe, si mu matendekero gaabwe ag'eby'eddiini. Singa Yakikola, yandiyingiziddwaamu enjigiriza zaabwe eza buli ngeri nga ze muva nazo mu matendekero ago leero, amatendekero gonna. Si ag'Abapulesibiteriyani, oba Ababaputisiti n'Abamesodisiti gokka, naye n'ag'Abapentekoote, nago mabi, buli limu ku matendekero g'eby'eddiini ago, be gafulumya. O!

179 Okujja kwe, Omwoyo yakulanga, okuyita mu Isaaya. Okujja kwe, okujja kwa Yokaana, kwali kwalangibwa mu Byawandiikibwa. Isaaya 40:3 wagamba nti, "Ndituma omubaka Wange mu maaso Gange, okuteekateeka ekkubo," manya, yali Malaki 3. Yagamba . . . Malaki 3 yagamba nti Alituma omubaka We mu maaso Ge. Nnabbi, nnabbi eyasembayo, yamwogerako. Ekintu ekyasembayo okumwogerwako. Mujjukire nti, Ekitabo ekisembayo eky'Endagaano Enkadde kyayogera ne kigamba nti Eriya alijja eri abaana ba Isiraeri nga Masiya tannalabisibwa.

180 Mwetegese? Ekitabo ekisembayo mu Bayibuli, Okubikkulirwa, kitulaga nti alikomawo nate mu nnaku ez'oluvannyuma, eri ekkanisa y'Ab'amawanga, akabonero. Nga bakasubwa! Yalagulwako nti alikomawo nate, nga Okujja kwa Mukama okw'omulundi ogw'okubiri tekunnabaawo. Mu

Mal-. . . Mu Malaki essuula ey'o 4, ne mu Kubikkulirwa, essuula ey'o 3, watugamba nti aliba wano mu nnaku ez'oluvannyuma. Y'omu yennyini oyo, aliyimirira mu muwaatwa ku lw'abantu, n'ekisibo ekitono Katonda ky'alimuwa, alijja mu nnaku ez'oluvannyuma. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Aliba kabonero eri eggwanga lino ery'Ab'amawanga, nti ekiseera kyalyo kiweddeyo.

181 Era, mujjukire nti, bw'alabika, ekiseera kiba kiweddeyo. Leka tusabe Katonda amusindike. Ekiseera kituuse.

182 Obuweereza bwe olwali okuggwa buti, Masiya ne Yeeyoleka. N'omuntu ono omukulu olunaaba okujja mu nnaku ez'oluvannyuma, n'amaliriza obuweereza bwe, Masiya Ajja kweyoleka. Kijja kuba bwe kityo. Ekiseera kituuse, n'olwekyo tusaanye tusabe. Musaanye mutandike okusaba.

183 Akabonero ke Katonda ke yamuwa eri omulembe guno kajja kukakasa ky'ali. Buli omu ajja kukamanya. Katonda ajja kukakakasa. Ajja kulaga obubonero n'ebyewuunyisa ebitakolebwangako ku nsi, nga akozesa akabonero ako. Ssitegeeza kwesika, na kujugumira, na kwogera mu nnimi. By'ayogera bijja kuba binywezebwa Ekigambo kya Katonda, nga omusajja ono bwe yali. Lwaki? Okujja kwe kwalagulwa, mu Malaki 4 ne mu Kubikkulirwa 3, n'olwekyo ajja kujja. Tewali kigenda kumuziyiza; ajja. Amiina. Ajja kubeera wano. Amiina. Leka abantu bagwe ku bwenyi bwabwe leero batandike okukaabirira Katonda, mulabe ekinaabaawo. Mujja kumulaba nga alabisibwa mu maanyi. Yee, ssebo.

184 Okusinziira ku Kyawandiikibwa, Obubaka bw'akabonero ke bujja kuba "nga kwe kuzzaayo." Kiki ky'ali . . . Tulimutegeerera ku ki? Tulimanya tutya nti ye mutuufu?

185 Omanyi, ekyo Isiraeri lumu baakibuuza, mu Kyamateeka olw'okubiri, essuula eya 20 . . . olunyiriri olwa 20, Nzikiriza we kiri. Yagamba nti "Tulitegeerera ku ki nti ono ye mutuufu?"

Tulimanya tutya? Katonda atugambye tulimutegeera. Alikola ki? "Aliba akyusa emitima gy'abaana okugizza eri Obubaka bwa pentekoote obwaliwo ku lubereberye." Ha, bannange!

186 Akabonero akabuusibwa amaaso, akabonero aka nnamaddala, naye ne batakalaba. Bulijjo bwe bakola.

187 Alibazzaayo ku Kkanisa entuufu, ku Bubaka obwa nnamaddala! Aliyimirira yekka avumirire ebibiina by'amadiini, nga muvumu era nga tatya, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Talyekkiriranya na kibiina kya ddiini kyonna. Taliba na kakwate na kibiina kyonna; talyesigaliza kintu kyonna. Alitambulira ku Kigambo kwennyini, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Katonda ajja kukakasa obuweereza bwe n'obubonero n'ebyewuunyo, okubikkulibwa kw'Ekigambo okw'amaanyi, akireete eri abantu. Nga kiseera eky'ekitalo

ekinaatera okubaawo! Nga...Aliyimirira nga Peetero ne Yokaana bwe baayimirira, oluvannyuma, ku Lunaku lwa Pentekoote.

Oluvannyuma lwa Pentekoote, nga bamaze okujjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, nga babatiziddwa, baayimirira mu Kkooti y'Abayudaaya eyo enkulu. Baayimirira awo n'obuvumu bwonna nga bwe kyali kisoboka. Bwe, baababagamba nti, "Tubagaana okuddamu okuyigiriza mu Linnya lya Yesu, omulundi omulala."

188 N'ababuuza nti, "Kituufu ffe okuwuliriza mmwe, oba Katonda? Nammwe musale omusango mmwe mwekka." Omusajja ataasoma, ataalina buyigirize. Amiina. Baali bannabbi. Baali bannabbi Katonda be yafukako amafuta. Baali bubonero obw'Omwoyo Omutukuvu. Baali bannabbi. Baali bakimanyi.

189 Baali nga Yokaana bwe yali. Baali babadde waggulu eyo ku Pentekoote era baalina kye baali bazudde.

Tebaali nga ababuulizi baffe abasinga obungi leero, abeematira, nga twenyumiriza nga bwe tulina ebibiina ebinene, nga bwe tulina abantu abangi mu bibinja byaffe. "Tuli kibiina eky'amaanyi. Tukola omulimu ogw'amaanyi ogw'okubuulira enjiri." O, nga twetaaga kusaasirwa! "Ha, ffe tulina abagoberezi abasinga obungi okusinga abalala bonna." Kiki ekyo? Ttutumu lya byabufuzi. Njagala muwulirize n'obwegendereza, mu ddakiika ebbiri, oba essatu eziddako. Ttutumu lya byabufuzi.

190 Weewaawo waliwo kye nnaakava okwogera, mu ddakiika entono ezaakayita, kale mumanyi kye njogerako. Akabonero akaalagulwako. Nnakavuddeko, nnakabateeredde kali gye muli. Mukiraba? Kati, si eri mmwe mwekka abali wano, naye n'abo abanaawuliriza. Kali gye muli. Mukakozese kye mwagala. Musabe, mulabe Katonda bw'anaatambula. Mulabe bw'Anaatuukiriza Ekigambo Kye. Alindiridde.

191 Nga waliwo zi bbomu nnamuzisa, era nga abantu bali mu kutya; nga ab'oku Pentagon, tebamanyi kya kukola; n'obubonero obutategeerekeka mu bwengula, obw'ebyombo ebibuukira mu bbanga, n'ebirala eby'enjawulo Katonda bye yalagula okubaawo: Kye kiseera ekya Eriya oyo, (alina w'ali), okujja alabisibwe.

192 Leka abantu, leka ekisibo ekyo ekitono, abo abatono abasigaddewo Katonda b'anaamuwa, leka abatono abasigaddewo batandike okukoowoola Katonda, mulabe ekinaabaawo. Wajja kubaawo okwolekanya obwanga ku ddaala ery'eggwanga lyonna. Wajja kubaawo amaanyi ge batalabangako. Omutawaana guli nti, ku mulundi guno, obudde bujja kuba kikeerezi nnyo gye bali. Enzigi zijja kuba ziggaddwa. Kale, mujjukire nti, tuli mu kiseera kya nkomerero. Musabe.

193 Mulabe leero kye tuyita obuweereza. Kiki kye tulina? Kati, mu kumaliriza, njagala njogere kino. Kiki kye tulina? Tewali kye tulina. Abamu ku bakulembeze baffe ab'amaanyi, ababuulizi b'enjiri baffe ab'amaanyi; omu ku babuulizi b'enjiri baffe ab'amaanyi yagamba nti, "Singa nsobola okusanga abantu kkumi ku kikumi ku abo be nnabuulira enjiri ne bakkiriza nga bakyanywedde, oluvannyuma lw'omwaka, nja kukyebaliza." Nga, juuzi wano mu kiseera kya Finney, yalina ebitundu kyenda mu musanvu ku kikumi eky'abo abaanywera.

Pawulo yasussanga ne mu bikumi, yalina bikumi na bikumi. Omu bwe yalokokanga, era, n'ajjuzibwa ddala, ow'oluganda, yagendanga n'abaako omulala gw'abuulira; n'oyo n'abaako omulala gw'abuulira; n'oyo n'abaako omulala gw'abuulira; ne bawera bukadde na bukadde. Lwaki? Waliwo kye baalina. Baali ku Kigambo.

194 Leero, kyokka kye tulowoozaako by'ebibiina by'abantu ebinene. Kiki? Kibiina kya byabufuzi. Bwe tujja, bwe wabaawo omubuulizi w'enjiri ow'amaanyi ajja mu kibuga, kiki ekisooka okujja? Wajja ekibinja ky'abasajja. Bwe baba Abamesodisiti bonna, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, n'abalala bonna, babaako ebiragiro bye babaga, ne bagamba nti, "Ono asobola kubuulira *kino* kyokka, naye *kiri* talina kukibuulira, na *kino* talina kukibuulira, naye *kiri* asobola okukibuulira," kiki kye mufunyeemu?

195 Ne bava awo ne bagenda mu maaso, abakazi. Njogera ku Bapentekoote. Abakazi bayingira munda, ne bagenda ku wolutaali, ne babeera awo nga beegayirira bwe basendasenda abantu.

196 Bulijjo mbaddenga nvumirira eky'okuyita abantu okujja okulokoka. Nakyo leka nkyogere. Sibikkiririzaamu. Mu Bayibuli temuliimu kintu kya ngeri eyo. Omuntu ayinza atya okujja okuggyako nga Katonda y'amuyise? Tosobola kumuziyiza kujja. Tewetaaga kubaako muntu yenna gw'oyita. Katonda y'amuyita. Okuyita abantu okujja okulokoka kyatandikibwaawo Bamesodisiti. Bwe kiri. Okuyita abantu okujja okulokoka, babakwata, ne babagamba nti, "Bannaaye John, omanyi, maama wo yafa ebbanga ddene eriyise."

197 "Ooh-ooh-ooh, kituufu, ow'oluganda, ooh-ooh!" Okwo si kulokoka.

198 Juuzi wano, ebiro bitono ebiyise, waliwo kye baakola mu Louisville, baaleeta omukazi nga ali mu sanduuko y'abafu, ne bamuteeka ku kituuti eky'etterekero ly'eby'okulwanyisa. Bagamba nti, "Ebikumi n'ebikumi by'abantu ne badduka okugenda ku wolutaali." Enjiri si kintu kya kutiisatiisa. Ssi nneewulira ya kusaasira. Wabula kuba kukyuka oluvannyuma lw'okulumirizibwa.

199 Mwetegereze enkuŋŋaana zino, ababuulizi b'enjiri bano ab'amaanyi, ne mu buweereza bwange obutono, nange nga tontalizza. Ebiseera ebimu mpulira nga nkwatibwa n'ensonyi, okugenda ebweru eyo. Bwe kiri. Kiki kye tukola? Tuyimirira ne tubayita okujja okulokoka ne tubasendasenda. Obuwala obuto ne bujja, nga bwonna bwe bugaaya swiiti gaamu, ne bugamba nti, "Olaba? Olaba? Ŋŋenda. Uh-huh." Ne zireeta abakazi bano ne bajja mu maaso awo, nga baasalako enviiri bonna beesiize langi mu maaso, Abapentekoote, ne bayingira munda, ne bavaayo, ne bagamba nga bwe boogedde mu nnimi. Naye ne bataleka nviiri zaabwe kukula, ne basigala nga bakola ebintu bye bimu bye baali bakola. Mwagala kuŋŋamba nti okwo kulokoka? Okwo kukudaalira Katonda. Bayibuli egamba nti, "Kubeera kwonoona era kya nsonyi bo okusalako enviiri zaabwe." Omukazi asazeeko enviiri ayinza atya okuvumirira omukazi eyeesiize langi ku maaso? Leka bakiwulire. Ekiseera kijja, embazzi lw'enaateekebwa ku kikolo ky'omuti. Na buli muti ogutabala bibala birungi gutemebwe.

200 Mutawaana ki? Kyali kikyamu, kubanga ababuulizi baffe, ab'omulembe nga bwe beeyita wano, abalina ebibiina by'abantu ebinene eby'amalala, ebibiina ebitalina kye bimanyi ku Katonda nga Omukotentoti bw'atalina ky'amanyi ku kiro ky'Emisiri, bwe kijja. Bagendayo . . .

201 Watya singa abantu bali ku Pentekoote baayambuka waggulu eyo ne bagamba nti, "Kati, Yesu yatulagira twambuke waggulu eno tubeereyo okutuusa nga tufunye amaanyi okuva Waggulu. Kati, ab'oluganda, twakamala wano ennaku mwenda, ze twakamala. Leka tukikkirize, olw'okukkiriza. Kati, tulina Omwoyo Omutukuvu. Tufulume tugende, kubanga wano tubaddewo. Yesu kye yatugamba okukola tukikoze"? Tewandibaddewo kye bafuna kyonna.

202 Muleke mbeeko ne kye mbabuulira. Nkimanyi bino bikwatibwa ku lutambi, naye era mu buli ngeri, ŋŋenda kukyogera. Muwulirize. Ŋŋenda kubaako ne kye mbabuulira. Kya nsonyi. Abantu okugezaako oku . . . Ssikikkirizangako nti Omwoyo Omutukuvu ategeeza "kujugumira." Ssikikkirizangako nti Omwoyo Omutukuvu "nti obukakafu bw'okuba nti omulina kwe kwogera mu nnimi, oba okukaaba, oba okuleekaana." Ezo ziba nneewulira za mubiri. Nzikiriza nti ebyo Omwoyo Omutukuvu asobola okubikola. Naye Omwoyo Omutukuvu ye Katonda mwene okutuula munda mu ggwe. Nzikiriza nti abantu bangi abagamba nti balina Omwoyo Omutukuvu, tebalina kintu n'ekimu kye bamumanyiiko. Osisinkana Katonda.

203 Watya singa, ku Lunaku lwa Pentekoote, baagamba nti . . . Kati, nga Ababaputisiti leero, n'Abapulesibeteriyani n'Abamesodisiti, obabuuza nti, "Mukkiriza nti mulina . . . ?"

204 "O, weewaawo, tumukkiriza, lwa kukkiriza." Olw'okukkiriza, temwerimba. Si ye Ye.

205 Okwo kukomebwako kwa nneewulira za mubiri gwo, oyinza okwagala okuyimirira olabe enjuba nga egolooba, ojja kuyimirira weetegereze enjuba nga egwa, okaabe, okulukuse n'amaziga, naye oyo tabeera Katonda, okwo kuba kukomebwako kwa nneewulira za mubiri gwo, okuva mu kintu ekiri munda mu ggwe. Bw'owulira nti waliwo omuntu omulwadde, oba omuntu afa, n'okuba omulanga n'okaaba. Oyo tabeera Katonda. Okwo kubeera kukomebwako kwa nneewulira za buntu. Katonda nga . . .

206 Ndabyeko abantu ku mizannyo gy'emipiira, abasanyuka ennyo ne batuuka n'okunanaagira, n'ebintu ebirala. Tombuulira.

Twetaaga kudda buggya, bulokozi. Naye Abapentekoote ne bajja, ne bacamuukiriza abantu, ne babagamba mbu, "Bwe boogera mu nnimi, baba bafunye Omwoyo Omutukuvu." Naye abamu ku bo ne batambulira mu bulamu obwa buli ngeri, oluvannyuma lw'ekyo.

Wuliriza, ow'oluganda. Ku Lunaku lwa Pentekoote, tekyali bwe kityo. Tebeesigama ku kwogera nnimi oba ekintu kyonna. Bwe baali bakyali awo, bayimiridde mu kifo kimu, n'emmeeme emu, Katonda yakka wansi, mu buliwo, mu makkati gaabwe. Baalaba, ku buli omu ku bo, ennimi z'Omuliro, bwe *zityo*, nga ziri waggulu ku mitwe gyabwe. Katonda yaliwo. Tekyali mbu, "Mukifune olw'okukkiriza, oba okucamuukirira okw'engeri yonna." Bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne balyoka bagenda ne batandika okwogera mu nnimi. Naye, baasooka, kusisinkana Katonda.

Ogwo gwe mutawaana oguliwo ensangi zino. Abantu bacamuukirira ne babuguumirira, olw'enneewulira y'omubiri, naye nga si Mwoyo Mutukuvu. Omwoyo Omutukuvu ye Katonda mwene nga atudde munda mu ggwe. Ebigambo byo nga bye Bigambo Bye. Mbabuulira, kye twetaaga leero, kwe kuyitibwa.

207 Abantu bayingira munda, abakazi bwe batyo, bayingira munda, ne boogera mu nnimi, ne bafulumayo. Naye n'ogenda mu bifo byabwe mu makanisa gaabwe gye basabira . . .

208 Ssinga Billy abadde atudde wano. Nnaakafuna ebbaluwa juuzi wano okuva erudda eyo, olunaku lwa luli, omukazi bwe yagamba nti, "Ndi mmemba w'ekibiina ekimu ekinene . . ." ekibiina ky'Abapentekoote ekisingayo obunene, ekibiina ekinene eky'abakkiririza mu Busatu. Baagamba nti, "Abakazi baffe bonna, Ow'oluganda Branham, bonna basala enviiri zaabwe. Nnalina enviiri empanvu nga nzirugavu." N'agamba nti, "Nnali nzaagala, kubanga nnali nzikiriza nti ekyo Mukama ky'ayagala." N'agamba nti, "Nnali sseesiiga bya kwewunda. Ekkanisa yaffe eyigiriza nti obuteesiiga bya kwewunda kiraga butatambula na mulembe." N'agamba nti, "Baŋŋamba, bwe

nnasibanga ekituttwa mu nviiri zange, emabega, nga baŋŋamba nti, 'Owaaye ggwe, omupiira gwo ogw'emabega guweddemu omukka,' n'ebiringa ebyo. Ne baŋŋamba nti 'Weetisse omupiira ogu—ogutaliimu mukka ku mutwe gwo.'" N'agamba nti, "Ekyavaamu, omwami wange n'aŋŋamba nti, 'Enviiri zo lwaki tozisalako n'ofaanana nga abalala bonna?'"

Kati nnina ebbaluwa gye njagala okumusindikira.

N'agamba nti, "Ddala bwe kityo bwe kiri? Waliwo olumu ku ntambi zo lwe nnawulira, nga ogamba nti okubatizibwa okw'Ekikristaayo kulina kuba mu Linnya lya Yesu Kristo." Kati, ky'agenda okufuna mukimanyi. Si bwe kiri? N'agamba nti, "Mbuulira, Ow'oluganda Branham. Njayaana. Njagala kumanya kye nnakola."

209 Ŋŋenda kumugamba nti, "Omwami wo oyo eyagwa aswadde nnyo. N'ekibinja ekyo ekitalina Katonda ky'osinzizaamu, baveemu." Bwe kiri. Katonda tasobola kukyuka. Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogera, Aba akitegeeza. Sifaayo oba ababuulizi abaagwa bameka abaagala okwekkiriranya, okufuna ekibiina ekinene oba ekibinja. Twetaaga abantu abakkiririza mu bulokozi. Abasajja abayimirira ne baleka bakyala baabwe ne bakola ekintu eky'engeri eyo, mbuusabuusa obumanyirivu bwammwe obw'okuba Abakristaayo. Bwe kiri. Mwenenye, oba si ekyo muzikirire! Kino, kyewuunyisa!

210 Ne bagendayo mu ngeri eyo, ne beegatta ku makanisa, amakanisa ag'Abapentekoote, ne bakomawo nga tebalina kye bakyuse yadde n'akatono; ne basigala nga bali nga bwe baali, ne batakyukako yadde. O, twetaaga okusaasirwa! Kiki ekyo? Ba Yezebeeri ab'omulembe. Waliwo omukazi omu yekka mu Bayibuli eyesiiga langi mu maaso, Katonda yamuwa mbwa ze zaamulya. Ba Yezebeeri ab'omulembe abakwata ba Akabu baabwe ku bitogi ne babawalaawala, omusajja yenna ataliimu kannigguusa akkiriza mukazi we okukola ekintu nga ekyo, n'ayambala ebinu n'ebintu eby'engeri eyo, n'afuluma n'atambula ku luguudo n'ayambala akagoye akamumiima okukamala nga alinga sosegi y'ennyama. N'agenda n'a. . . Ekyo sikyogera kubasesa. Kino si kifo kya kwogereramu bisesa. Kino Kigambo kya Katonda. Kituufu. Bwe kiri. N'atambula ku luguudo, nga ayambadde akagoye akamumiimye, yenna, n'atuuka n'okuba nga takyasobola na kutambula bulungi. Ne, wabaawo omusajja abaako obugambo bw'amugamba, ate n'oyagala okumulwanyisa. Ssebo obeera weetaaga okukuba oluyi, bwe kiri, olw'okuleka omukazi oyo n'akola bw'atyo. Kiraga kiki ky'oli. Ky'ekyo kyennyini.

211 Kye twetaaga ye Njiri. Ayi Katonda, baako omuntu gw'ositula anaanywerera ku Kigambo. Katonda yagamba kikwasa n'ensonyi omukazi okujja ku kkanisa n'asaba nga enviiri ze yazisalako. Era omukazi yenna asalako enviiri ze,

a . . . omusajja alina olukusa okumugoba. Abeera aweebuula. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Aweebuula bba. Ayinza obutakimanya. Omukazi yenna ayambala ekinu aweebuula. Ayinza obutakimanya. Nnyabo, sigezaako kukulumya. Naye ngezaako kukuwonya kugenda mu nnyanja ey'omuliro, ne ggeyeena. Weenenye!

212 Oyinza okugamba nti, "Naye, nnina Omwoyo Omutukuvu." Ne weeyisa bw'otyo, nga Katonda atudde munda mu ggwe, Katonda yennyini eyakugaana okukikola?

213 Oyinza okugamba nti, "Naye, nnayogera mu nnimi." Nnali ndabye ku mizimu nga gyogera mu nnimi. Nnali ndabye, mu Afirika, abanywa omusaayi nga bagunywera mu kawanga k'omuntu, ne boogera mu nniimi ne balaamiriza emizimu. Nnali mbaddeko mu bitundu ebirimu abakazi abalogo n'abasajja abalogo, ne boogera ennimi n'okuzivvuunula ne bazivvuunula. Nnali ndabye ku kkalamu ezigalamidde ku meeza ne ziwandiika mu nnimi ezitamanyiddwa, ne wajja omuntu, n'avvuunula bye ziwandiise. Nga bituufu. Leka kumbuulira bya nnimi. Tulina bingi nnyo ebiyitibwa ennimi leero.

Naye ate, nzikiriza nti Katonda alina olulimi olutamanyiddwa. Nzikiriza nti Katonda ayogera mu nnimi ezitamanyiddwa, naye leka kwesigama ku ekyo. Pawulo yagamba nti, "Ne bwe njogera ennimi ez'abantu n'eza Bamalayika, naye nga sirina Mwoyo Mutukuvu, sirina kye nnaabadde kuba. Ne bwe nsiguukulula ensozi . . . "

214 Abantu bangi bagezaako okugamba nti, "Ha, *ono* musajja wa Katonda ow'amaanyi. Osaanye olabe ebyamagero eby'amaanyi." Naye, n'emizimu giwonya . . .

Emizimu gigenda ne gikola ebintu nga ebyo. Nnina abakazi abalogo be mmanyi, abagenda nga balina ebintu bwe bityo, nga beesibye akagoye *bwe batyo*. Ne bateekamu ssente. Ne yeekunyuulako enviiri enkoto ku mutwe gwe, n'azinnyika mu musaayi ogwo n'azisuulamu. Era abantu bali bambi babeera beesimbu, era nga bakkiriza. Omuntu oyo si y'abikola. Abantu bali be babeera bakkiriza nti baba batuukirira Katonda, okuyita mu mulogo oyo.

215 Yesu teyagamba nti, "Bangi balijja gye Ndi ku lunaku luli, bagambe nti, 'Nnakola enkuŋŋaana ez'amaanyi ez'okuwonyezebwa'"? Oyo si kabonero. Ako kabonero akalaga nti tuli ku nkomerero. Yesu teyagamba, mu Matayo essuula eya 24, awo nga ku lunyiriri olwa 24, nga nalwo olutwaliddemu, 24:24? N'agamba nti, "Waligolokoka bannabbi ab'obulimba mu nnaku ez'oluvannyuma era baliraga obubonero obw'amaanyi batuuke n'okukyamya Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Naye Abalonde bayimiridde ku Kigambo. Akabonero akatuufu bakamanyi.

216 Omuntu, akola ebintu bino, ne yeegaana Okukkiriza kwa Katonda, ayinza atya okweyita nnabbi ava ewa Mukama? Ddala omuntu ayinza atya?

Weesanga yandiba nnabbi, nga bali abaaliwo mu biseera bya Akabu ne Yekosafaati, Mikaaya bwe yayimirira. Naye baalinayo omu eyayimirira ku Kigambo, Eriya. Ekigambo kya Mukama kyali kyawandiikibwa, nti Akabu yali wa kutuuka ku nkomerero ye, era okwolesebwa kwa Eriya kwali kukwatagana nakyo.

217 Era omuntu yenna, omuntu yenna eyeeyita ow'omwoyo oba nnabbi, akkiriza nti buli Kigambo kya *Kino* kituufu. Ayinza atya okukkiririza mu Busatu? Ayinza atya okubatiza mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu," n'agamba mbu aliko amafuta ag'Omwoyo? Ayinza atya okuyigiriza abantu ensobi eyo, n'asigala nga aliko amafuta ag'Omwoyo? Tekisoboka kubaawo. Tekiyinzika.

218 Nkimanyi ekyo abasinga obungi tebakyagala. Naye tetwagala kwagalibwa bantu. Twagala kubeera ba mazima.

Kaakati, Yezeberi ne ba Akabu. Yee, ssebo.

219 Naye, lwaki babikola? Abakazi abo lwaki, basalako enviiri zaabwe, ne beeteekako eby'okwewunda, ne bafuluma nga bambadde ebinu nga abasajja bwe bayitawo, n'ebintu eby'engeri eyo bye bakola, abaami baabwe ne babaleka ne babikola? Kubanga tebalina nnabbi mutuufu mu kituuti kyabwe, kubabuulira Mazima. Babagamba kimu, "Naye, ekyo tekirina kye kikyusa. Tekiriimu kabi konna. *Ekyo* teweetaaga kukikola." Mmwe!

220 Ekyo Kigambo kya Mukama. Bayibuli egamba nti, "Omukazi yenna bw'ayambala ekyambalo ky'omusajja aba kya muzizo mu maaso ga Katonda." Katonda takyuka. Ayinza atya okukyuka ate n'aba Katonda? Taliiko kkomo.

221 Beetaaga nnabbi omutuufu abagamba nti ako kabonero ka nkomerero. Bayibuli egamba bajja kukikola. Isaaya, essuula ey'o 5, wagamba nti ekyo abakazi balikikola mu nnaku ez'oluvannyuma. Ky'ekyo kyennyini. Era, baabo bakikola.

222 Naye bagamba mbu balina nnabbi mu kituuti, naye atya Ekigambo kya Katonda. Ssi . . . Atya kibiina kya bakkiriza.

Leka tusabe Katonda atuweereze Omusana ogwo ogw'oluvannyuma, Omusana ogwo ogw'akawungeezi, atuweereze oyo gwe Yasuubiza okuweereza, eri Ekkanisa y'abalonde, anaababuulira Amazima, anaayimirira ku Kigambo kya Katonda. Leka ba Yezebeeri ne ba Akabu, awo bajja kweyawula. Ddala bwe kiri.

223 Mujjukire nti abakazi bwe batandika okweyisa bwe batyo. Kaakati leka tuddeyo katono emabega, we baatandikira okusalako enviiri zaabwe n'okweyisa bwe batyo. Abakazi bwe batandika okweyisa bwe batyo, ekyo ky'ekiseera era bwe budde

Eriya oyo ow'omu kiseera eky'oluvannyuma w'alina okulabikira nga alina akabonero ak'enkomerero, nga alina akabonero ak'ebiseera eby'enkomerero nga bwe kyali mu nnaku za Lutti. Mukiraba? Akabonero ak'ekiseera eky'enkomerero; abakazi bwe batandika okweyisa bwe batyo. Bwe batyo bwe beeyisa mu kiseera kino. Ekyo ky'ekiseera Eriya w'alina okulabikira, atereeze era ayiteyo, anenye era amenyerewo ddala, bwe kiri, nga agobererwa akabonero ka Katonda, nga bw'agenda mu maaso. Kati tagenda kuyita kibinja kinene. Bayibuli egamba nti, "Temutya, mmwe ekisibo ekitono, kwagala kwa Kitammwe okubawa Obwakabaka." Bwe kiri. Ky'ekyo ddala kyennyini.

224 Abalala bonna balina okumugaana okuggyako ekisibo ekitono, kubanga ali nga Eriya n'olusanvu lwe, ne Yokaana n'ekisibo kye ekitono. Weewaawo.

225 Mulaba we tuyimiridde leero? Tulina okuddayo ku Pentekoote eri eyasooka. Tulina okuddayo ku bintu bya Katonda. Tulina okuddayo. Ow'oluganda, mwannyinaze, obumanyirivu bwe wafuna buleme kukulimba. Tuli—tulindiridde ekiseera ekyo.

226 Togeza kutwala bya kugamba mbu, "Nsu—nsuubira. Nzikiriza, mmukkiriza olw'okukkiriza." Togeza n'okikola. Ssisinkana Katonda, maaso ku maaso, ojjuzibwe Omwoyo, olabe ekinaabaawo. Naye omwoyo oyo ali mu ggwe bw'aba akontana n'Ekigambo kino, awo omwoyo oyo mwabulire. Genda ofune. . .Awo, osabe Katonda akuwe Omwoyo We.

227 Omwoyo ono bw'alisituka mu nnaku ez'oluvannyuma, aliba kabonero gye bali, abo ab'obulimba. Mukiraba? Kubanga Yokaana yagamba nti, "Temulowooza kwogera munda mu ffe nti tu. . .nti 'tulina Ibulayimu ye kitaffe.'" Tulina e. . .Tu. . .

"Ffe, bajjajjaffe baali Bamesodisiti, baali Babaputisiti, baali Bapulesibeteriyani, oba baali Bapentekoote." Temugeza okulowooza okugamba mbu, muli ba, "Katonda," era muli baana ba Ibulayimu, kubanga okuva mu mayinja gano Katonda asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abazzukulu. Temugeza okulowooza mbu kubanga muli Bapentekoote, mujja kutalizibwa. Nedda n'akatono. Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu abazzukulu eri Ibulayimu. Ky'ekyo kyennyini. Yee, ssebo.

228 Yogera bwogezi Kigambo kya Katonda, mu mazima ag'ebiro eby'enkomerero. Obunnabbi Bwe bu. . .

229 Bwe muba mwagala, leka mbeeko ne kye mbikkula wano katono nnyo, mbalage bwe tusobola okubutegeera. Nnina wano Ebyawandiikibwa bingi bye nnawandiise. Obwedda mbijulizaako bujuliza. Njagala mbasomereyo kimu. Leka tutandike, leka, tusooke, ne. . .Leka tugende mu Ekyamateeka olw'okubiri, essuula ey'e 18, tulabe, mu kaseera katono nnyo. Mbeeko ne kye, nga tetunnamaliriza wano, nsobole

okubasomera Ekyawandiikibwa kino. Mu Ekyamateeka olw'okubiri, essuula ey'e 18, kale, kaakati leka tulabe. Olunyiriri olwa 20 olw'essuula ey'e 18, Ekyamateeka olw'okubiri, 20:

> *Naye nnabbi anaayogeranga ekigambo mu linnya lyange nga yeetulinkiridde, bye simulagidde kwogera, oba anaayogeranga mu linnya lya bakatonda abalala* (abasukka mu omu), *nnabbi oyo anaafanga.*

Ekyo kituufu. Anaafa mu mwoyo. Kale. "Emmeeme eyonoona, y'erifa." Tulina Katonda omu, so si "Bakatonda."

> *Era* bw'onooyogeranga *mu mutima* gwo *nti, Tunaategeeranga tutya ekigambo* MUKAMA *. . . ky'atayogedde?*

"Tunaategeera tutya? Bajja kuba bangi, tunaategeera tutya? Ono ajja kuba ayogera *kiri,* omulala ayogera *kino* na *kiri.* Nga, omu ayogera *kino,* ate omulala ayogera *kiri,* n'ebirala." Kaakati wekkaanye. Tumanyi.

> *Nnabbi bw'anaayogeranga mu linnya lya* MUKAMA*, ekigambo ekyo bwe kitajja, so bwe kitatuukirira, ekyo kye kigambo* MUKAMA *ky'atayogedde, nnabbi nga akyogedde nga yeetulinkiridde*: oyo *tomutyanga.*

230 Katonda bw'aba si y'akyogedde, ekyo temukitya. Bwe—bwe kiri, mugende bugenzi mu maaso mukyerabire. Mukiraba?

231 Kaakati mulabe bye tuwulira ensangi zino. Enzikiriza y'Abatume, enzikiriza y'Abamesodisiti, enzikiriza y'Ababaputisiti, enzikiriza y'Abapentekoote, enzikiriza, enzikiriza, enzikiriza. Enzikiriza kye kiki? Mugiggya wa? Nsoomooza omuntu yenna andage Enzikiriza y'Abatume mu Bayibuli. Nzikiriza nti tewaliiyo kintu bwe kityo.

Abatume bwe baba baalina enzikiriza yonna kwe beekwata, y'eno: "Mwenenye buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe."

Temulaba we tuli, ab'emikwano? Tuli mu mbeera embi ennyo. Kiki? Kabonero akatuufu akabuusibwa amaaso.

232 Kati, muli basajja n'abakazi, abasinga obungi ku mmwe, era muli baana ba Katonda. Temugeza ne mukabuusa amaaso. Mujjukire nti ebintu bino tulina okuba nabyo. Birina okubaawo mu mulembe guno, mu kiseera kino kye tulimu. Kino ky'ekiseera, nga Masiya anaatera Okujja, walina okubaawo okulangirira okuva eri Katonda.

Ekyo leka nkibasomere. Leka tuddeyo mu Malaki. Kye kisembayo mu Ndagaano Enkadde, era muwulirize ky'Agamba wano mu Malaki. Bwe tukimala tu. . .Muwulire kino mu ddakiika ntono.

Kaakati, bwe weetegereza, Malaki 3, ayogera ku Yesu kye yayogera eky'okujja kwa Yokaana:

> *Laba, ntuma omubaka wange, era alirongoosa ekkubo mu maaso gange: era Mukama, gwe munoonya, alijja mu yeekaalu ye nga tebamanyiridde, n'omubaka ow'endagaano, gwe musanyukira: laba, ajja, bw'ayogera* MUKAMA *w'eggye.*

233 Oyo yali Yokaana, nga alanga okujja kwa Yesu. Era Yajja mu yeekaalu, ddala nga bwe Yayogera, Omubaka w'endagaano, Malayika eyali ne . . . mu ddungu ne—n'abayigirizwa, manya ne Isiraeri. Mukkiriza nti Ye yali Omubaka oyo? Kubanga Yagamba nti, "Nnava wa Katonda, era Ŋŋenda eri Katonda."

234 Kaakati, lwaki Pawulo yaweebwa obulwadde? Kwali kumukkakkanya.

Yesu bwe yamala okufa, n'aziikibwa, era n'azuukira; nga wayiseewo ekiseera kinene, Pawulo yamusisinkana, maaso ku maaso, bwe yali agenda e Damasiko. (Yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era ne nzirayo eri Katonda.") Pawulo yatunula waggulu. Waaliwo Ekitangaala ekinene, Empagi y'Omuliro eyo y'emu. Kye njogerako mukimanyi? Empagi y'Omuliro y'emu. Era Pawulo yayogera Naye, era Naye n'ayogera ne Pawulo. Abantu tebaamuwulira. Tebaamuwulira. Naye Pawulo yamuwulira. Yagamba nti, "Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki?"

N'amubuuza nti, "Ggwe Ani, Mukama?"

235 N'agamba nti, "Nze Yesu. Kati golokoka ogende mu kkubo eriyitibwa Eggolokofu. Gy'onaategeerezebwa ebinaddirira. Nnina nnabbi agenda okujja akubuulire ky'olina okukola, okiraba. N'engeri y'oku . . . "

236 Pawulo n'atwalibwaayo, n'abatizibwa, n'akoowoola Mukama, n'afuna Omwoyo Omutukuvu.

Era Pawulo n'agamba nti, "Nnalina okunyigirizibwa mu mubiri gwange, okwampeebwa, ssetaani, omubaka wa ssetaani, *okunkubanga*," ekyo kiringa, "okukubibwanga eŋŋuumi." Yagiranga n'atereeramu, ate ne kiddamu, n'addamu n'amukuba. N'agamba nti, "Nnasaba Mukama emirundi esatu, okukinzigyako, naye Mukama n'aŋŋamba nti, 'Pawulo, ekisa Kyange kikumala.'" N'agamba nti, "Sikulwa nga nneegulumiza . . . olw'obukulu obw'okubikkulirwa."

Yalina, okubikkulirwa kungi, okusinga ku Peetero, Yakobo, Yokaana, oba omulala yenna ku bo. Yamulaba nga Amaze ebbanga lya myaka nga ebiri, oba n'omusobyo nga Agenze, nga ayimiridde mu Mpagi y'Omuliro, nga ayogera naye. Tekisingawo nnyo leero, okuba nti waakayitawo emyaka enkumi bbiri, naye nga Akyali mulamu! Amiina.

237 Yagamba nti, "Yampeebwa, nneme okwegulumiza ennyo, nga ŋŋamba nti, 'Kaakati, ow'oluganda, mmwe

mwenna nze mbasinga. Mukiraba? Nze—nze nnamulaba nga Amaze okuzuukira mu bafu, n'okwogera ne njogera Naye. Ndi . . .' Olw'obuteegulumiza kisusse, waliwo ekyampeebwa, okuntowaza." Weewaawo.

238 Ye yabagamba okuddamu babatizibwe, nate, mu Linnya lya Yesu. Yagamba nti, "Ne bw'aba Malayika avudde mu Ggulu . . . "

239 Yagamba nti, "Ssaagendako mu matendekero gaabwe, yonna gye gaali." N'agamba nti, "Ssaayambukirawo Yerusaalemi, okutuusa lwe waayitawo emyaka kkumi n'ena." Yagamba nti, "Nnagenda Misiri, emmanga eyo mu Asiya." Era yeebuuza ku Mukama, yamalayo emyaka nga esatu, nga asoma era yeetegereza Endagaano Enkadde, okulaba nga byonna bikwatagana bulungi. Bwe yakomawo, oluvannyuma lw'emyaka kkumi n'ena, n'asisinkana Peetero n'abalala, yalina Enjiri y'emu, yabatizanga mu ngeri y'emu, era yakolanga ekintu kye kimu. Amiina. Yakimanya nti yali mutuufu. Yee, ssebo.

240 Kaakati muwulirize Malaki, wano, eno, mu Malaki 3. Kaakati, bwe muba musobola, kino leka nkitangaaze gye muli. Nzikiriza . . . leka tubikkule mangu nnyo mu Matayo essuula ey'e 11, tulabe oba ni . . . nnandiba nga kye nnawandiise si kye kyo, ndabika nkifunye, kyandinneetagisa okusooka okwetegereza okusobola okukiraba. Matayo 11. Leka tulabe. Tutandikire ku:

> *Awo olwatuuka, Yesu bwe* yamala *okulagira abayigirizwa* be *ekkumi n'ababiri, n'avaayo n'agenda okuyigiriza n'okubuulira mu bibuga byabwe.*
>
> Era . . . *Naye Yokaana . . . bwe yawulira* nti yali . . . mu *kkomera ebikolwa bya Kristo*, yali . . . *mu kkomera ebikolwa bya Kristo, n'atuma babiri ku bayigirizwa be,*
>
> *Okumugamba nti, Ggwe wuuyo ajja oba tulindirire mulala?*

Eriiso lya Yokaana ery'empungu lyali libikkiddwako akabubi, mu kkomera eyo gye yali. Mukiraba?

> *Yesu n'addamu n'abagamba* nti, *Mugende . . . mulage Yokaana nate ebintu bino* mmwe bye . . . *muwulira ne bye mulaba:*

"Yokaana nnabbi. Era bw'a—bw'anaawulira bino, ebigenda mu maaso, ajja kuntegeera." Mukiraba? N'agamba nti:

> *Abazibye amaaso balaba, . . . n'abalema batambula, n'abagenge balongoosebwa, . . . n'abaggavu b'amatu bawulira,* era *n'abafu bazuukizibwa, . . .*

"N'ebibiina by'amadiini byonna byegasse wamu"? Si bwe kyogera, si bwe kiri? Nedda. Si bwe kyogera. Kigamba nti:

> *. . . abalema batambula, n'abagenge balongoosebwa, . . . n'abaggavu b'amatu bawulira, n'abafu bazuukizibwa, n'abanaku babuulirwa enjiri.*

Ako ke kabonero. Mwetegereze:

*Nabo bwe baagenda . . .*

*Era alina omukisa*, oyo . . . *atanneeesittalako.*

Kati mulabeeyo: "Alina omukisa oyo *atanneesittalako*," amakulu nti, oba, "*ankwatirwa* ensonyi. Alina omukisa oyo atalinkwatirwa nsonyi." Mukiraba?

> . . . *nabo bwe baagenda, Yesu n'asooka okwogera* n'ebibiina *ku Yokaana nti, Kiki kye mwagenderera mu ddungu okutunuulira?*

Kati mwetegereze nnabbi ono:

> . . . *Kiki kye mwagenderera* mu *ddungu okutunuulira? Olumuli olunyeenyezebwa n'empewo?*

Si Yokaana. Ha, nedda. "Mmwe abaana b'emisota mu muddo," bw'atyo bwe yagamba ebibiina by'amadiini ebyo, "ani yabalabula okudduka obusungu obugenda okujja? Temugeza okugamba mbu, 'Tuli ba ddiini *eno* n'*eri*, kubanga okuva mu mayinja gano Katonda asobola okuyimusaamu abaana.'" Ha, ow'oluganda, ye, teyali lumuli olunyeenyezebwa empewo.

> . . . *Olumuli olunyeenyezebwa empewo?*

> Naye *kiki kye mwagenderera okulaba? Omuntu ayambadde ezinekaaneka?* (Alina okukyusa engoye ze emirundi nga ebiri oba esatu nga abuulira?) *laba, abo abambala* ezinekaaneka *baba mu nnyumba za bakabaka.*

Abo be baweereza abagenda ne banywegera obwana obuwere, nga bwe mumanyi, ne—ne bagatta abavubuka mu bufumbo, ne bagenda mu masomero ne boogerayokko ku bigambo eby'amagezi ag'obwongo, era, nga bwe mumanyi, n'ebintu bino byonna ebiri nga eby'ekikazi. Mukiraba? Mukiraba? Tasobola kuwuuba kitala kiri ekikwasibwa emikono ebiri mu ddwaniro wano olutalo we luyindira. "Mwagenda kulaba ki, muntu afaanana bw'atyo?" Yali . . . Ababuuza.

> *Naye kiki kye mwagenderera . . . okulaba? nnabbi?* (Muwulirize.) *weewaawo,* era *mbagamba, era asingira ddala nnabbi.*

Yee, ssebo. Yali ki? Agambye nti, "Asingira ddala nnabbi?" Yali nnabbi, *n'okusingawo.* Ye yali omubaka ow'omulembe ogwo.

> . . . *mwagenderera . . . kulaba ki? nnabbi? weewaawo, mbagamba, era asingira ddala nnabbi.*

> *Kubanga oyo, . . . ye yawandiikwako nti, Laba ntuma omubaka wange mu maaso go, . . . alinkulembera alirongoosa ekkubo mu maaso* gange.

Mulabeeyo wano mu Malaki 3. "Laba, Ntuma omubaka Wange mu maaso Gange."

241 Mwekkaanye. Kaakati, Malaki 4, kino leka nkisome. Agenda kukomawo nate.

> *. . . laba, olunaku lujja, lwokya nga ekikoomi; n'abamalala bonna, weewaawo, . . .*

242 Olwo lwe lunaku luno. Waliwo lwe ntambula ku luguudo ne ndaba abantu bano. Osobola okwogera nabo, ne bakusekerera, ne bakujolonga. Muli ne nneebuuza nti, "Kiki?"

Luli, nnali ntambula, emmanga wano, nga ku mabbali g'ekibangirizi emmanga wano. Nnina abantu be nnali njogera nabo, naye ne beekaanya ne bagamba nti, "Ha," ne bagenda.

Ekintu ne kiŋŋamba nti, "Abo ba kwokebwa, mangu ddala bagenda kufuuka evvu limansibwe ku ttaka. Baveeko. Oyogedde ky'oteekeddwa okwogera. Weetegeke ove wano." Aleruuya! Ekyo ndowooza, mbadde sirina kukyogera. "Weetegeke. Weesibe ekimyu kyo. Ŋŋenda kukuyita." Eyo y'ensonga lwaki nnindiridde.

> *Kubanga, laba, olunaku lujja, lwokya nga ekikoomi;* weewaawo, *ab'amalala bonna, . . . n'abo bonna abakola obubi, baliba* bisasiro: . . .

Ekyo kyennyini kye kiribaawo. Kiki ekibaawo bwe wabaawo . . . abamu ku mmwe abalimi; omuliro ogw'amaanyi bwe gwokya ennimiro y'eŋŋaano, nga omaze okukungula nga wasigadde bikolo byokka? Gubyokera ddala byonna, ne wasigala vvu lyokka. Ekyo kye kiribaawo, ekyo, bwe kiribaawo.

> *. . . olunaku* lujja *lulibookera ddala*, *bw'ayogera* MUKAMA *w'eggye, obutabalekerawo kikolo newankubadde ettabi.*

Tebalisigalawo n'ekimu ku bo.

> *Naye mmwe abatya erinnya lyange Enjuba ey'obutuukirivu eribaviirayo nga erina okuwonya mu biwaawaatiro byayo;* . . . kale *mulifuluma, ne muligita nga ennyana ez'omukisibo*. (Okwo kwe kufuga okw'Emyaka olukumi.)
>
> *Era mulirinnyirira ababi; kubanga* balibeera *vvu wansi w'ebigere byammwe ku lunaku* lwe *ndikolerako, bw'ayogera* MUKAMA *w'eggye.*

Bwe tuliva, mu kufuga okw'Emyaka olukumi. "Evvu ly'ababi."

> *Mujjukire . . . amateeka ga Musa omuddu wange, ge nnamulagiririra . . . ku Kolebu olwa Isiraeri yenna*, nga ebiragiro *wamu* n'emisango.

Kati, muwulirize n'obwegendereza kati.

> *Laba, ndibatumira Eriya nnabbi olunaku olukulu olw'entiisa olwa* MUKAMA nga *terunnaba kutuuka:*

243 Kati, oyo tayinza kuba nga yali Yokaana. Yali tayinza kuba ye, kubanga ensi yandibadde ezikirizibwa mu kiseera ekyo. Naye wano Yagamba, mu Matayo 3 nti, Yatuma omubaka okukulembera mu maaso Ge. Yesu n'agamba nti, "Oyo ye Eriya eyali ow'okujja, okuteekateeka ekkubo mu maaso Gange."

"Naye bbomu eno nnamuzisa bw'eriba tennakuba, Ndibasindikira Eriya nnabbi."

> *Era alikyusa* emitima *gya bakitaabwe eri abaana*, n'emitima *gy'abaana* eri *bakitaabwe*, *nneme okujja ne nkuba ensi n'ekikolimo*.

244 Obunnabbi, obw'ekiseera kino.

Naye kati oyinza okugamba nti, "Ha, oyo Eriya, yali Yokaana." Omubaka w'endagaano yali Yokaana, mazima ddala kituufu. Ekyo kituufu ddala. Bw'atyo Yesu bwe yagamba, era yakikakasa wano n'agamba nti, "Y'oyo gwe Nnayogerako." Naye, olaba, yali tayinza kuba nga ye Eriya eyali ow'okujja. Okiraba? Kyali tekisoboka. Kubanga, olaba, singa bwe kyali, kitegeeza obunabbi bwali bukyamu; ensi teyazikirizibwa mu kiseera ekyo. Okiraba? "Naye olunaku olwo olukulu olw'entiisa olwa Mukama bwe luliba terunatuuka, Ndibatumira Eriya. Era alikomyaawo," weetegereze okujja kwe okwasooka, "emitima gya bakitaabwe eri abaana." Ky'ekyo kye yakola, okusooka, yaleeta obubaka bw'omulembe omuggya, nga kuno kwe kujja kwa Kristo, nga aggyayo bajjajaffe bali ab'enzikiriza y'ekiyudaaya okubaggya mu nzikiriza eri ey'ekiyudaaya, okubaleeta mu nzikiriza empya eyali yaakazaalibwa.

Kati bw'ajja omulundi ogw'okubiri, "N'emitima gy'abaana eri bakitaabwe abapentekoote, Obubaka obwasooka."

245 Kaakati mubikkule erudda wano eno mu Kubikkulirwa 3, era mujja kuddamu mukirabe. N'olwekyo, kyalagulwa. Tuli mu kiseera kya nkomerero, muganda wange. Bwe kiri.

246 Nga bannabbi ebikumi ebina bwe baali bawakanya Mikaaya, naffe bagamba mbu. . . Tukimanyi, nti tuli mu nnaku ezo ezisembayo. Nnabbi ow'obulimba, ayolesa obubonero obw'obulimba, okukuleetera okwegatta ku bibiina by'amadiini. Bakugamba nti, "Mujje twegatte. Twegatte wamu. Mujje mwegatte ku kkanisa yaffe. Jangu ofuuke mmemba waffe. Tukwaniriza enkya ya leero okukyusa obwa mmemba bwo okuva mu kkanisa *eyo* okudda mu *eno*." Bannange, wulira obutaliimu. Obwa mmemba bwo bukugasa ki? Mu Ggulu bw'oba tolinaayo busika, byerabire. Bannabbi ab'obulimba bajja kwolesa obubonero obw'obulimba.

247 Naye, mulabeeyo, bannabbi ab'amazima, bajja kunywerera ku Kigambo kya Katonda. Obubonero obwa nnamaddala bujja kuvaamu Ekigambo kya Katonda eky'amazima eri Ekkanisa entuufu, era Ekkanisa entuufu ejja kusembeza Ekigambo era ekisanyukire. Ekisibo ekitono, ekiribaawo mu nnaku

ez'oluvannyuma, abalibeera abaasigalira ku B'amawanga, abalitwalibwa.

248 Yesu bwe yajja, tewaaliwo—waaliwo batono nnyo abaali bakkiriza. Kaali kabinja ka Yokaana be baali bakkiriza. Yesu n'abaggya awo n'abongerayo, n'abafuula abayigirizwa ne bagenda mu maaso. Eriya bwe . . .

249 Okuzikirira bwe kwajja, ekiseera kya Nuuwa bwe kyajja, yali kabonero, era yayingiza abantu mu kyombo. Eriya bwe yajja, yaggyayo abantu okuva mu kutabulwatabulwa mwe baali. Yokaana bwe yajja . . . Bannabbi bonna baali kabonero, kabonero, bubonero, kabonero.

Era Yatusuubiza akabonero mu nnaku ez'oluvannyuma. Mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo akabonero. Kabonero akabuusibwa amaaso. Abantu tebakalaba. Bakayitako buyisi, ne batakalaba. Ow'oluganda, mwannyinaze, leka kwegatta bwegassi ku kkanisa. Kati leka njogere kino, mu kumaliriza.

250 Bw'oba wafuna bufunyi bumanyirivu bwa nneewulira ey'engeri emu, oba okukomebwako okw'engeri emu, togeza okwesigama ku ekyo. Togeza okukikola. Eri mmwe bantu mmwe. Muli . . . Njogera eri abantu. Kati, mpulidde nga banasula obuuma obukwata amaloboozi emabega eyo. Kati njogera eri Kkanisa. Mukiraba? Muwulirize, temu . . .

251 Ebintu bwe bityo oluusi mbyogera nnyo, bwe bityo, nga njagala abantu abali eyo ewala . . . Munywerere ku Katonda. Mulindirire akabonero kammwe akatuufu. Mujja kukalaba. Kajja kuba kabeetoolodde, naye waliwo obukadde n'obukadde bw'abantu abalikayitako ne batakalaba.

Yesu bwe yajja, tebaamutegeera.

Eriya tebaamutegeera. Mumanyi kye baagamba Eriya bwe yasitulibwa? Tebakkiriza bintu ebyo bitaliimu makulu. Baagamba nti, "Ebyo temuli makulu."Abaana mu kibuga ekyo kyennyini, mwe yabeeranga . . . gye yabeeranga, gye yabuuliranga, gye yakoleranga obubonero n'ebyewuunyisa mu kitundu ekyo kyennyini, bwe baawulira amawulire nti, "Abange Eriya ali ludda wa nga talabika; Mukama amutwalidde mu mbuyaga eyeebonga," baaseka busesi olw'ekintu eky'engeri eyo.

252 Ne wajja Eriya . . . Erisa, nga alina obubonero bwe bumu, ekifaananyi kya Kristo n'Ekkanisa Ye. Ne wajja Eriya, ne- . . . Erisa, nga alina obubonero bwe bumu Eriya bwe yalina, n'ajja, nga abukola, okutuusa abaana baabwe bennyini lwe baamugoberera nga bwe bamugamba nti, "Nnamukadde ow'ekiwalaata, lwaki naawe tewalinnya waggulu nga Eriya?" Mulaba ekyatuuka ku baana abo abaali batassaamu muntu kitiibwa?

Olwa leero baseka ne bajolonga. Tofaayo, ow'oluganda, omusango gulengejjera mu bbanga mu kaseera kano kennyini.

Guwandiikiddwa ku bwenyi bwa buli Mumerika. Bwe kiri. Omusango gulengejjera waggulu mu bwengula, ekiruyi kya Katonda Omuyinza wa byonna.

253 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] "Abanyooma abo abakola obulungi; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo: abo obakubanga amabega."

254 Togeza okutwala okukomebwako. Togeza okutwala enneewulira y'omubiri. Togeza okubaako ekintu kyonna ky'otwala okutuusa nga osisinkanye Katonda, maaso ku maaso, n'akkiriza Omwoyo wa Katonda akuyingiremu. Ajja kujjuza omutima gwo n'emmeeme yo amaanyi, n'okwagala, n'okwokya.

255 Ayi Katonda, nnyamba okwefunira akafo erudda eri, mu nnaku ntono ezijja mu maaso awo, nsigaleyo okutuusa lwe nnaalaba kye ŋŋenda okuzzaako.

256 Tulindiridde okumala ebbanga ddene. Nnindiridde okumala ebbanga ddene. Nzijukira bwe nnali nsaawa oluggya lwange. Bwe nnazimba ennyumba eno wano, Mukama yampita. Mukyala wange n'akaaba kubanga yali tayagala kulekawo maama we. N'agamba nti, "Oba oli awo tajja kufuna amulabirira."

Muli ne ndowoozaamu nti, "Nange, nnina maama wange omukadde."

257 Nnali ntudde awo, olunaku olumu, nga nsaawa omuddo. Ne ntuula wansi. Eddoboozi ne lijja, nga liwulikika bulungi, ne liŋŋamba nti, "Weeyawule, Nange nnaakuwa omukisa."

Ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, nsanyusiza wano. Olaba kye nnwaana nakyo."

258 Naye ebintu ebyo byonna kati tebikyaliwo. Maama Broy ali mu Kitiibwa; wamu, ne Maama Branham.

"Nzizaako ki, Mukama?"

259 Omusango gugenda kukka ku ggwanga lino, olumu ku nnaku zino. Waliwo amawanga amalala agatannawulira Njiri. Waliwo ebifo.

260 Kyonna kye mukola, temwerabiranga ebigambo byange. Temugeza! Kino leka kisimbe amakanda, Katonda akwate ekkalaamu ey'ekyuma akyole ku mitima gyammwe, muleme okukyerabira. Temukyerabira! BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA: Mudde eri Katonda, n'emitima gyammwe gyonna, mukomeewo. Temwesigama ku nneewulira ya mubiri, oba okukomebwako, oba ekintu kyonna. Noonya Katonda na buli kintu kyonna ekiri mu ggwe, okutuusa nga waliwo ekikutuuseeko, ekinaakuleetera okwagala okutereeza ebyasoba, nga oyagala kuba muntu atya Katonda, nga otya Katonda, nga—nga oyagala kutambulira mu bugolokofu, ekyo kikole. Tokyerabira, kubanga tuli mu kiseera kya nkomerero. Kati, mujjukire nti, tuli mu kiseera kya nkomerero.

261 Mujjukire na kino, nga mmaliriza, nga tugenda okusaba, mu kaseera katono nnyo, temwerabira, mumpulirize, mmwe ekkuŋŋaaniro! N'olutambi luno bwe luba lukyagenda mu maaso okukwata, mumpulirize, mmwe ensi yonna, oba yonna gye lulituuka: Walibaawo akabonero, akabonero akatuufu; oba oli awo ne we twogerera weekali naye nga kabuusibwa amaaso, Katonda bulijjo awaddenga abantu akabonero akatuufu, akabuusiddwa amaaso.

Leka tusabe.

262 Ayi Yesu ow'e Nazaaleesi, nga Eddoboozi eryo ekkulu bwe lyayogera olunaku lwa luli, wiiki ntono eziyise, bwe nnalo nnyimiridde awo, nga mpita ku ndoddo y'omuti eyo, okumpi n'omuti, Omwoyo oyo bwe yakka wansi okuyita mu matabi g'omuti ago n'agamba nti, "Yesu ow'Endagaano Empya ye Yakuwa ow'Enkadde." Ayi Katonda, ku Lwazi luno kwe nnyimiridde. Awalala wonna musenyu ogukka. Awalala wonna musenyu ogukka.

263 Okumala emyaka nga amakumi asatu, ayi Mukama, njogedde n'eddoboozi ery'omwanguka, okuyita mu kiwonvu kino kyonna, Obubaka obwo, ssiseeseetuse kubuvaako wadde yinci emu bw'eti, okuva we nnatandikira, mbuulidde Obubaka bwe bumu, ekintu kye kimu; nga mpita abantu okukomawo, si kukomawo eri bubonero obw'oku mubiri obw'engeri yonna, wabula okukomawo eri obumanyirivu obw'okusisinkana Katonda n'okuzaalibwa Omwoyo We. Ha, kiki ekinaaba kibulayo okuggyako omusango? Eri abo abagaana Obubaka obwo, ayi Mukama, tewakyali kisigaddeyo.

264 Otuukirizza Ekigambo Kyo, nga oyolesa obubonero obw'ennaku ez'oluvannyuma, era nga okikakasa n'obukakafu obutayinza kuwakanyizibwa, nti Gwe Katonda, era tuli mu kiseera kino kyennyini. Ne bwe tuwulira ababuulizi b'enjiri ab'amaanyi mu nsi leero, nga bonna boogerera waggulu n'eddoboozi ery'omwanguka. N'ekibuga ky'eggwanga lyaffe ekikulu, nga amawanga amalala gakisongamu olunwe, era—nga waliwo okutya. Era bwe tuwulira abasajja bano ab'amaanyi, abeesogga Bufalansa, nga bateebereza nti bbomu esooka ejja kugwa mu Louisville, Kentucky, ebalule obugazi bw'ebikumi n'ebikumi bya mayiro okwetoloola. Ai Katonda, baafuna omukisa okuwulira, naye ne bagaana okuwulira.

265 Empapula z'amawulire, amawulire agakwata ku kkanisa, ttivi, leediyo, byonna bibwogeddeko. Tewali kya kwekwasa. Naye, Mukama, wagamba nti, "Abo bonna Kitange be yampa balijja, era tewali muntu yenna asobola kujja okuggyako nga Kitaffe y'amuwaludde okusooka."

266 Kaakano, ayi Kitange, nsaba essaala eno ku lwange. Nzuuno, kaakano ŋŋenda nkaddiwa, era simanyi nnaku mmeka ze tusigazzaayo, ayi Mukama. N'olwa leero twandiba nga

tetuulumaleeko. Naye ka zibeere mmeka ezisigaddeyo, ayi Mukama, n'ezo ezisigaddeyo mu bulamu bwange, Ai Katonda, Osobola okuzitwala n'obaako ne ky'ozikozesa, ku lw'ekitiibwa Kyo?

267 Nsooka okwesabira, ayi Mukama, nga nkusaba Ompe ky'Oyagala kikolebwe. Nsaba ky'Oyagala kikolebwe nga bw'okyagala, ayi Mukama, kyonna kye kiri. Njagala kyogerebwe ku kunaku luli bwe ndijja okukusisinkana nti, "Kyakolebwa bulungi." Oba kinene, oba kitono, kyonna ekiri mu mutima Gwo ogw'ekitalo ku lw'obulamu bwange, nzuuno, ayi Mukama.

268 Tuma Malayika ajje n'eryanda ly'omuliro alongoose emimwa gyaffe era atutukuze, ayi Mukama, olw'ekintu ekikulu ekisembayo ekinaatera okukuba ensi. Leka tubeere eddoboozi eryogerera waggulu mu ddungu ly'ekibi nga tugamba nti, "Mwetegeke okusisinkana Katonda."

269 Ekkanisa eno entono, abantu bano abajja, buli lunaku, ne bavuga ebikumi n'ebikumi bya mayiro, Ai ggwe Ataggwaawo era alina okwagala, ateerabira kikolwa kyonna, ggwe Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, Eyazuukiza Yesu okuva mu bafu, era nga kaakano Atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Ekitiibwa Waggulu, Katonda eyayambala omubiri, wa omukisa abantu bano be mpa omukisa mu Linnya Lyo. Nsaba bajjukirenga bulijjo era bategeere nti waliwo akabonero, akabonero ak'enkomerero. Nkusaba Obawe, era obasobozese okukyusa abalala: ku mirimu gye bakolera, yonna gye babeera, mu masaŋŋanzira g'enguudo, ku masundiro g'amafuta, na buli wamu wonna, bajulire mu zi semaduuka, eri atunda amata. Buli wamu wonna, ayi Mukama, bwe wabaawo ekintu kyonna ekirabula emitima gyabwe, leka babeere abajulirwa. Nsaba batambulire mu bulamu obw'okutya Katonda era obutukuziddwa okutuusa lwe banafuuka ebbaluwa empandiike ezisomebwa abantu bonna.

270 Ayi Katonda, wa omukisa abakazi baffe. Ai Katonda, nkusaba Obaleetere okunaaba obwenyi bwabwe, abo abatannaba kukikola, beggyeko e. . . eby'okwewunda bya Yezebeeri ebyo. Nsaba babeere n'obuvumu nga Abakristaayo, n'Omwoyo wa Katonda ku bo, amala, okubaleetera okutegeera nti tebalina kwambala ngoye ezo embi ze bambala. Baleke enviiri zaabwe zikule, nga abakyala. Kubanga kyawandiikibwa mu Bayibuli nti, "Ettabi eryo ettono nga lya muwendo nnyo mu maaso ga Mukama eririsimattuka ebintu bino byonna ebigenda okujja mu kiseera eky'enkomerero. Liriba lya muwendo nnyo mu maaso ga Katonda," nga nnabbi bwe yalagula. Ai Katonda, kituwe ekyo.

271 Tewakyali kirala kye nnyinza kukola. Ndeekaanye n'eddoboozi lyange, mwaka ku mwaka, ayi Mukama. Na bwe kityo mu kaseera kano okuggyako nga Otambudde n'okola,

tewali kye nnyinza kukola. Ekyo kye nsaba, nti Otambule okole. Era mmanyi nti Ojja kutambula okole, kubanga Wakisuubiza mu Kigambo Kyo. Era awo we nnyimiridde. Nze nsobola kukola kimu kyokka kubeera mujulirwa, ayi Mukama. Era tewali muntu yenna asobola kujja okuggyako nga Ggwe omuwaludde; era abo bonna Kitaffe be yakuwa bajja kujja. Obukakafu obwo mbulina, nti Ekigambo Kyo kijja kutuukirizibwa. Tuwe omukisa, ayi Mukama.

272 Era bwe wabaawo wano abeesigamye ku bubonero obw'oku mubiri obw'engeri yonna, weesanga baaleekaana, nga, weesanga balina Omwoyo Omutukuvu, oba. . . Ebyo tetuyinza kubyesigamako, ayi Mukama, kubanga tulabye ku bantu mu mizannyo gy'emipiira, nga baleekaana. Tulabye ku bantu mu bifo ebisanyukirwamu, nga baleekaana. Tulabye ku abo abasanyuka ennyo ne batuuka n'okukaaba, ne bagwa ku ttaka ne beeyiringula, ne bazina amazina, n'ebintu ebyo byonna. Ebyo si ye Ggwe, ayi Katonda.

273 Naye okukusisinkana n'okwogera naawe, naawe n'oyogera naffe, ekyo kye twagala, ayi Mukama. O, nkusaba, ayi Katonda, mu ddakiika eno yennyini, Osindike Omwoyo Omutukuvu oyo mu kizimbe kino, mu kifo kino, eky'ekyavu mwe tuli. Tewali kifo ky'Asaanidde kujjamu. Naye nkusaba, ayi Katonda, nti, mu ngeri Yo, Omusindike ajje mu kisenge kino mu kaseera kano. Amatize emmeeme zino.

274 Nga bwe nnayogedde gye buvuddeko katono, ayi Mukama, oba oli awo waliwo gwe Weesittaza, ku nsonga eno ey'okuyita abantu okujja mu maaso okulokoka, nga beegayirira n'okusendasenda abantu okugenda mu maaso. Naye bwe tukomawo omwaka oguddako, ne tubasanga nga beekubissizzaamu emirundi ebiri mu kubeera abaana ba ggeyeena okusinga bwe baali mu kusooka. Bayinza batya okujja okuggyako nga Obamatizza era n'obalumiriza, ggwe Omwoyo Omutukuvu ow'amaanyi?

275 Era nkusaba, ayi Mukama Katonda, omusajja oyo omwonoonyi oba omukazi, omulenzi oba omuwala, bw'aba waali mu kizimbe kino enkya ya leero, nti Omwoyo Omutukuvu ajje n'amaanyi ago agalumiriza amulumirize okutuusa lw'anaakulukusa amaziga gakulukute okutuukira ddala mu mmeeme ye, ayi Mukama, akkirize era asembeze Kristo okuva mu buziba bw'omutima gwe. Kikkirize, ayi Mukama. Tajja kwetaaga wolutaali. Emmeeme ye y'enaabeera wolutaali ye. Kikkirize, ayi Mukama. Oluvannyuma ajje gy'Oli n'omutima gwe gwonna, agambe nti, "Kati njagala kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byange bye nneenenyezza." Kikkirize, ayi Mukama. Bajjuze n'Omwoyo Omutukuvu.

276 Tuwe ababuulizi b'enjiri leero mu nsi, si abo abasendasenda

n'okusika abantu, ne bazaala abaana ab'ekibiina ky'eddiini. Ai Katonda, Ggwe aba weeyimusiza abaana. Leetera abantu, okusaba, ayi Mukama. Ndowooza ku b'ennyumba ya Koluneeriyo. Kyali tekibangawo ku Munnamawanga yenna, naye baali mu kusaba n'okusiiba. Era omusajja wa Katonda oyo, nnabbi oyo, bwe yayimirira awo, "Era bwe yali akyayogera ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'akka ku bo abaawulira Ekigambo." Ayi Katonda, nsaba otuwe olukuŋŋaana olw'ekika ekyo. "Peetero bwe yali akyayogera ebigambo bino." Ai Katonda, baali beetegefu. Baali mu kusiiba. Baali balindiridde. Baali beesimbu. Tebaalindako "bulinzi," naye "baalindirira okutuusa."

277 Abatume abo baalindirira okutuusa Katonda lwe yakka mu makkati gaabwe, ne bamulaba n'okwogera ne boogera Naye. Baafuluma nga balina emitima egyayokya ensi n'etuuka okumementuka. Baali bavumu, era baayimiriranga mu bifo ebyali biyinza n'okubaviirako okubatemako emitwe gyabwe. Baabuuza nti, "Kituufu ffe okuwuliriza mmwe, oba ebibiina byammwe, oba abasajja ab'ebibiina by'amadiini gammwe? Oba, tuwulirize Katonda? Nammwe musaleewo." Era olwabata, olwali okufuluma bati, baagenderawo butereevu ne baddamu ne babuulira Erinnya lya Yesu Kristo. Ayi Katonda, tuwe—kituwe ekyo, ayi Mukama.

278 Tuyimusize, ono gw'Oyogerako mu Byawandiikibwa. Mufukeeko amafuta, ayi Mukama. Nsaba omuweereze. Musindike, ayi Mukama. Ai Katonda, emitima gyaffe egirumwa enjala gikukaabira. Musindike, ayi Mukama, oyo anazzaayo abantu ku Kukkiriza kwa bakitaabwe, anaabaggya ku bugologoosi bw'ebibiina by'amadiini buno, abayingize mu bumanyirivu obwa nnamaddala ne Katonda, nga bwe baafuna ku Pentekoote, ekkanisa eya nnamaddala nate, nga ebugujja omuliro, nga erina Obubaka bwe bumu, n'Okukkiriza kwe kumu, n'Enjigiriza y'emu, ne Bayibuli y'emu, ne Katonda y'omu n'akabonero ke kamu. Tuyimusize nnabbi, ayi Mukama.

279 Wonya abalwadde abali mu makkati gaffe leero, ayi Mukama. Waliwo abali wano abalina obwetaavu. Mbasabira, ayi Kitaffe. Nduddewo nnyo, nga mbuulira enkya ya leero, era waliwo abo abatudde wano.

Lumu ekiro, omutume Pawulo bwe yali abuulira ekiro kyonna, waliwo omuvubuka eyawanuka waggulu mu kizimbe n'agwa n'afa. Yeebaka. Teyakigenderera, naye ye—otulo twamutwala. N'agwa, era obulamu teyabusigaza. Naye omutume n'asaba, era obulamu ne bumuddamu.

280 Ayi Mukama Katonda, waliwo wano bangi abalwadde. Weewaawo tuluddewo ne tusussa mu budde obw'okusiibula ekkanisa, waliwo abo abalwadde. Ai Katonda, leka amaanyi ago, o—Omwoyo Omutukuvu oyo ajja ye mwene okuyita mu Mpagi

y'Omuliro, Oyo Eyeerangirira era ne Yeeyoleka ne tumutegeera ky'Ali, ne tumukkiriza, leka Yeebulungulule buli muntu ali munda wano leero. Wonya abalwadde. Jjuza abantu n'Omwoyo. Leeta okusumululwa mu buli ngeri yonna, ayi Mukama, okusinziira ku bwetaavu bwaffe. Emitima gyaffe ginnyikize n'okukkiriza, ayi Katonda, n'okukkiriza okutafa, n'okukkiriza okutekkiriranya tubeere nga tulina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kituwe, ayi Mukama.

281 Bantu Bo, Bubaka Bwo, Kigambo Kyo, baweereza Bo. Era ssetaani tatulinaako buyinza. Ensiisira eno ne bw'eba ezikiriziddwa era tayinza kutuzikiriza. "Kubanga ensiisira eno ey'oku nsi bw'erizikirizibwa, tulinayo endala etulindiridde." Tasobola kutukola kabi konna, kubanga buli mulabe waffe abeera mulabe Wo, kubanga tuli Babo. Twagulibwa na muwendo, ogw'Omusaayi gwa Yesu ogw'omuwendo.

N'olwekyo, mmwe emizimu egisibye abantu bano n'endwadde, mbalagira, mu Linnya lya Yesu Kristo, okubavaamu buli omu ku bo. Nga omuweereza wa Katonda, alangirira Ekigambo kino okuba nga ge Mazima, mubaveemu. Temulina buyinza bwonna. Obuyinza bwonna bwe mwalina, bwasazibwamu e Kalivaaliyo. Era temukyasobola kubalemera.

282 Kaakano, ayi Katonda, wa buli musajja na buli mukazi, na buli mulenzi oba omuwala ali wano, okukkiriza asobole okukikkiriza ekyo. Ekigambo kyogeddwa. "Bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Siguukululwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo." "Okusaba okw'okukkiriza kulokola omulwadde." "Ky'osaba ojja kukifuna." Ekyo tukimanyi. Obwesige obwo tubulina mu Katonda. Bwe tuba n'okukkiriza kwonna, Katonda bw'aba nga abeera mu ffe, ekyo tukikkiriza. Era mmanyi nti bwe kiri, ayi Mukama. N'olwekyo, kituwe, leero, ku lw'obulwadde n'obulokozi. Manyanga, mbadde nteekwa kugamba, oba nnandigambye, obulokozi okusooka ne ndyoka nzizaako obulwadde. Kituwe, ayi Mukama, kubanga emmeeme ya muwendo nnyo okusinga omubiri.

283 Naye waliwo abo, oluusi, emmeeme zaabwe ezirokolebwa, naye omubiri guno Ssetaani asigala akyagulinako obuyinza, era akimanyi nti ku nkomerero aligutwala. Aligubetenta n'aguzzaayo okutuusa envunyu lwe ziriguyingiramu ne zigulya ne guggwaawo. Naye taliyinza kukwata ku mmeeme eyo, kubanga kintu kya Katonda eky'omuwendo omungi. Era okuyita mu bulamu obwo, okufaananako n'obulamu obuva mu kikoola, buddayo eri Katonda eyabutuwa; naye bulikomawo mu kiseera ekirala, n'omubiri omupya Ssetaani gw'atayinza kukwatako. Ka kubeere okukaddiwa oba ekintu ekirala tebiriyinza kugukwatako. Gulibeera mubiri ogugulumiziddwa. Ogwo gwe tulinze, ayi Mukama. Wa omukisa abantu Bo kaakano. Babo. Era mbawaayo mu mukono Gwo. Bino mbisabye mu Linnya lya Yesu.

[Ow'oluganda Neville awa ebigambo eby'okubuulirira—Omuk.] Ekitiibwa! Ettendo. . . [Ow'oluganda omulala awa ebigambo eby'okubuulirira.]

284 Ekyo si kigambo kyange. Ekyo Kigambo Kye. O, kye twetaaga, mu kiseera kino—mu kiseera kino kye tulimu! Kati temukitegeera, ab'emikwano, nti Katonda tajja eri bantu ba bitiibwa? Abeera mu bintu ebinyoomebwa, ebintu ebitono, ebinyoomebwa. Oba oli awo ekigenda mu maaso kati temukitegeera, ekigenda kitambula mu kizimbe kino, ekigenda kitambula mu bantu bano mu kaseera kano.

285 Lwaki Omwoyo yayogedde, emabegako nti, "Nga Ssinnakola kintu kyonna," nga ayogera okuyita mu Ow'oluganda Higginbotham nti, "musseeyo omwoyo eri Obubaka buno, kubanga Mbuleese," *ekintu ekifaananako* bwe kityo, "okubalabula ku kintu kino ekijja"? Mulabe ekibaddewo.

286 Ebintu ebimu, wano waliwo Ebyawandiikibwa bye nnawandiise, bye sikutte nako, mbiyiseeko buyisi. Nnaluŋŋamiziddwa Mwoyo Mutukuvu okukwata eryo ekkubo. Mukiraba? Ebimu ku Byawandiikibwa, ssibikutte nako. Nkomekkerezza ŋŋenze ku kintu kirala, okutwaliza awamu. Obwedda ngira, ne mbaako ne kye mpulira nga kijja, ne mbikkulawo ne nkinoonya we kiri. Kati Omwoyo wuuyo ayogerera mu buli ludda.

287 O, bantu mmwe, mubeere ba mazima, mubeere beesimbu. Temugezaako kuwummulira ku. . . Mulabeeyo, mu—munoonya ekintu eky'amaanyi era ekimasamasa.

Ne, bannabbi bonna, k'abeere Dawudi yagamba nti, "Mu Kujja kwa Mukama waffe, nti, buli lusozi lulikkakkanyizibwa, ne—n'ebiwonvu birigulumizibwa." N'agamba nti, "Ensozi ziririgita nga obuliga obulume, n'ebikoola byonna birikuba mu ngalo." Kati, mulowooza abantu baalowooza kyali kya kuba kitya, bwe. . . Yesu bwe yajja?

Naye kiki ekyabaawo? Wajja omubuulizi owa wansi, ataalina buyigirize. Ku myaka mwenda, n'agenda mu ddungu, nga tagenze kutendekebwa muntu, wabula ku—kutendekebwa Katonda. N'avaayo, n'ayimirira nga yeesibye eddiba ly'endiga, nga yenna ajjudde ebyoya ku bwenyi bwe, nga yenna ajjudde ebyoya, nga enviiri zimulengejjera mu bulago. Nga abeera mu ddungu, nga alya nzige, amayanzi, nga alya nzige na mubisi gwa njuki, mu ddungu eyo gye yabeeranga. N'ajja, n'ayimirira mu bitosi ku lubalama lw'ennyanja, n'alangirira okujja kwa Masiya. Ne Masiya n'aserengeta n'agendayo, nga Omuntu owa bulijjo mu bantu, n'abatizibwa. Ate nga bannabbi bonna baali baakirangirira nga ekintu ekimu ku bintu ebikulu ebyali bibaddewo, era bwe kyali. Mukiraba?

288 Banoonya ekintu ekinene, ekimasamasa, okubaawo. Mukiraba? Omwoyo Omutukuvu tamasamasa. Wabula

ayakaayakana. Okumasamasa kwa nsi. Okwakaayakana kwa Katonda.

Yakaayakana ku nze, ayi Mukama, kwe kusaba kwange. Ntoowaza. Ntwala, ommumbe era onkole. Ayi Omwoyo wa Katonda omulamu, nzikaako buggya nate. Mmumba, nkola. Nfuula Wuwo, ayi Mukama. Nneddiza.

289 Nkimanyi era nkiwulira nti Omwoyo wa Kristo atambula nga ayita mu kizimbe kino amakya ga leero. Katonda alisalira ensi omusango ali wano, awatali kubuusabuusa kwonna nga bwe nnyimiridde mu kituuti kino. Wabaddewo okukakasibwa kwa mirundi gumu, ebiri, esatu, okw'Ekigambo, ekyo kyennyini Bayibuli ky'egamba. Muwulidde bwe kisirise oluvannyuma, emirundi egyo bwe giweddeyo? Gumu, ebiri, esatu, nga buli kimu kitambulira mu nkola ey'omwoyo, nga buli kimu kikwatagana n'Ebyawandiikibwa. O, mugguleewo emitima gyammwe mutegeere. O, nga kiseera kikulu, kiki ekiyinza okubaawo mu kiseera kino!

290 Baali mu kisenge ekya waggulu, nga bonna bali wamu, balindirira. "Kubanga abo abalindirira Mukama balizza buggya amaanyi gaabwe. Balitumbiira waggulu n'ebiwaawaatiro nga empungu."

291 Leka kumala gagenda mu maaso n'ogamba nti, "Mukama, nsonyiwa ebibi byange. Kati olw'okukkiriza nzikiriza nti nfunye Omwoyo Omutukuvu," n'otambula n'ogenda.

"Abo abalindirira Mukama," oba okumala wiiki eziwera, oba ennaku, kyonna kye kiri, "balizza buggya amaanyi gaabwe. Balitumbiira waggulu n'ebiwaawaatiro by'empungu. Balidduka naye tebalikoowa. Bwe balitambula, tebalizirika. Njigiriza, ayi Mukama, njigiriza, ayi Mukama, okulindirira." Lindirira Mukama.

292 Emisana n'ekiro, bulijjo, Anna yabeeranga mu yeekaalu, bulijjo nga asaba, emisana n'ekiro. Bwe baaleeta Yesu, n'ajja, nga muzibe w'amaaso, n'ayingira mu kizimbe, n'atambulatambula. Omukazi omuzibe w'amaaso n'amussaako emikono n'awa Katonda omukisa. Kubanga, newankubadde yali muzibe w'amaaso, munda mu mwoyo gwe, yakulemberwa Omwoyo, n'atuuka we Yali ayimiridde.

293 Ne, Simyoni, gye yali nga amulindiridde, munda eyo mu kasenge gye yasabiranga, yali akimanyi nti alina ekisuubizo, ekyamuweebwa Omwoyo Omutukuvu, nti talifa; omusajja omukadde, ow'emyaka nga kinaana, nga anaatera okuweza ekyenda. Naye yali . . . yagambanga abantu mu lwatu nti, "Sirifa okutuusa nga ndabye Masiya." Era mu ddakiika y'emu eyo, ne wabaawo Omwana omuwere . . .

Yali kiki? Teyali mukungu ow'ekitiibwa, abakuumi bonna gwe bayimirira okussaamu ekitiibwa bwe baali bayingiza Masiya, nga bamwambazza bulungi nnyo, yenna anekedde,

bamufuuyidde obuwoowo nga abaana abawere be baleeta okuwongebwayo. Naye yaleetebwa maama eyali ayogerwako ebigambo ebitali birungi, nga bagamba nga bwe, “Yazaala Omwana, nga tannagattibwa mu bufumbo obutukuvu.” Nga azingiddwa mu kiwero ekisiimuula ente, eky’ekikoligo, eky’ekikoligo ky’ente nga mwe bamuzinze, nga ayingizibwa mu kizimbe, nga buli muntu bw’amwesega.

Naye ne wajja akabinja ako akatono, akabinja ako akatono. Anna, nga y’omu ku bo. Simyoni, nga ye w’okubiri, nga batambula bwe bayingira mu lunyiriri n’abalala, nga tebamanyi kaseera ki lw’alimukubako liiso. N’ayimusa emikono gye n’agamba nti, “Ayi Mukama, kaakano kkiriza omuddu Wo agende mirembe, okusinziira ku Kigambo Kyo, kubanga amaaso gange galaba obulokozi Bwo.” Hum. Mukiraba? Tewaaliwo kintu kya maanyi, kimasamasa. Naye kwali kwakaayakana; era newankubadde nga kyayogerwako bubi, naye kaali kabonero.

294 Era, olwa leero, akabonero koogerwako bubi. Tewali akolagana nako. Ka—Ka . . . Koogerwako bubi, ne bakayita buli kimu kyonna. Naye kabonero akabuusibwa amaaso, kabonero akoogerwako obubi. Ako Bayibuli k’eyogerako nti, “Akabonero, akoogerwako obubi.”

295 Leka tujjukire kino nga bwe tuddayo mu maka gaffe. Temukkirizanga Obubaka buno okufa ne buva mu mitima gyammwe. Mu byonna bye mukola, temukikolanga. Mufumiitirizenga ku Bubaka buno, emisana n’ekiro. Era musabe, emisana n’ekiro, Katonda asobole okuyimusa omujulirwa We kati. Twetegese, kubanga nzikiriza nti, mu kiseera ekitali kya wala, obudde bujja kuba buweddeyo. Tujja . . .

296 “Kinaaba kitya, kinaabaawo ddi, Ow’oluganda Branham?” Ssimanyi. Kyandibaawo leero. Kyandibaawo enkya. Bwe kitabaawo leero, nja kukirinda olw’enkya. Ob’olyawo kyandibaawo omwaka guno, oba omwaka ogujja, oba mu myaka kkumi. Oba kyandibaawo oluvannyuma lw’emyaka asatu, Simanyi ddi lwe kiribaawo. Naye ŋŋamba kimu nti, okuva kati okweyongerayo, beera nga weeteeseteese eddakiika yonna.

297 Ate togeza okumala gatwala ekintu ekya bulijjo. Tokigeza. Towummula, emisana n’ekiro, okutuusa nga oyogedde ne Katonda. Weewale eby’obuzoole. Totwalirizibwa nneewulira za mubiri. Tokigeza. Ebyo bye bivaamu ebintu ebitategeerekeka ne bireetera abantu okukitya, mukiraba, kiva ku bintu ebyo ebitategeerekeka eby’obuzoole. Ebyo togeza okubikkiriza; yadde. Ggwe sigalawo awo okutuusa nga oyogedde ne Katonda. Kubanga jjukira, eno mmeeme yo, era ggwe olibeera mu Butaggwaawo emitala eri. N’olwekyo kakasa nti tokwata bukwasi mu ngalo za muntu na kubaako kigunje

kya nzikiriza ky'oyatula, oba—oba okubaako ky'okkiriza nti okifunye olw'okukkiriza. Togeza okukikola. Yogera ne Katonda. Leka Katonda ayogere naawe, olabe ekinabaawo mu bulamu bwo. Oluvannyuma wekkaanye okuyaayaana kwo olabe n'ebinaddirira, ojja kutegeera oba wayogedde ne Katonda oba nedda.

298 Eri mmwe abamukkirizza enkya ya leero. Eri mmwe, kati na—nnayogedde ku ky'okuyita abantu mu maaso okulokoka. Mumanyi engeri gye baakikolamu mu Bayibuli? "Abo bonna abakkiriza Mukama waffe, abo bonna abakkiriza Mukama waffe ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byabwe." Bwe muba mubadde... Tetwayitanga bantu kujja mu maaso kulokoka. Tebaayitanga bantu kujja mu maaso. Ekyo bw'okikola, ofuna buli kintu. Omuntu asobola okujja wano ku wolutaali, mu ngeri ey'amalala, n'afukamira wansi, kubanga waliwo agezezzaako okumugamba ajje. Kijja—kijja—kijja kukubeerera kizibu okuddamu okumuleeta mu maaso emirundi ebiri n'okusingawo. Mukiraba? Naye kiki ky'obeera okoze? Otwaliramu buli kimu. Naye Yesu yagamba nti, "Abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi." Munywerere ku Kigambo Ekyo. Ebisigadde Katonda ajja kubikola. Bwe kiri. Bwe kiri. Ebisigadde Katonda ajja kubikola.

299 Katonda abawe omukisa. Nsuubira okuddamu okubalaba akawungeezi ka leero, nsuubira, mwenna abasobola. Mmanyi bangi ku mmwe temujja kusobola kubaawo, mujja kuba nga mugenze. Nja kubeerawo, akawungeezi, okuwuliriza muganda wange, bwe kunaaba nga kwe kwagala kwa Katonda. Ssaagala kubuulira bubaka bwe bwombi.

300 Kuba—kuba Ow'oluganda Neville musajja wa Katonda omulungi ennyo. Era mmanyi, mmanyi ani... Bwe mmuwulira nga abuulira, nkiwulira nti kiviira ddala ku mutima gwe. Nkimanyi. Era Ow'oluganda Neville, nga bwe yagamba ekiro kya luli, ebigambo ebyo bye yayogera, n'agamba nti lumu nnagamba nti, "Lumu ndimubatiza mu Linnya lya Yesu." Nnakikola. Lwaki? Nnamulabamu obwesigwa n'obwesimbu. Nnakimanya nti singa a... singa afuna akakisa Obubaka ne bumuweebwa, ne nkiraba nti... ddala—ddala asobolera ddala okubulaba, amaaso ge gajja kuzibuka, abukkirize. Nnalindirira, ne ŋŋamba n'ekkanisa nti, "Temufaayo, omubuulizi oyo Omumesodisiti ajja kutereera." Era wuuno wano leero, ye musumba w'ekkuŋŋaaniro lino, nga munywevu nnyo mu mulimu nga bwe kisoboka, mu Bubaka. Akkiriza Katonda. Era mmanyi, bwe mbaako ne kye mpulira okuva mu Wooluganda Neville, mmanyi nti kiba kya nnamaddala, kiba kivudde wa Katonda, kubanga ye musajja ow'ekikula ekyo.

301 Obutambaala bwammwe buno wano obuwedde okusabirwa mbutaddeko emikono gyange. Nga tukkiriza nti, buli omu

ku mmwe afunye omukisa okuva eri Katonda. Nzikiriza nti Katonda ali mu mutima gwo.

302 Tetujja—tetujja wano ku—kubaako mukisa gwe tufuna kuva eri Katonda, buli, lwe tujja wano. Buli lunaku lwe tussa omukka, tufuna omukisa okuva eri Katonda. Ekituleeta wano, kwe kugololwa, kusalibwako, kukomola mitima gyaffe, n'okugenda mu maaso ga Katonda, n'okukkiriza Katonda n'emitima gyaffe gyonna.

303 Jjukira Ekigambo kya Mukama. Era teweerabira, era tolemwa, okulaba akabonero akatuufu akatumiddwa okuva eri Katonda.

Era kati olukkuŋŋaana ŋŋenda kulukwasa Ow'oluganda Neville, ayogere byonna by'ayagala okwogera.

[Ow'oluganda Neville agamba nti, "Mazima ddala, bannange, mbabuulira, ntegedde nti Katonda akakasizza kye twabadde tusuubira nga olukuŋŋaana lutandika. Bwe ndaba omuwendo gw'abantu bano abali wano, enkya ya leero, mmanyi nti kibadde kirungi mmwe okubeera wano, era nange kibadde kirungi okubeera wano, era mbadde nnina okubeera wano, era nammwe mubadde mulina okubeera wano. Ekigendererwa kyammwe kituukiridde bulungi nnyo bwe muba nga mukkiriza nti bwe kityo bwe kiri. Kye mulina enkya ya leero, mukirina kubanga Katonda y'akibawadde.]

["Era mangu ddala tugenda kubeera n'okubatiza, bwe tunaaba tumaliriza wano. Era Ow'oluganda Willard Collins y'agenda okubeera nga akulemberamu okubatiza, era tulina abagenda okubatizibwa nga babiri oba n'okusingawo. Era twandyagadde okulaba abantu nga kikumi abeeteeseteese okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, enkya ya leero."]

Amiina!

["Malirira okulaga okukkiriza kwo mu ngeri ey'olukale. Okukkiriza okwereere tekukolangako. Okukkiriza, okwogerwa obwogerwa, tekulina kye kugasa. Naye okukkiriza, okulabisiddwa, y'enkola ya Bayibuli."]

Amiina! Ekyo kituufu.

["Okuyita mu buwulize, okukkiriza kusobola okulabisibwa. Nsaba Katonda akuwe buli muntu, ali wano, enkya ya leero, awulira nga yandyagadde okukikola, ajje. Kino bwe kiba, kino bwe kiba nga si bw'obadde wakiteeseteese, ob'olyawo obadde n'enteekateeka z'olina okugendako amangu ddala, oba ekintu eky'engeri eyo, entegeka eyo bw'oba osobola okugyongezaayokko, n'osooka omaliriza ekikolwa kino eky'obuwulize, nzikiriza nga muganda wammwe omuwombeefu mu Kristo, era nga akolera awamu ne nnabbi wa Katonda, nzikiriza okwo kwe kwandibadde—kwe kwandibadde

okusalawo kwo okusinga obulungi, okukola okusalawo okwo kati.”]

Ayi Katonda kikkirize!

[“Era akuleetere okujja, weegatte ku balala abagenda okubatizibwa, obeere ekitundu ku muwendo guno, ogw’abo abakola ekisibo ekitono. O, kirungi nnyo, si bwe kiri? okubeera omu ku Babe, n’okutambula nga Ekigambo Kye bwe kiri. Leka ffenna tuyimirire, nga bwe tweteekateeka okusiibulwa.]

[“Ssande ejja, Ow’oluganda Branham ajja kubeera naffe nate. Ekirango ekyo leka tukijjukire. Agambye agenda kubeera wano akawungeezi ka leero, naye tagambye nti ajja kuweereza. Naye, okuyaayaana kwange kuli nti, bulijjo, nnandyagadde aweereze. Era teyeetaaga kuba na kutya kwonna ku butya bwe nkirowoozaako ekyo. Okuyaayaana kwange kuli nti mazima ddala, nga bwe tumanyi nti Obubaka ne—n’okuyitibwa, woofiisi gy’alina, kyetaago ekikulu ennyo eky’ekiseera kino. Mmuwa akaagaanya, ekiseera kyonna.]

[“Kino leka nkyogere mu maaso g’abantu ne mu maaso ge: n’essanyu eringi, nja kuwangayo omwagaanya, ekiseera kyonna, mu lukuŋŋaana lwonna, eri Obubaka buno obukulu bwe nzikiriza, kubanga Katonda ayogedde okuyita mu ffe ababiri, enkya ya leero, nga alaga akabonero ka kino. Era ndi musanyufu okuba nti nze nnina omukisa ogwo ogw’okumuwa omwagaanya okubuulira.]

[“Era nnandyagadde, n’akawungeezi ka leero, nnaasanyuka, singa muganda waffe, era omuweereza wa Katonda era nnabbi, bw’aba awulira nga yandyagadde okukikola, nnaasanyuka nnyo okumuwa omwagaanya. Wabula kinaava gy’ali, kyonna ky’awulira. Naye, ayogedde, kale ebisigadde byonna tujja kubiteeka mu mikono gya Katonda Omuyinza wa byonna.”—Omuk.]

304 Tewali kintu kiwoomu kusingako awo ky’oyinza kusaba, okuva eri ow’oluganda, weekiri? Ensonga lwaki . . . Mulabeeyo, ab’emikwano, nki—nkimanyi munjagala. Ne Ow’oluganda Neville mumwagala. Mwagala abantu ba Katonda bonna. Twagalana. Bwe waba waali wabaddewo ekiseera we tulina okwagalana ennyo, kye kino. Tusaanye tubeere bumu nnyo, ow’oluganda, okutuusa lwe . . . Tubeere baaluganda nnyo n’okusinga nga bwe kyandibadde singa tubadde baaluganda ba musaayi gumu. Okwo kwe kwagala okusaanye okubeera mu mitima gyaffe buli omu eri munne, nga tussaŋŋanamu ekitiibwa, ekisingirayo ddala okuba ekya waggulu. Era ekyo nkyagala nnyo. Njagala nnyo ekintu ekyo ekya nnamaddala.

305 Era wano, Ow’oluganda Neville, n’Ow’oluganda Higginbotham, n’Ow’oluganda . . . nzikiriza oyo yabadde Ow’oluganda Funk, n’okuwulikika teyawulikise nga ye, bwe yabadde awa obubaka obwo. Obwazze . . . obubaka obwo,

buvudde wa Katonda, ab'emikwano, ddala gye buvudde. Ekyo omuntu yenna ategeera ebintu by'omwoyo akimanyi.

306 Naye kati ensonga eri bw'eti. Bwe nzija wano, nja—njagala nnyo Ow'oluganda Neville okutuusa bwe ndowooza kino, mukiraba. Ssa—ssaagala kubaako kintu kyonna kye njogera okuggyako nga waliwo ddala kye nfunye okuva eri Katonda kye nnina okubabuulira. Mukiraba? Era kino nnakifuna—kino kyanzijira ku mutima gwange, ennaku nga bbiri oba ssatu eziyise, naye saasobola kufuna budde kukyekkaanya okutuusa ekiro kya jjo, bwe nnabaddeeko Ebyawandiikibwa ebitonotono bye nnataganjudde. Eyo y'ensonga lwaki nnazze okukibuulira. Kati tekikyali mu ngalo zange. Mukiraba? Kyonna kye munaakikozesa, ekyo kiri, ekyo kinaaba, gye muli, mukiraba. Naye tekikyali mu ngalo zange.

307 Naye, Ow'oluganda Neville nange, bwe tutyo bwe tuli. Singa nzija wano, okubaako—okubaako ne kye mbuulira oluusi, ekintu kyonna, ne nsanga nga Ow'oluganda Neville alina obubaka okuva eri Katonda, ntuula butuuzi. Weewaawo, mazima ddala. Bulijjo, obubaka bwa Katonda mbuwa omwagaanya. Mukiraba? Bwe tutyo bwe tukolagana. Era eyo y'ensonga lwaki ŋŋamba nti nja . . . Katonda bw'aba tampadde kintu kyonna, kale, oba oli awo, eky'okubuulirako, naye Katonda n'abaako ne ky'awa Ow'oluganda Neville, nga nze mbadde wano ku kituuti, oba ku Ssande ku makya, oba ku Ssande akawungeezi, oba obudde bwonna, Ow'oluganda Neville wa ddembe, okubeera ow'oluganda ekimala, n'ajja gye ndi, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nzikiriza oli muweereza wa Katonda, naye waliwo obubaka Mukama bw'ampadde." Ekyo osobola okukikola, si bwe kiri? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Yee, ssebo.

308 Nange nsobola okukola ekintu kye kimu gy'ali, bw'aba y'abadde agenda okubuulira. Nsobola okumugamba nti, "Ow'oluganda Neville, nsonyiwaamu? Waliwo obubaka Katonda bwe yaakampa. Nnina okububuulira eri abantu, mu kaseera kano kennyini." Era, Ow'oluganda Neville, n'ampa omwagaanya; buli omu ku ffe, asobola okuwa munne omwagaanya. Mukiraba? Bwe tutyo bwe tukola. Ate bwe tuba, bwe siba na kintu kyonna, kale awo . . .

309 Nnyumirwa nnyo okumuwulira nga abuulira. Nnamuwulira. Bameka abaamuwulira, akawungeezi ka Ssande ewedde? Mbabuulira, bwali bubaka bulungi nnyo. Bwakwataganira ddala, n'obubaka obwabuulirwa ku olwo ku makya.

Era, bantu mmwe, mbabuulira, mulina Ekigambo kya Katonda ekimala okubasobozesa okutambulira mu bulamu obusaanidde n'okukola ebyo ebisaanidde.

Kaakano Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville.

61-1112 Akabonero Akatuufu Akabuusibwa Amaaso
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org